# *Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo*

Leka tukoteke emitwe gyaffe. Mukama Yesu, tukwebaza enkya ya leero olw'omukisa ogw'okujja mu Kubeerawo Kwo, n'olw'ekiseera kino eky'okussa ekimu, n'okutuula wano mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu. Kaakano, ayi Mukama, tukusaba Weeyongere okubeera naffe nga bwe tukwogerako. Tusaba emitima gyaffe gijjule essanyu nga bwe twekkaanya Ekigambo Kyo n'ebisuubizo Byo gye tuli. Wa omukisa omusumba waffe, ne b'akola nabo, n'ab'oluganda bonna abajja wano okukuŋŋaana naffe okutabagana naffe wano mu kifo kino ekitono kye twassaawo okubeera ekifo mwe tukusisinkanira. Era tukusaba Otuwe omukisa mu buli kimu kyonna kye tunaakola okuyita mu lunaku. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Musobola okutuula. (Ekitabo kyo nnakifunye, Ow'oluganda . . .? . . .)

2 Kino kinnyamba okuwummulamukko. Waliwo bye mbadde nnina okukola wano eno, waliwo be mbadde nnina okusisinkana; ku bibiri mbadde nnina okubaako be nsisinkana oba ekitali ekyo—oba—oba okukwata ku bibuuzo mbyanukule. Kyenkana buli nsonga ezze enkya ya leero ebaddeko okwolesebwa, era mbadde nnina oku . . . Ŋŋambye Billy, nti singa Ow'oluganda Neville tabadde na byakukola bingi, nnandikutte ebibuuzo bino ne nziruka ne nzija wano, ne ngezaako okuwummuza ku birowoozo byange. Ki . . . kulina engeri gye kunkamulamu, ne mba nga . . . Okwolesebwa okwo—okwo kunkamula . . . Naye abantu baayambiddwa; ekyo kye kintu ekikulu. Ekikulu, kiri nti baayambiddwa; ekyo—ekyo ky'ekirungi ekikiriko. Kale kati, olw'eggulo lwa leero ŋŋenda kubitandikako nga bukyali, nsobole okukwata ku nsonga ezo ez'enjawulo olw'eggulo lwa leero, abo abeetaaga okunsisinkana.

3 Kati, tuli basanyufu enkya ya leero okulaba mikwano gyaffe ne . . . Kati, kino . . . Kino temukivunaana Billy. Kale n'olwekyo . . . Ateekwa okutegeeza abantu oba naagenda mu maaso n'okwanukula ebibuuzo bino. Nnalowoozezza nti kiyinza okumpaayo, ob'olyawo e—essaawa nga emu oba ekintu bwe kityo okwanukula ebibuuzo. Ezimu ku nkola zange . . . njagala . . . ssaagala kugenda nga; njagala nnyo okukola ku buli kimu kye mba nnina okukola. Mukiraba? Kale ebibuuzo bino n'ebirala, nja—njagala ntuuke ŋŋambe nti, kino na—na—nakimalirizza. Bwe mbeera n'ebintu ebingi ennyo mu . . . ku birowoozo byange;

bindeetera okubeera nga siteredde. Ate saagala kuba na kintu kyonna kinneeraliikiriza; ŋŋenda—ngenda Waka mu Kitiibwa olumu ku nnaku zino.

4 Waliwo mukwano gwange omu eyaŋŋamba ennaku ntono eziyise, nti, "Ŋŋenda nkooyera ddala eby'okutambula eno n'eri nga sirina kifo kya nkalakkalira."

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda omwagalwa, njagala mbeeko ne kye nkubuuza. Njagala mbeeko ne kye nkutegeeza. Nze nnumwa omwoyo okugenda eka. Mmaze emyaka amakumi abiri nga nnumwa omwoyo okugenda eka, naye ssirina waka gye nnyinza kugenda." Bwe kiri. Ekyo kituufu. Ekyo kiwulikika bubi okukyogera. Nsobola okutuula wansi ne nkaaba nga njayaana mbeeko gye ŋŋenda nga waka. Naye sirina waka gye nnyinza kugenda. Buli gye ŋŋenda, mba sinnamalayo nnaku ziwera; nga ate nnina awalala aw'okugenda. Kale. . .Bwentyo bwe mbadde; nna—nnazaalibwa bwentyo. Mukyala wange ampita "Mbuyaga Ezitawummula." Mbeera—mbeera wano ne wali. Era eyo mbeera enzibu ennyo okubeeramu, naye ndowooza nnalina okuba bwentyo olw'obuweereza bwange. Naye bangi ku mmwe mwegomba e. . . Weewaawo, twegomba okubaako ne kye tukolera Katonda, naye tekakutandanga . . .

5 Kati, enkya ya leero fenna tuli ba waka. Mukiraba? Naye nnumwa—nnumwa omwoyo okugenda eka. Njagala kugenda ka, naye simanyi gye nnyinza kugenda. Oyinza okumbuuza nti, "Lwaki togenda mu Arizona, ndaba famire yo eri eyo?" Eyo mbeerayo ne nzikakkana okumala ennaku nga bbiri oba ssatu, ate ne mbaako awalala gye nnina okugenda. Eyo nayo bwe ŋŋendayo, ne mpulira bulungi okumala ennaku nga bbiri oba ssatu, ate ne mbaako awalala gye nnina okugenda. Kale tewali waka gye nnyinza kugenda, kye nva nnumwa omwoyo okugenda eka.

6 Naye, waliyo Amaka. Ago lumu ndi—ndigagendamu, naye nnina okusooka okubayamba. Mukiraba? Eyo y'ensonga lwaki ndi wano, kwe kubayamba. Era okutuusa ekiseera ekyo lwe kirituuka, ne mba nga sikyasobola kubayamba, ekyo ky'ekiseera lwe—lwe ndyagalira ddala okugenda Eka. Mu kiseera ekyo lwe ndyagalira ddala okugenda Eka. Naye waliyo Ekifo awantu awamu kye ndyagala ennyo, siryegomba kukomawo wano.

7 Ŋŋenda ne nva mu Jeffersonville; ne ntambulako okumala wiiki nga ziizo; ne mpulira nga njagala kukomawo. Ne ŋŋenda mu Arizona; ne mpulira nga ekyo kirungi nnyo; naye ne mpulira nga njagala kukomawo. Ne mbaako awalala gye ŋŋenda; era ne mpulira nga njagala kukomawo. Ne ŋŋenda wano, ne ŋŋenda wali, ne. . . naye era ne mpulira nga njagala kujja wano. Ate bwe nzija wano; mmalawo ennaku nga ziizo, ne mbalabako mwenna; nga ate njagala kubaako awalala gye ŋŋenda. Mukiraba, abaana bange bali buli wamu wonna mu nsi, era ni—ni. . . abaana be

nazaala eri Kristo. Kale si . . . Naye sirina waka. Lumu ku nnaku zino njagala mbakuŋŋaanye wamu bonna, mukiraba, Kitaffe ajja kubakuŋŋaanya, era tu—tubeere n'Amaka gye tutalyetaaga kuddamu kubungeeta. Mukiraba? Okoowa okutambulatambula n'obutabaako kifo w'oyinza kutenbenkera.

8 Era mpeerera omuntu yenna amagezi, obutabeeranga muntu abungeeta n'atanywerera mu kifo kimu (mukiraba?), okuggyako nga nsonga ya nkula ya buweereza nga bwe bukuleedetedde okubeera bw'otyo, kubanga . . . Nna—nnandiwaddeyo ekintu kyonna, enkya ya leero, ssinga mbadde n'ekifo wano ku nsi gye nsobola okugenda ne ŋŋamba nti, "Wano we waka!" Nna—nna . . . Singa mbadde nakyo, nnandiwaddeyo akakadde ka ddoola. Singa mbadde n'ekifo we nsobola okugamba nti, "Bannange, wano njagalawo nnyo; ssaagala kuddamu kuvaawo," Nna—nnandiwaddeyo ekintu kyonna. Naye si—ssinnakizuula.

9 Nfaananamukko ne Ibulayimu bwe yali; nnoonya Ekibuga. Mukiraba? Ssinnakizuula, naye mmanyi gyekiri. Naye eky'amazima nnemeddwa okubaako ekifo kyonna ku nsi eno mwe ntebenkera. Mpulira nga . . . Osisinkana abantu abalungi, n'ogenda mu bifo ebirungi, naye bw'ogenda mu kifo kino, osanga waliyo enkuba nnyingi; ate bw'ogenda mu kiri, n'osanga nga waliyo omusana mungi; n'oyambuka eky'engulu eno, n'osanga nga wannyogoga nnyo; bw'oserengeta erudda eri, ate eyo, nga ebbugumu lingi okukamala. Mukiraba? Kale n'o . . . Tewali kifo; wano si Waka. Ssaagala kwonoona budde bwange nga mbasindira ennaku yange, naye ndi . . .

Naye, twebaza Mukama. Amiina! Weebalize ebintu byonna. Nze ndi bwentyo, kubanga bwentyo bwe ndi. Katonda ye yankola okuba nga bwendi. Era siyinza kuba kirala kyonna okuggyako nga bwe Yankola, okuba nga nkwatibwako olw'ennaku, n'ebintu bwe bityo. Baŋŋamba nti nnina kubeera ekyo kyennyini okusobola okubeera obuyambi bwe Yansindikira wano okubeera. Kale ekyo ky'ekika ky'omuntu gwe njagala mbeere. Bwe kiba nga bwentyo bwe nnalina okuba, ekyo kye njagala mbeere. Kyonna Obwakabaka bwa Katonda kye bwagala mbeere, manya Katonda ky'ayagala mbeere, ekyo kye njagala mbeere.

10 Kati, leka tuddemu tusabe. Ayi Mukama Yesu, ebibuuzo bino biri mu maaso gaffe wano, ayi Kitaffe. Ssisobola kubyanukula, ayi Mukama. Ssi—sirina bya kuddamu eri bibuuzo bino, naye mmanyi nga Ggwe byonna obirina, kubanga biri ku mitima gy'abantu. Nkozesa, ayi Mukama, okuweereza eri ebibanyiga, t'okikole, ayi Kitaffe? Nkisaba mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kati, tugenda kutandika ku . . . Ka nsuubire bino tebabikwata ku lutambi, kubanga bya . . . Ndowooza tekirina

buzibu, ne bwe batabikwata.

11 Kati, ekintu kyokka kye. . . Ensonga lwaki ebibuuzo binneeraliikiriza, bulijjo waliwo ekintu kimu ekirungi. . . manyanga, ekizibu, bulijjo ekintawaanya: kwe kwanukula ekibuuzo ekikwata ku kufumbiriganwa n'okwawukana. Ha bannange, amasimu, amabaluwa, waliwo n'ow'oluganda omu eyeebikkirira bulangiti n'atuula ku lubalaza lwange okuva ku ssaawa mukaaga ez'ekiro okutuusa lwe bwakya enkeera ku makya. Abaweereza ne bakuba amasimu okuva buli wamu wonna, abaakawasa emirundi nga ebiri oba esatu n'emirundi emirala. Obuweereza. . . Njagala mbeeko ekintu kimu kye mbasaba. Nkimanyi, waliwo ebibuuzo ebirala ebiwerako bye nkyalina wano. Ssinnabitunulamu, naye waliwo ebiwerako ebikyali wano.

12 Njagala mujjukire kino! Eri mmwe abaawasa, ne mwawukana, ne muddamu ne muwasa, munsuubize ekintu kimu. Mukiraba? Muntaddemu obwesige bwammwe. (Ka—ka nsuubire bino tebikwatibwa ku lutambi. Sa. . .) Mu—mu—mu. . . Munzikiriza nti ndi nnabbi wammwe eyatumibwa okuva ewa Katonda, era omuweereza wammwe, kaakati mutwale ekigambo kyange ku nsonga eno, munaakikola? Mugende mu maaso nga bwe muli. Temugezanga okuddamu okukola ekintu nga ekyo, naye mubeere, mugende mu maaso, mubeere mu ssanyu. Mulina. . . Mwalokolebwa. Bwe muba Bakristaayo, mugende mu maaso mubeerewo ku lwa Kristo; Yalina ensonga lwaki yabalokola.

13 Kati, bwe ndikomawo, Mukama bw'aliba ayagadde, ekyo ndikibannyonnyola mu Bayibuli. Mukiraba? Naye kati temweraliikirira. Waliwo abasajja bangi abaŋŋamba, nti, "Weewaawo, mukyala wange mwagala nnyo, naye ndi. . . Nnina okwawukana naye; sa—saagala kusubwa Kukwakkulibwa." Ekyo temugeza okukikola! Musigale nga bwe muli okutuusa lwe muliddamu okuwulira okuva gyendi (mukiraba?) ku nsonga eno. Kale bwe. . . ssisobola kukinnyonnyola mu ddakiika kkumi oba kkumi na ttaano; kijja kwetaaga ekiseera ekiwerako okukinnyonnyola, kubanga kirina kuba nga Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Kirina kuba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Bwe kitaba bwe kityo, kitegeeza si kituufu.

14 Mmanyi ebibuuzo bino Yesu bye yayogera wano nti, "Omusajja bw'agobanga mukazi we n'awasa omulala wabula okumulanga ogw'obukaba aba ayenze, n'oyo awasa eyagobebwa, anaabanga mu bwenzi": Ebintu bino, Yalina ensonga lwaki yabyogera. Yali Katonda; ekyo Kigambo Kye.

15 Kaakati, leka tusooke tuddeyo ku ntandikwa tuzuule byonna kye bitegeeza, mukiraba, olwo tulyoke tukinnyonnyole. Naye okutuusa ekyo lwe tunaakikola, mugende bugenzi mu maaso nga bwe muli kati, nga bwe mubadde mukola bulijjo, bwe muba

nga muli Bakristaayo. Bwe muba muli bafumbo Abakristaayo, nga mwafumbiriganwa, ne muzaala n'abaana, n'ebirala bwe bityo, nga waliwo ebisiba eby'engeri emu oba endala ebibasiba awamu, kati toyawukana na mukyala wo oba okwawukana n'omwami wo. Temukikola. Mukiraba? Mulinde okutuusa lwe muliddamu okuwulira okuva gyendi ku nsonga eyo. Ekyo munsuubiza nga munaakikola? Yimusa omukono gwo! Kati, mwanteekamu obwesige ne munzikiriza. Kati, mu—mubadde munzikiriza ekiseera kino kyonna; kati, mugira mweyongera okunzikiriza ne ku nsonga eno.

Kati—kati, leka tulabe, nninawo ebibuuzo ebirungi ddala wano enkya ya leero, ebimu. . .

**325. Abo bonna abanaagenda mu Mugole balina okubeera mu bitundu ebiri mu mayiro lukumi mu bitaano okwetooloola ekkuŋŋaaniro** (Ekyo nzikiriza ne ku Ssande ewedde nnakirina. Kigenda kunneetaagisa okubijulizaako mbikozese nga bwe nnaaba nsobodde.) **—mayiro lukumi mu bitaano okwetooloola ekkuŋŋaaniro, nga bwe kiwulikika ku lutambi nnamba bbiri olw'obubaka "Amaka Agajja ag'Omugole"? Bulijjo mbaddenga ndowooza nti Omugole ajja kuva mu bitundu by'ensi byonna mu kiseera eky'Okukwakkulibwa. Ndi mukyamu?**

16 Nedda, mukwano gwange omwagalwa, toli mukyamu, oli mutuufu. Kati, bwe mbaako ekintu kyonna kye nnayogera ku lutambi olwo ekiyinza okubaleetera okukkiriza. . .

Kati, si. . .Ebibuuzo bino byonna bipya gyendi kati, bino wano si—sinnabiyitamu. Mukiraba? Bino by'ebipya bye nnafuna Ssande ewedde, ne mbiteeka mu bbaasa eno, ne mbizzaawo awo.

17 Kati, mu kino. . .Nedda, Omugole talina kuba mu kifo kimu bwe kiti. Bangi ku bo baliba mu nfuufu ya nsi. Baliba mu bifo eby'enjawulo okwetooloola ensi yonna; walibaawo abaliba baakwata bbalaafu mu—mu muzira mu bukiikakkono, ne—n'abalala nga baafuuka nfuufu mu bitundu eby'ebibira, ne—n'abalala okuva mu nsi yonna. Naye Ekkondeere lya Katonda bwe lirivuga, abo abaafiira mu Kristo baligolokoka, ne bazuukira, ne bavaayo mu nfuufu y'ensi, si nsonga wa gye baliba. Era kati, mu kino, okuzuukira kuliba kwa bonna yonna gye baliba. Mukiraba? Buli kitonde gye kiri ku nkulungo y'ensi ekiri mu Kristo kirivaayo wamu Naye bw'Alijja (mukiraba?), k'obeere wa yonna.

18 Mulowooze ku kisaawe ekinene edda mu biseera by'abajulizi abaasooka, Abakristaayo abo bwe baakasukibwanga mu mpuku y'empologoma, empologoma ezo ne zitta Abakristaayo ne zirya n'emirambo gyabwe. Mukiraba? Weewaawo baataagulwataagulwa, n'emirambo gyabwe ne gisaanyizibwawo empologoma obutasigala yadde akatundu ku nsi. Naye ka gibeere wa yonna, tosobola. . .Mulabeeyo, okolebwa ekintu

ekitalabika, era Katonda ekintu ekyo—ekyo a—alikikomyawo. Mukiraba?

19 Kati, kiringa bw'olaba a—akatoffaali. Okamenya okuva mu kubeera akatoffaali, ne kafuuka a—akatoffaali mu katoffaali, ne kafuuka ka atomu, ne kafuuka ka molekyo, ne keeyongerayo bwe katyo; ne kamaliriza nga tekakyalabika. Kava mu kubeera ekintu eky'obutonde, ky'osobola okukwatako n'engalo zo, ne kafuuka emikka egy'enjawulo; ne kava mu kubeera emikka ne kafuuka zi asidi—manyanga kava mu zi asidi ne kafuuka emikka, ne kava mu kubeera emikka, ne keeyongerayo bwe katyo, okutuusa lwe kamaliriza nga kafuuse akantu akatinniinya, nga ogwo gwe mwoyo. Era omwoyo guno ogubadde gubeera mu mikka gino egy'enjawulo. . . Ob'olyawo tegiriba mikka gye gimu, naye enkula y'omubiri gwo ey'ekyo ky'oli eriddawo n'eba y'emu ddala nga bw'oli. Mukiraba? Ekyo omwoyo gwe gukivunaanyizibwako.

20 Era kati, amakulu ga kino gali nti, bw'ofuuka omuvubuka omulenzi oba omuwala, kiringa, Katonda atereka ekifaananyi kyo. . . Kati, ne bw'okaddiwa okwenkana wa n'ofuna enkanyanya, wenna n'okyukakyuka, na kyonna ekikubaako, omubiri ogwo guliddayo mu kifaananyi kiri. Era omubiri ogwo gusobola okuzikirizibwa, ne gukyukakyuka, ne gwokebwa, ne guliibwa empologoma, oba kyonna ekiyinza okugutuukako, naye gwakolebwa mikka egy'enjawulo, ebirungo kkumi na mukaaga eby'ensi. Nga ebyo ye kalisiyamu, ne potashi, ne petuloliyamu, n'ekitangaala eky'omu bwengula, n'ebirala, byonna ebyegatta awamu okukola omubiri. Kati, ka kibeere kiki, eyo. . . Ensi yonna ejjudde ebyo.

21 Naye kati, ekifaananyi kino ky'ekintu ekikulu. Kati mu kuzuukira, emikka egyo egy'enjawulo, ne zi asidi, n'ebintu ebirala birikomawo ne byegatta wamu ne biddamu ne bikola ekifaananyi kino. Kati, ekifaananyi kino tekyakwatibwa ng'olina emyaka kkumi na mukaaga, oba kkumi na munaana, oba abiri mu kiseera we wali olabikira obulungi ennyo. Kyakwatibwa ddi? Nga n'ensi tennabaawo, ne kiteekebwa mu fayiro ya Katonda ennene. Kati okuva awo, ekintu kyokka kye kyakola kwe kweyoleka wano ne kirabisibwa osobole okukola okusalawo kwo. Mukiraba? Olwo n'ofuuka omuweereza wa Katonda. Nga ekyo Yakimanya nga tekinnabaawo, ekimufuula Omununuzi, nga bwe twakiraba.

22 Kati ekyo kitegeeza ekifaananyi ekyo awatali kubuusabuusa kwonna. . . Kino kye kifaananyi ekiri ku negatiivu. Ekitundu ky'ekifaananyi ekiri ku negatiivu bwe bulamu buno mw'oli mu kaseera kano. Era ku buli kintu kyonna, bwe wabaawo ekifaananyi ekya negatiivu, wateekwa okubaawo ekifaananyi ekya nnamaddala ekirabisiddwa nga tewannabaawo kifaananyi eky'oku negatiivu. N'olwekyo, kino bwe kiba nga ky'ekifaananyi ekiri ku negatiivu, wateekwa okubaawo

ekifaananyi ekya nnamaddala ekirabisiddwa awantu awamu. N'olwekyo kino si kye kintu ekya nnamaddala; kino kisiikirize busiikirize eky'ekintu ekya nnamaddala ekigenda okujja. Kati mukitegedde?

23 N'olw'ekyo, ssifaayo kiki kye balikukola; tebasobola kusaanyaawo ndabika eri, kifaananyi kiri ekiri mu tterekero lya Katonda eddene waggulu eri. Kyonna kye bakola omubiri guno tekisobola kusaanyaawo kifaananyi kiri, kiri mu Ggulu. Osobola okugwokya ne gusirikka, n'oguwa empologoma ne zigulya, n'ogukola kyonna ky'oyagala okugukola; guliddamu ne gukomawo nga bwe kiri ekikakafu nti bbiri bw'ogattako bbiri ofuna nnya. Nga bwe kiri ekikakafu nti Katonda yagwogera ne gubaawo, guliddamu ne gubaawo. Kale, k'obeere wa yonna . . .

24 Kati, bwe mba . . . ndowooza nti singa ozannya olutambi olwo . . . (Simanyi yabuuzizza kibuuzo kino; tekuliiko linnya, kyawandiikiddwa mu bwino owa bbululu, akapapula akaayuziddwa mu katabo akatono. Kalabika nga akaayuziddwa mu ka—ka—katabo akatono.) Naye mujjukire kino, ku nsonga eno, mu—mu kibuuzo kino kati, ku lutambi, bw'oba weetegerezza, kino kye nnayogera, ekintu ekyefaananyirizaako na kino (biyinza obutaba bigambo bye bimu ddala byennyini, singa ogeraageranya olutambi luno na luli): Nnagamba nti, "Okugeza, tuli wano enkya ya leero. Ekibuga kino kye tuyaayaanira okulaba kiriba kya mayiro lukumi mu bitaano ku buli ludda enjuyi zonna ennya." Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kyenkana n'okuva e Maine okutuuka e Florida, ne mayiro lunaana okuva ku Lubalama lw'Ebuvanjuba mu bugwanjuba bw'Omugga Mississippi, mayiro lukumi mu bitaano ku buli ludda enjuyi zonna ennya." Ne ŋŋamba nti, "Mukirowoozeeko, wano wennyini enkya ya leero, waliwo abantu abatudde wano mu kaseera kano nga—nga gye bava kyenkana bwe bugazi bw'ekitundu ekyo bwennyini, okuva mu mayiro lukumi mu bitaano erudda n'erudda, batudde wano." Kati, simanyi wa Yeekaalu gy'eribeera ku nsi, naye nnina endowooza nti Yeekaalu erituula mu kifo ekyo kyennyini Palesitayini mw'eri kati. Awo ob'olyawo we waliba entikko y'olusozi awo wennyini. Luliba lulengerekeka. Weewaawo, mu kiseera ekyo tewaliddamu kubaawo nnyanja. Mulaba, ensi eno eweza mayiro emitwalo ebiri n'ekitundu yonna awamu okwetooloola, naye mayiro lukumi mu bitaano tezirina kye ziri bw'ozigeraageranya n'obugazi obwo. Naye Ekibuga kino ekinene kirituula ku lusozi luno olwa mayiro lukumi mu bitaano buli ludda.

25 Kaakati, ensonga lwaki ekyo nkikkiriza eri lwa bunnabbi n'ebintu eby'enjawulo ebikwata ku lusozi Sayuuni mu Yerusaalemi n'ebibuga ebyo. Era eyo Ibulayimu nnabbi gye yali anoonyeza Ekibuga ekyo, era kyali kibuga nga Omuzimbi era Omukozi waakyo ye Katonda. Ekibuga ekyo yakinoonyeza mu nsi eyo. Nzikiriza ekibuga ekyo kiriba mu nsi eyo.

26 Ensi eyo, kizibu nnyo okugiraba ku mmaapu. Eringa katonnyeze butonnyeze. Naye mulabe ensi ya Russia, n'eya Amerika, ne South America, n'ebifo ebyo byonna eyo . . . Lwaki Katonda yafaayo nnyo ku kifo ekyo (mukiraba?), ku kifo ekyo ekimu? Ekyo kye kibuuzo. Sisobola kukikakasa, naye bwentyo bwe nkiraba. Naye yonna gye kiribeera, eyo gye twolekedde, kale Mukama atenderezebwe olw'ekyo.

27 Kati, bwe muba mwafuna endowooza nti n'a—nti nnagamba kiribeera mu . . . mayiro lukumi mu bitaano mu bitundu ebyetoolodde ekkuŋŋaaniro, eyo yali ndowooza nkyamu gye mwafuna (mukiraba?), kubanga si gye kiriba. Ekkuŋŋaaniro lino lirina . . . Kano kafo akatono akagenda okusaanyizibwawo. Kuba—kubanga ensi ejja kwokebwa eggweewo, na bino byonna bisaanyizibwewo. Kale essaza lino erya Indiana, ne Amerika, ne buli kimu byonna birisaanuuka ne bikulukuta ne bifuuka olunyata. Mukiraba? Ekibi kyonna, endwadde zonna, obuwuka bwonna obuleeta endwadde, na buli kintu kyonna kirizikirizibwa. "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya, kubanga eryasooka . . . "

28 Kirowoozeeko! Katonda kyamutwalira emyaka kakaaga okuzimba ensi eno, n'okugiteeka awamu, ng'agikola. Yagikola atya? Bayibuli egamba nti, "Yagikola okuva mu bintu ebitalabika"; ekitegeeza nti, Yatonda ensi. Kaakati weetegereze; kino kirungi nnyo. Omutonzi yennyini eyatonda ensi olw'ekigendererwa (Ssetaani n'agyonoona), Yakka wansi okununula ebyali bisigadde wano ku nsi eno. Era alinako gye Yagenda era ali ku mulimu Gwe akyatonda.

29 Kati, kyamutwalira emyaka kakaaga okukola e—ensi, naye Agenda kukozesa ennaku bbiri okutonda Ekibuga ekinaatuula ku nsi. Ali . . . "Mu Nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi: singa si bwe kiri, Nnandibagambye. Ŋŋenda okubateekerateekera ekifo (nzimbe Ekibuga ekya zaabu atangalijja, nga enguudo za zaabu)." Nga kifo ekirabika obulungi.

Zzaabu oyo Anaamuggya wa? Ku nsi kuno kuliko ebintu byonna by'asobola okukozesa okuzimba, oba ku myezi egy'enjawulo, oba ku mmunyeenye ez'enjawulo, n'awalala? Teyeetaaga kuba naye, Ye Mutonzi. Yagenda okuzimba Ekibuga. Amiina! Ekyo kirungi ekimala gyendi, ggwe si kirungi ekimala gy'oli? Ekyo kirungi. Kubanga bw'aba Yasobola okuzimba eno, nga nginyumirwa ne njeyagalirako, ate kiriba kitya bw'Alizimba eri empya? Ha bannange, nga kintu kirungi nnyo. Kale ndi musanyufu nnyo okuba nti twolekedde Ekibuga ekyo. Kale.

**326. Ow'oluganda Branham, njagala Mukama, naye okumala omwaka oguwedde mbadde—mbadde n'ekizibu. Nga**

**kirabika n'oluusi katono ntabuke omutwe. Kiva ku ki? Nkusaba onsabire wamu n'omwami wange.**

30 Kati, bwe waba tewali . . . Omuntu ono singa yabadde omu ku abo be nnasisinkanye ssekinnoomu, nga mmwe be nsisinkanye munda wali enkya ya leero, okwolesebwa okwo kwandiraze ekyo kwe kiva, kyonna kye kiri. Mukiraba? Mukama yandibikkudde kye kiri. Naye kati, nga bwe simanyi ggwe ani eyabuuzizza, era nga toli wano; wano kuwandiikiddwako kimu kyokka nti, "Mwannyinaffe mu Kristo."

31 Kati, kati, bwe kiba . . . bw'oba olina ekintu kyonna kye wakola ekikyamu, nga kye kikutawaanya, ekyo kikebere mu Bayibuli olabe ky'olina okukola. Naye bw'oba tolina kintu kyonna kye wakola era nga tolina kikulumiriza, kati ob'olyawo kyandiba nga kireetebwa busimu bwo. Okiraba? Kisobola okuleetebwa ebintu bingi ebyali bibaddewo: ob'olyawo walinako ekizibu edda mu bulamu bwo. Ob'olyawo mu—mukazi ali wano ayinza okuba nga yalekera awo okugenda mu nsonga. Ekyo ky'ekiseera buli kimu lwe kimutabangukira, ate nga talina n'ekimu kimutawaanya, naye ate nga buli kimu kimutabangukidde. Ate abeera teyeekoza bwekoza, abeera akiwulirira ddala; kiba ddala bwe kiri. Omuntu yenna eyeeraliikiridde bw'atyo bw'abeera. Kale tomuwakanyanga.

32 Era mmwe abaami eri bakyala bammwe, bwe babeera mu kiseera ekyo eky'obulamu, bw'oba wali obadde . . . bw'aba yali abadde kabiite wo, leka abeere kabiite wo mu kiseera ekyo, kubanga abeera akwetaaga. Aba yeetaagira ddala obuyambi bwo; yeetaaga omuntu anaamuyamba, era anaategeera ky'ayitamu. Yogera naye, muwambaatire nga—nga—nga kabiite wo, era alina kuba kabiite wo. Era—era mutegeere, kubanga abeera ayita mu kiseera nga enkola y'omubiri gwe gwonna ekyuka, era oteekwa okuba omulungi gy'ali mu kiseera ekyo.

33 Ndowooza eyo y'ensonga lwaki Mw. Rockefeller yakola ensobi ey'amaanyi ennyo. Eggwanga lyonna lyali limwagala, weesanga ye yandibadde pulezidenti waffe addako. Naye mukyala we bwe yalekera awo, okugenda mu nsonga, n'amulekawo n'agenda awasa omuwandiisi we, mulaba ekyaddirira? Ekyo kiraga nti wakyaliwo Abamerika abalowooza obulungi.

Kati, Mw. Goldwater mmwagala, ndowooza, manya—manya, Mw. Rockefeller, mu . . . Ne Mw. Goldwater naye mmwagala; buli omu mmwagala. Naye ssa—saagadde ku . . . Abamu ku mmwe—abamu ku baganda bange ab'ekibiina kya Republican abatudde awo abampulira nga njogera ekyo, mba . . .

34 Mulabeeyo, naye siri munnabyabufuzi, ndi—njagala kubeera Mukristaayo. Mukiraba? Ate kino si kifo kya byabufuzi. Mukiraba? Eby'obufuzi byo, kati byonna byagootaana,

naye kino kye twogerako kya Butaggwaawo. Oba kibiina kya Democrat oba kya Republican...Ha, byonna kavuyo keereere; tebikyasobola kutereera. Byonna byagootaana, kale ebyo tobikubirako mpaka. Ky'oba okola kwe kubeerawo ku lw'Obwakabaka buno. "Kubanga wano tetulinaawo kibuga kya lubeerera, naye tunoonya Ekyo ekigenda okujja." Amiina! Ky'ekyo. Yee, ssebo!

35 Kale eby'obufuzi biri ku ludda lumu olw'olukomera, ate nze ndi ku ludda luli olulala. Nnagamba nti, "Nze—nze nnalonda omulundi gumu; era akalulu kange nnakawa Kristo; ate ndi mukakafu nti nja kuwangula." Bwe kiri. Mukiraba? Waliwo akalulu akajja. Mukiraba? Katonda yakukubako akalulu nti ojja kumalako, naye ssetaani n'akukubako akalulu nti tojja kumalako. Kati, akalulu ko gw'okawa gy'onaakomekkerereza.

36 Kale kati, nzikiriza nti omuntu ono a...ŋŋenda kulowooza nti yeeraliikirira bweraliikirizi. Bwe waba tewaliiwo kintu kyonna kye wakola kikulumiriza, genda bugenzi mu maaso ogambe nti, "Nvaako, ggwe Ssetaani!" Ogende mu maaso. Kola okusalawo obeerewo ku lwa Katonda.

**327.** Kati. **Waliwo embeera yonna we kikkirizibwa okuddamu okuwasa oluvannyuma lw'okwawukana, okusinziira ku** (Kati, leka ndabe oba nga kino ki...Ndowooza waliwo ebibuuzo nga bibiri oba bisatu ebikwata ku nsonga eno.)—**okusinziira ku Byawandiikibwa? Ssinga si—ssinga sisigala nga ndi mufumbo mu biseera eby'e-...okuva mu biseera eby'emabega, ki...waliwo embeera yonna esobola okukwawukanya mu bufumbo ekukkiriza okuddamu okuwasa? Nja ku—nja ku** (k-u-g-...) **o...kugula olutambi** (Weewaawo!) **okusobola okufuna okwanukulwa kuno. Weebale nnyo. Nja kuba ndulindiridde okulufuna ku Ssande.**

37 Kale kati, kino nnakyogedde, mukiraba. Te—te...si—si... Ekyo leka nkireke (mukiraba?) okutuusa lwe tunaatuuka mu kifo...we tunaa...bino byonna lwe binaatangaazibwa. Era kati, mujjukire nti, ekyo kyakubaawo Katonda bw'anaaba ayagadde, amangu ddala nga nkomyewo. Omulundi oguddako bwe nnajja, Mukama bw'anaaba ayagadde, nja kubuulira ku ky'okuyigako ekyo. Mukiraba? Kale kati...Era, kati okuyigiriza okwo tujja kukukwata ku lutambi. Kale bwe—bwe bunaabaako be bulumya, bunaabalumya; bwe bunaabaako bye butangaaza, bunaabitangaaza. Naye muddeemu amaanyi. Mukiraba?

**328. Omwagalwa Ow'oluganda Branham, kisoboka omuntu okuba n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu obubonero ne butamugoberera, wa—waakiri obutatuusa ki... okutuusa mu kiseera ekimu eky'omu maaso n'embeera nga Omwoyo bw'aba asazeewo?**

38 Kati, ekyo kiyinza okuwulikika nga ekibuuzo ekitabuddwatabuddwa, naye kibuuzo kirungi, kirungi nnyo. Mukiraba? Kati, wano wampa akaagaanya, ke nzudde okuba nti kakola mu ba famire yange—yange abali wano kati (mukiraba?), mmwe be ntegeeza, aba famire yange, n'aba famire yange abali ebweru eyo mu nsi gye . . . entambi zaffe gye zigenda.

39 Kati, ekitundu ekisinga obunene eky'ekibiina kyange kikolebwa Bapentekoote, era kubanga Obupentekoote bwe bubaka obukyasembyeyo bwe tulina mu bibiina by'amadiini. Era nze ku lwange, amazima nzikiriziganya nabo nnyo okusinga ekkanisa y'eddiini endala yonna. Nneekubiira nnyo ku ludda lw'Abapentekoote, kubanga bwe . . . bubaka obukyasembyeyo. Era abantu bange bonna abakkiriza be ndeeta eri Kristo, ngezaako okubaluŋŋamya babeeko ekkanisa y'Abapentekoote emu mwe bagenda. Naye mbavumiridde mu buli ngeri yonna gye mmanyi gye nnyinza okubavumiriramu, nga bwe bali abakyamu okusinziira ku Byawandiikibwa olw'okufuuka ekibiina ky'eddiini n'obutaagala kutambulira mu Musana nga Omusana gubanjuliddwa. Naye ate, nga singa mba wa kulondawo olwa leero okubaako ekkanisa yonna mu nsi gye nnondawo, nnandironzeewo Bupentakoote bwe kituuka ku kibiina ky'eddiini. Naye bwe kituuka ku bantu ssekinnoomu, nga abasajja n'abakazi, mu bibiina by'amadiini ebyo byonna mulimu Abakristaayo bennyini aba nnamaddala: mu Bamesodisiti, mu Bababputisiti, mu Bapulesibeteriyani, mu Baluzalaani, n'ebirala. Naye njogera ku nkola ez'enjawulo abantu bano mwe bali, mba ssoogera ku muntu ssekinoomu, wabula enkola abantu bano mwe baakwatibwa mu ddiini zaabwe. Ekyo kati bakitegeera bulungi (mukiraba?), nti ndo—ndowooza abantu . . . Oba Bakatuliki ab'e Rooma, oba ba nzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa, oba ba nzikiriza ya Bayudaaya Abasodokisi, kyonna kye bali, ekyo si kikulu gyendi; naye bantu ssekinnoomu Kristo be yafiirira okubalokola.

40 Era kati, nze . . . Naye bwe bakkaanya n'enkola zaabwe mwe bali . . . Nzikiriza nti waliwo Abakristaayo bangi nnyo mu Bababputisiti, nga abali mu Bamesodisiti, oba mu Bapulesibeteriyani, oba awalala yonna. Bakristaayo, bakkiriza ddala bennyini. Ne mu ekereziya Katolika ey'e Rooma mwennyini mulimu abantu abeesimbu ddala abasajja n'abakazi ddala abaagala Mukama. Ate tebeegatta ku kkanisa eyo kubeera bakyamu, baagyegattako kubeera batuufu. Naye enkola eri mu nzikiriza eyo y'ekyamya endowooza yaabwe n'ebatwala mu kkubo ekkyamu. Era singa ekiseera kituukanga ne nkola ekibiina ky'eddiini, ndiba mbalimbye era ndiba mbayingizza mu nkola ya buntu; kikafuuwe nze okukikola. Era nsaba Katonda annyambe ankuume nga ntegeera bulungi nsobole okubaluŋŋamya eri Yesu Kristo, Ekigambo. Munywerere ku Ekyo. Mukiraba?

41 Naye kati, omuntu ono wano abuuza ekibuuzo ku ky'omuntu okubeera n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu nga tewali bubonero bumugoberera. Kati, kyandibadde . . . Bw'oba wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, oli . . . Ekisooka bw'oba wazaalibwa nga omuntu era nga oli muntu owa bulijjo . . . Kati, kino nkyanukula mu—mu—mu ngeri ey'ekito ennyo. Naye bw'oba wazaalibwa nga oli muntu owa bulijjo, eky'amazima ojja kukola ebintu omuntu owa bulijjo by'alina okukola. Si bwe kiri?

42 Bw'ozaalibwa nga oli muntu, enneeyisa z'abantu ez'obutonde zijja kukugoberera. Tojja kubeera mu muti, na kugezaako kukozesa biwaawaatiro byo kubuuka nga kinyonyi, oba—oba—oba ekintu eky'engeri eyo. Ekyo si kya—oyo tabeera muntu wa bulijjo, omuntu owa bulijjo teyeeyisa atyo. Omuntu owa bulijjo by'akola kwe kukola, n'abeera ne . . . n'awasa, n'abeera n'amaka, n'okukola ebintu bino. Ebyo by'ebikolebwa abantu, aba bulijjo, kubanga ozaalibwa bw'otyo. Mu ngeri y'emu bw'ozaalibwa nga Omukristaayo, n'ozaalibwa Omwoyo wa Katonda, mu butonde otwala embala za Kristo. Mukiraba?

43 Kati, singa tubaako abantu be tujja wano enkya ya leero mu kibiina kino mu mmwe abatuula wano ne muwuliriza okuyigiriza buli lunaku n'emirundi emirala, mujja kukizuula nti mwenna buli omu ajja kwawukana ku munne, kubanga muli—muli ba njawulo. Mwa—mwakolebwa mu ngeri ya njawulo; bye mu—muwoomerwa bya njawulo; bye—bye mulya bya njawulo; naye ate mwenna mulya mmere. Naye kati, okuva ku . . . Wadde nga abantu sekkinnoomu mufaanagana, naye era mwawukana buli ku munne. Ne Abakristaayo bakola ekintu kye kimu. Toyinza kugamba nti, "Kati bonna . . . " Bonna boogera ennimi, bonna balagula, bonna ba . . . ? Mukiraba?

44 Ebintu bino mulina okubyekkaanya, kubanga Omukristaayo atwala ne—nneeyisa za Mukristayo; era yeeyisa nga Mukristaayo. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Mulabeeyo: "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaakwatanga ku misota oba . . . banaanywa ebintu ebitta; era banaayogera ennimi empya." Era—era eky'amazima ebyo by'ebintu ebigoberera Abakristaayo.

45 Kati, omuntu ono alina ekintu ekirungi ennyo wano abuuza nti: " . . . oba tubaako ekiseera eky'omu maaso kye tulinda okutuusa lwe kituuka oba embeera Omwoyo Omutukuvu z'ateekawo?" Ekyo nkyagadde. Mukiraba? Kati ekirowoozo mukifuna? Okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu asazeewo! Katonda y'asalawo ebintu.

Era ku ekyo, ndowooza singa Abapentekoote banaagezaako (abo abawuliriza olutambi luno), mujja kuntegeera singa munaatuuka wano ku nsonga lwaki ssikkiriziganya nammwe

ku ky'okukakaatikawo endowooza eyo ey'okugamba nti bonna balina okwogera ennimi. Ekyo si—siraba bwe kikwatagana, kubanga kiba kitegeeza . . . Njagala nnyo paayi y'ensaali, naye tekyetaagisa, ate era ndi muntu, naye tekinneetagisa kugezaako kukugamba nti, "Bw'oba tolya paayi ya nsaali, toli muntu." Okiraba? Naye okulya paayi y'ensaali kye kimu ku bintu abantu bye bakola. Okiraba? Oyinza obutakkiriziganya nange ku ekyo, naye—naye ki—kituufu. Kati, omu ajja kulya kino, ate omulala alye ekirala.

46 Kati, Omwoyo Omutukuvu ye yeeroboza abatuula mu wofiisi zino, naye bw'ogezaako okwekaka okuzeeyingizaamu . . . Singa nkugamba nti olina okulya paayi y'ensaali, watya singa paayi y'ensaali ekuleetera okusesema? Naye, n'osesema n'oddamu n'ogezaako okulya paayi y'ensaali n'oddamu n'osesema, ne . . . ? . . . Mukiraba? Obeera—Obeera—weeretako bulabe, era ekyo ky'obeera ogezaako okukola bw'ogezaako okwekaka okubaako ne ky'okola ekikontana n'Omwoyo. Obulamu bwo Alina ekintu kye yabulondera okukola. Ekyo mukitegedde? Mukiraba?

47 Era ggwe, bw'ojjuzibwa Omwoyo, kano ke kamu ku bubonero obusingayo obulungi bwe mmanyi: obeera mu kwagala okw'ekitalo ne Kristo era nga okkiriza buli Kigambo kyonna ky'Agamba okuba nti ge Mazima. Mukiraba? Obwo bwe bukakafu obulaga nti olina Omwoyo Omutukuvu. Era obulamu bwo bubeera bujjudde essanyu, era—era ha bannange, buli kimu kiba kya njawulo (mukiraba?) okusinga ku bwe kyali. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu.

48 Kati, ebirabo bino biri mu Mwoyo Mutukuvu. Kati, singa ekibiina kino enkya ya leero, kino . . . abatudde entende mu kkanisa eno ekubyeko ne . . . (Weewaawo n'ebisenge abantu mwe batuuzibwa nga munda mujjudde nabyo ebijjudde, bikubyeko.) Naye mu . . . Nga . . . (Tetwalangiridde na kulangirira nti tujja kwanukula ebibuuzo bino, naye abantu bano bazze buzzi.) Mulabeeyo, singa buli muntu ali munda wano abadde mu bumu obutuukiridde n'Omwoyo Omutukuvu, nga buli omu ku mmwe yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu era nga muli mu bumu n'Omwoyo Omutukuvu, obubonero buno bwandibadde bweyongera okwekubisaamu mu makkati gammwe buli kiseera (mukiraba?); bwandibadde bweyongera bweyongezi bulijjo. Naye awali okutabulwatabulwa, awali enjawukana, mu makkati gaffe, Omwoyo Omutukuvu tasobola kwetaaya kutambula. Mukiraba? Tasobola kukolera mu bantu. Mukiraba?

49 Kati ku ekyo, singa mbabuuza nti, "Kati mwenna, buli omu ku mmwe, wali oyogeddeko mu nnimi?"

"Weewaawo."

"Kale, wamufuna." "Wali oyogeddeko mu nnimi?"

"Nedda."

50 “Ggwe tomufunanga.” Kati, awo mba nneefudde mulamuzi. Katonda ye Mulamuzi w’ebintu bino.

51 Naye mulabeeyo, Yesu yagamba nti, “Obubonero buno bunaabagobereranga.” Mukiraba? Ebibinja by’abo abakkiriza, obutonde bw’Omwoyo Omutukuvu bwonna bubeera bubakulukutiramu, era nga bonna bajjudde okwagala, n’essanyu, era—era babeera kibinja ekinene ekya—ekya—eky’abantu ddala abajjudde Katonda munda yaabwe. Mukiraba, oyo ye Mwoyo Omutukuvu. Era mu bo, mubaamu aboogera ennimi buli ennimi lwe ziba zizze (kubanga), manya bwe kiba kyetaagisizza okwogera mu nnimi, boogera mu nnimi. Era bwe wabaawo obunnabbi, nabwo bwogera. Era ha, buli mulundi bibeera bituukiridde ddala mu bye byogera.

52 Mubuuze abantu abo ekkumi n’abataano oba amakumi abiri abayingidde munda eyo okunsisinkana enkya ya leero oba waabaddewo ekigambo n’ekimu bwe kiti, ekyaboogeddwako nga si kituufu, ate nga tetusisinkanangako yadde. Kiki . . . Omwoyo Omutukuvu yasimye n’agenda mu buziba mu bulamu bwabwe, n’aggyayo ebintu ebyo, n’abibikkula, n’abibagamba. Mulaba, mukiraba? Temwabadde nsobi yonna. N’ababuulira kiki ddala *kino* kye kiri, ne *kino* kye kyali, ne *kiri* kye kiri, n’ekirina okukolebwa ku lwa *kino*, n’ebintu nga ebyo, ne bye baakola, ne kye balina okukola. Mukiraba? Okwo ku . . . N’aluŋŋamya buli kimu bwe kirina okukolebwa. Kati, ekyo balina okukiteeka mu nkola.

53 Luli ekiro nnina abafumbo be nnali njogera nabo, era waaliwo a—amaka gye twali tusisinkanye, manya twali—twali tutudde awo okwetooloola emmeeza nga tunyumya. Amangu ago, Omwoyo Omutukuvu n’akka mu makkati gaffe, ne mbaako gwe nnagamba ne mmugamba nti, “Waliwo omusajja *omu* gwe ndabye, era a . . . mu birowoozo bye abadde n’ebintu ebimusobedde,” ne ŋŋamba nti, “waliwo ekimutabudde mu—mu—mu kutegeera ebyama eby’obuziba.” Ne ŋŋamba nti, “Kati, kiri wano wennyini mu kaseera kano.” Ne ŋŋamba nti, “Ky’olowooza nkimanyi.” Ne nzirayo emabega mu bulamu bwe ne njogera mu ngeri ye yekka gy’asobola okutegeera ne nnyanukula buli kibuuzo omusajja oyo kye yalina mu birowoozo bye, n’a . . . Tewali n’omu yategeera bye nnali njogerako okuggyako ye. Mukiraba? Naye ye yakitegeera. Yategeera buli kimu kye kyali kitegeeza. Mukiraba? Era ekyo kyali kitegeeza ki gy’ali? Kyali kimulaga, era nga kimukakasa nti Omwoyo Omutukuvu yali ambikkulira bye yali alowooza mu birowoozo bye. Mukiraba? Kale bali abalala nnali sseetaaga kubibagamba. Omusajja oyo waali ampuliriza mu kaseera kano. Kati, ekyo kituufu. Kati, ekyo mulaba bwe kiri? Okwo kubeera kukakasibwa.

54 Kati, singa ekkanisa yonna ekolera wamu mu bumu bw’etyo, mu makkati gaffe twandibadde tugoba emizimu,

twandibadde tukwata emisota, twandibadde tunywa ebintu ebitta, n'ebintu ebya buli ngeri nga bigenda mu maaso. Naye ekyo bwe mugezaako okukikakaatika ku bantu ssekinnoomu, olwo muba. . . Abo era Bapentekooti. Mufunamu Babulooni, kutabulwa. Kati eky'engeri eyo tosobola kukiramula. Mukiraba? Emitima gyaffe gijjudde essanyu era tuli basanyufu, era ha bannange, ebinyonyi biyimba, e. . . Buli kimu kirungi, bannange, tujjudde Omwoyo wa Katonda, era twagala nnyo Yesu, twagala tusabe ekiro kyonna.

55 Kati, ssandyagadde kuswaza kibiina kino, oba nze kennyini okweswaza gye muli. Naye nneebuuza, singa mbuuza enkya ya leero b'ani mu kibiina ky'abantu kino abalina Omwoyo Omutukuvu, wandibaddewo abantu nga ebitundu kyenda mu bitaano ku buli kikumi ku mmwe abandiyimusizza emikono gyammwe nti mulina Omwoyo Omutukuvu. Oluvannyuma nnandikyuse ne mbawaayo obukakafu obuli mu Bayibuli, bumu bwokka, obukakafu obuli mu Bayibuli; era mbuusabuusa oba wandibaddewo omukono gumu oba ebiri egiyimusibwa. Mukiraba, mukiraba? Osobola oku. . . okukisiba mu kifo bwe kityo, naye ekyo bw'okikola (mukiraba?), n'ekibiina kyo obeera okikosa. Naye olina okubaggya mu kubeera abawere okwo n'obayingiza mu kubeera abantu abakulu. Mukiraba?

56 Nga omuntu eyawandiika ekibuuzo luli, ekyali wano eno, n'ayogera ku. . . n'abaako ne kye yayogera ku W'oluganda Junior Jackson. Waliwo eyagendayo, ne bamugamba nti, "Ogenda mu 'bijanjaalo ebifu,'" oba ekintu oba ekiringa ekyo. Ow'oluganda Jackson. . . Olw'okuba mu kkanisa y'Ow'oluganda Jackson, babaleka ne boogera mu nnimi mu kkanisa. Buli lwe bawulira Omwoyo ne baagala okwogera mu nnimi, bagenda mu maaso ne bazoogera. Kati, eyo kkanisa ya Waaluganda Jackson. Ekyo tekiriimu kabi konna. Ekyo sikirinaako nsonga yonna, yadde. Junior Jackson y'omu ku mikwano gyange abasinga obulungi, era musajja ddala atya Katonda, eyajjuzibwa Omwoyo wa Katonda, era tuli baaluganda. Kati, talina kulya paayi yange ey'ensaali, nsobola. . . Manya sirina kulya paayi ye ya apo (mukiraba?), naye ffembi tulya paayi. Obubaka buno ffembi tubukkiriza kye kimu. Eyo nkola ya kkanisa gy'egoberera. Nze nnagamba nti, "Njagala ekkanisa yange bagezeeko okukuŋŋaana awamu." Ne ŋŋamba nti. . . Bwe tubotola ne tubaako we tuyingira, Omwoyo Omutukuvu n'ayogera mu nnimi n'ebirala, ne ŋŋamba nti. . . Waliwo eyambuuza, n'agamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, ebyo byonna bya nnamaddala?"

57 Ne mmugamba nti, "Si nze mulamuzi." Ne ŋŋamba nti, "Naye omanyi, leka tubireke bibeeko ne we bituuka. Ka tubireke bigende mu maaso okumala akaseera bibeeko ne we bituuka okutuusa Ekigambo lwe kinaabyogerako. Awo tubyekkaanye. Bw'Aba Mwoyo Mutukuvu, Akkaanya bulungi n'Ekigambo; bwe bitakkaanya nakyo, tebiba bituufu." Mukiraba? Eyo y'engeri

yokka gy'osobola okumanyaamu; kati awo bye—byeramula byokka. Mukiraba? Kati, bi—bijja kubuubuuka bw'ataba Mwoyo Mutukuvu, bijja kubuubuuka. Mukiraba? Naye bw'Aba Mwoyo Mutukuvu, mu bwetoowaze Ajja kukigoberera bugoberezi, kubanga ekyo ky'Ali; Abeera Mwoyo Mutukuvu nga agoberera enkola Ye yennyini.

58 Kati, ku nsonga eno eky'okwogera mu nnimi n'ebirala, nandyagadde nyabula buli omu ku mmwe ayogere mu nnimi. Ddala nnandikyagadde. Era emirundi mingi, Abakristaayo abalungi. . .

59 Mulaba, singa mbagamba nti ensonga bw'etyo yabaddeko ku pulogulaamu. . .nnina gwe nnasisinkanye. . .Si ku pulogulaamu, munsoyiweko, mu bantu be nnasisinkanye enkya ya leero. Waabaddewo omuntu (ka nsuubire akyaliwo mu kizimbe) eyabadde. . .Ku nsonga y'okwogera mu nnimi. . . Omuntu oyo muntu ddala omwesimbu, muntu owa nnamaddala, era atambulidde mu bulamu obulongoofu. Naye ampuliddenga nga ŋŋamba nti obukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu si kwogera mu nnimi, ate nga si bwe kiri, naye omuntu oyo nnamuwadde amagezi asabe Katonda amukkirize ku bibiri ayogere mu nnimi oba alagule, kubanga obutonde bwe bwe butyo bwe buli.

60 Kye nnasoose okukola, nnalondodde obulamu bw'omuntu oyo ne nzuula ekifo gye yazaalibwa, n'akabonero mwe yazaalibwa, ne nsobola okumanya okuzaalibwa kwe. Nga okuzaalibwa okwo kulina engeri gye kufugamu obutonde bwe nga omuntu ne kubaako bwe kumuluŋŋamya. Naye, bw'azaalibwa ogw'okubiri, akyuka n'adda erudda wano mu butonde obulala. Era awo, w'osangira nti mu butonde buno, obwo nga bwe bw'omunda, omuntu oli, ow'omunda. . . Okutegeera okw'okungulu kubaako oludda lwe kukuluŋŋamya okugoberera; okwo kwe kuzaalibwa kwo okw'obutonde. Olwo, akole ekintu ekinaamuteeka mu ki? Ekinaamubuzaabuza, kimuteeke mu mbeera ey'okutabulwa. Nga tamanyi kya kukola. Ajja kugamba nti, "Mukama ayagala nkole *kino*."

61 Okw'omunda kumugambe nti, "Oo, nki—nkimanyi kino ki—ki—ki—kikwatagana n'Ebyawandiikibwa." Era atandike okukikola, era okugira ati, Ssetaani nga ayita mu kutegeera kuno okw'okungulu ajja kumulaga ensobi eza buli ngeri eziri mu kintu ekyo. Ekivaamu agambe nti, "Naye, ndabika. . ." Mukiraba, Mukiraba? Awulirize Ssetaani. Mukiraba? Olina kutwala kiri eky'omunda, okutegeera kuli okuli munda mu ggwe kwe kukwatagana n'Ebyawandiikibwa. Era toganya Ssetaani kubaako wantu wonna w'ayimirira. Ki. . .Ogwo gwe mulimu gwe okuyimirira awo akuggunde bw'atyo. Naye tomuwuliriza.

62 Naye, omuntu oyo, nnamugambye. Yagambye nti, "Naye

kati, singa waakiri nsobola okukakasa nti nnina Omwoyo Omutukuvu." Mukiraba? Omuntu omulungi ddala, omuntu ddala omwesigwa alina Omwoyo Omutukuvu, naye nga kijja kumukola bulungi singa agamba nti, "Kitaffe, waakiri mpa ekintu bwe kiti kwe nsobola okwekwata nga obukakafu."

63 Kati, ekyo singa nkiyigiriza bwentyo, abantu babeera bajja kunoonya kufuna ekyo bakyekwateko nga n'omuntu oli by'alina tebabirina. Mukiraba? Omwoyo Omutukuvu weewaawo ayogera mu nnimi, naye olina okuba n'Omwoyo Omutukuvu nga tonnayogera mu nnimi. Kati mukifuna? N'olw'ekyo, bw'onoonya okufuna ekirabo eky'okwogera mu nnimi awatali . . .

64 Kati mujjukire nti, ekyo kisobola okuba ekirabo ekya nnamaddala; oyo asobola okuba nga ddala Mwoyo Mutukuvu yennyini y'ayogera mu ggwe mu nnimi ezitamanyiddwa, naye n'obula n'ogenda mu ggeyeena. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Ekyo mukikkiriza? Mwandyagadde okufuna Ekyawandiikibwa ekikyogerako? Bw'oba oyagala Ekyawandiikibwa, yimusa omukono gwo. "Ne bwe njogera mu nnimi ez'abantu n'eza Bamalayika . . . " Si bwe kiri? Zombi, ezisobola okuvvuunulwa n'ezitasobola kuvvuunulwa, ennimi eza nnamaddala ez'Omwoyo Omutukuvu. "Sirina kyendi," mukiraba, okuggyako nga kiri ekirala kiri wamu nakyo. *Kino* osobola okuba nakyo (mukiraba?), n'olwekyo tonoonya kufuna *kiri* nga *kino* tokirina. Sooka ofune *kino*, era ddala na *kiri* kinaakigoberera.

65 Kati, enkuba etonnyera abatuukirivu n'abatali batuukirivu. Enjuba eyakira ababi n'abalungi. Enkuba etonnya okwengeza ebimera; y'enkuba y'emu, eyengeza n'omuddo. Omwoyo Omutukuvu asobola okukka mu kibinja ky'abantu, ne boogera mu nnimi, nga ddala bye boogera bituufu, n'akka mu bantu, n'abaleetera okuwa obunnabbi, obutuufu ddala. Ekyo kisobokera ddala!

66 Oluusi osobola okugenda eri o—omusamize oba omufumu, era asobola okukugamba ekintu nga ddala kituufu. Mulabe omusamize w'e Endoli bye yagamba Sawulo. Kisobola okuba nga ddala kituufu; naye eyo si y'ensonga enkulu. Basigala balogo. Bw'oyogera ku ky'okwogera mu nnimi, ndabyeko emizimu nga gyogera mu nnimi, ne giwandiika n'ennimi ezitamanyiddwa. Ekyo tekiriimu makulu gonna. Naye ekintu kyennyini eky'ensonga kye Kigambo ekyo nate. Tuddeyo ku Kigambo ekyo!

67 N'olwekyo, ebintu bino osobola okubikola nga tolina Kigambo. Naye bw'ofuna Ekigambo, ne Kibikola, awo lindirira obirabe nga bituukirira ddala nga bwe biba byogeddwa, byennyini ddala. Mukiraba? Kati awo obeera mu nkola entuufu yennyini.

68 Weewaawo, Omwoyo Omutukuvu akozesa abantu bano nga bw'aba Asazeewo mu magezi Ge ag'Obwakatonda. Naye

ekisooka. . .

69 Kati kiki? Leka mbeeko akakunizo ke mbawa wano mu ddakiika emu yokka. Singa mbuuza nti, “Bameka abalina Omwoyo Omutukuvu?” Mwenna ne muyimusa emikono gyammwe. Ne ŋŋamba nti, “Kale, leka ndabe oba nga ddala mumulina.” Bayibuli egamba nti abo abaalina Omwoyo Omutukuvu baasinda ne bakaaba emisana n’ekiro olw’eby’emizizo ebyali bikolebwa mu kibuga. Kati, mikono emeka eginaayimusibwa? Bameka ku mmwe abatayinza kuwummula ekiro, nga mujjudde essanyu, n’amaanyi ga Katonda, naye ate nga mujjudde ennaku ku lw’abantu abaabula, okutuusa nti emisana n’ekiro mukaaba ne mukuba ebiwoobe olw’emizizo? Temu. . .Mukiraba? Bandibadde b’ani abo mu kibuga? Bali bameka, abali mu kkanisa? Ekyo Bayibuli ky’egamba nti obwo bwe bwali obukakafu obw’okuba n’Omwoyo Omutukuvu.

70 Yagamba Malayika eyali assaako akabonero (Ezekyeri 9, bwe kiri), Yamugamba nti, “Twala. . .Genda oyite mu kibuga oteeke akabonero ku abo abasinda era abakaaba olw’eby’emizizo ebikolebwa mu kibuga. Abalala bonna, leka Malayika azikiriza abazikirize.” Si nsonga baali bammemba bameka na bintu byenkana wa bye baali bakoze, yamugamba nti, “Teeka. . .” Era omusajja eyalina ekikompe kya bwino w’omuwandiisi, eyali ayambadde olugoye olweru (nga kye kyali kikiikirira Omwoyo Omutukuvu) n’agenda ng’ateeka akabonero ku abo bonna abaali basinda n’okukaaba olw’emizizo egyali gikolebwa mu kibuga. Kati, oyinza okugamba. . .Era mulabe n’ebirala bye Yayogera okwongereza ku ekyo. “Muttire ddala, abaana abato, abakazi abakadde, abawere, bonna mubatte!” N’abaana abato? Weewaawo!

71 Yoswa bwe yayingira ensi ya Kanani, yagamba nti, “Temubaako n’omu gwe muleka nga mulamu. K’abeere mwana omuwere alabika obulungi, Omwamaleki, oba Omwamoli, mumutte! Mujjukire nti, ajja kukula abeere Omwamaleki; ajja kwonoona olusiisira.” Bwe kityo n’obuntu obwo obutonotono bwe bukomawo bwe butyo nga buwakana n’Ekigambo kya Katonda, ekintu ekyo mukiggyeewo. Sifaayo oba kya kibiina kya ddiini ki.

72 Oyinza okugamba nti, “Naye, balungi. . .” Ssifaayo ka babeere balungi okwenkana wa! Bwe baba bakontana n’Ekigambo ekyo, ekintu ekyo mukiggye mu makkati gammwe. Oyo Mwamaleki akula. Alabika bulungi, alabika nga atalina bulabe; alabika nga atalina mutawaana, naye togeza okumwesembereza. Mwewalire ddala.

73 “Naye, Ow’oluganda Branham, nze—nze eno ekintwalayo, kiri lwakuba. . .Naye, si. . .” Ggwe jjukira kimu nti, Omwamaleki yenna, ekintu kyonna ekisambajja Ekigambo,

kyewalire ddala; togeza okukyesembereza yadde! Bameka abakkiriza nti ago ge Mazima? Mazima ddala bwe kiri. Mukiraba? Kyewalire ddala!

74 Abasinda ne bakaaba olw'emizizo egikolebwa mu kibuga . . . Abo mubalaba wa? Nsobola okubalaga mutwalo aboogera mu nnimi naye nga tekuli yadde omu bw'ati alina omugugu gwennyini ddala olw'ekibi . . . tebasobola yadde okusaba okumala essaawa emu bw'eti. Naye mubadde mukimanyi nti Bayibuli yagamba nti . . . teeka akabonero ku abo bokka abassa ebikkowe era abakaaba olw'eby'emizizo ebikolebwa mu kibuga? Ekyo bameka abaali bakisomye? Mazima! Oyo yali Mwoyo Mutukuvu ye yajja okuteeka akabonero ku bantu, n'agamba Malayika azikiriza nti, "Genda ozikirize buli muntu yenna atalina kabonero ako." Era akabonero ka Katonda ye Mwoyo Omutukuvu, ye Nvumbo ya Katonda.

75 Kaakati, abantu abo abafaayo be baliwa? Mbawulira bantu mmwe ababuukabuuka ne mukaaba mu kkanisa; nsobola okubalaga abantu abaleekaana ne badduka ne beetooloola ekizimbe kyonna; nsobola okubalaga abantu abawa obunnabbi, ne butuukirira; nsobola okubalaga aboogera mu nnimi, ne—ne badduka ne beetooloola ebizimbe ne babimalayo, ne boogera ebintu eby'amazima ebivvuunulwa, ne bituukirira; naye ali wa omuntu oyo assa ebikkowe n'akaaba olw'eby'emizizo ebikolebwa mu kibuga? Eri ludda wa emmeeme eyo erina omugugu? Ku ekyo muyinza okukyusaamu. Mulaba kye ntegeeza?

76 Kati, nfubye nga bwe nsobola—oku—okubabuulira bantu mmwe n'okubakulembera nga taata bw'akulembera abaana be. Muli baana bange; nnabazaala eri Kristo okuyita mu Njiri eno gye mbuulira. Mukiraba? Era nja—nja—njagala mukule mufuuke abaana abakuze, manya—manya abaana. Era njagala mbanjule eri Kristo ku lunaku luli, nga Pawulo bwe yagamba nti, "Nga omuwala omulongoofu." Tewali kintu omutima gwo kye gutaakubire "amiina" nga kiri mu Kigambo ekyo.

77 Ekibi tekirina . . . Weewaawo mujja kukola ebintu ebikyamu, naye omulala, olunaaba okuwulira oti ekintu kyonna ekikulumiriza ojja kugambirawo nti, "Kitange, nsonyiwa."

78 Kino ŋŋenda kukyogera. Nnina gwe nnatunuulidde mu ddakiika ntono ezaakayita. Waliwo omuvubuka eyakimbuuza luli. Twali tuyigga bukaamuje. Ku olwo ku makya nnakwata butaano; akalala ne ŋŋamba nti nnaakafuna ku olwo olw'eggulo. Olina kukwata mukaaga bwokka mu ssaza ly'e Kentucky; eryo ly'ekkomo. Kati omuntu *ono* kye yava aŋŋamba nti, "Nze nnakwata mwenda." Yali muvubuka Mukristaayo, nga mwana mulungi.

Ne mmugamba nti, "Ekyo wakola kikyamu. Wakola kikyamu!"

N’agamba nti, “Naye . . . ”

79 Ne mmugamba nti, “Nze nnakwata butaano ku olwo ku makya, akalala ne nkaleka nnaakakwata ku olwo olw’eggulo. Naye bwe nnafuna ka kaamuje ako akamu, ŋŋenda okulengera mu muti, nga waliwo bukaamuje nga butaano oba mukaaga obwali butudde mu muti awo nga n’okubulaba mbulaba, naye ne nvaayo ne mbuleka.” Ne mmugamba nti, “Nnasimbula ne nvaayo, naye ne nnengera mu muti wano ebbanga ttono nga nnaakasimbula, nga waaliwo nga kkumi na butaano oba abiri nga butudde awo. Naye ne nkwata obwo obw’ekkomo erikkirizibwa, ne ntambula ne nvaayo, buli obulala ne mbulekayo.” Ne mmugamba nti, “Bwe nzija mu kitundu kino, ne mbabuulira mmwe abavubuka, nammwe bantu mmwe ab’omu kitundu kino, ekintu ekituufu, nnina okubeera eky’okulabirako ky’ekyo kye mbabuulira.” Obukristaayo si by’ebyo by’oyogera, wabula bwe bulamu bw’otambuliramu, by’ebyo by’okola; kubeera kyakulabirako. Ye ggwe munnyo gw’ensi. Ne mmugamba nti, “Era, amateeka gagamba nti . . . Yesu yagamba nti, ‘Ebya Kayisaali mubiwe Kayisaali.’ Bw’omenya etteeka eryo erya sipiidi, obeera okola ki? Obeera okola kikyamu; obeera oyonoonye. Ebya Kayisaali biwe Kayisaali, n’ebya Katonda biwe Katonda.”

80 Ojja kuŋŋamba nti, “Naye, n’amateeka makyamu.” Sifaayo oba makyamu gatya; naye kikyamu okumenya ekiragiro kya Yesu. Era Kayisaali bw’otamuwa bya Kayisaali, obeera okoze ekyo Yesu kye yakugaana okukola, ate nga okumenya etteeka kuba kwonoona. Si bwe kiri?

81 Ffenna gutusinga; tukikola. Naye bw’olaba nti oli mukyamu, kikomye! Abantu bakutaddeko amaaso; abantu tebajja kugenda mu kkanisa, naye bajja kusoma ggwe, balabe by’okola.

82 N’olwekyo, funa Kristo mu mutima gwo; ekyo ky’ekya nnamaddala . . . Kristo n’Omwoyo Omutukuvu kye kintu kye kimu. Omwoyo Omutukuvu, *Kristo* kitegeeza “Oyo eyafukibwako amafuta.” Ate Omwoyo Omutukuvu ge Mafuta ago, era ggwe ofukibwako amafuta. Okiraba? Ate nga Kristo ali mu ggwe y’akufukako amafuta. Mulaba kye ntegeeza?

83 Kati awo obeera olina ekintu ekituufu. Awo Asobola okukukozesa mu kintu kyonna ky’Ayagala okukukozesaamu, kubanga obeera oli mu Mubiri era osobola okukozesebwa mu kimu ku birabo ebyo. Naye mulaba, okubeera n’ekimu ku birabo nga toli mu Mubiri, tekirina kalungi konna ke kijja kukukolera. “Ne bwe njogera mu nnimi ez’abantu n’eza Bamalayika, nga ssirina kwagala, tekirina kye kingasa. Ne bwe mba n’okukkiriza era nga nsobola okutegeera ebyama bya Katonda byonna, tekirina kye kingasa. Ne bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka, ne mpaayo ebyange byonna eri abaavu, ne bwe mba n’okukkiriza okusigula

olusozi, siri kintu." Mukiraba? Teweesigama ku bintu ebyo. Omwoyo Omutukuvu Muntu ddala; Ye Katonda, Katonda mu ggwe, Omuntu, Katonda, amulisizza obulamu bwo bwonna. Okyusiddwa; kati oli kitonde kiggya. Bwe wabaawo ekintu kyonna ekikyamu, Ajja kukugamba nti ekyo kikyamu, kale kireke; tokikola. "Kitange, ekyo sigenderedde kukikola, nkusaba Onsonyiwe." Okiraba? Era oyo—oyo ye Mwoyo Mutukuvu.

84 Sifaayo oyogedde mu nnimi okwenkana wa, odduse okwenkana wa, obuusebuuse okwenkana wa, okoze *bino*, na *biri*, ne *biri*, ebyenkana wa. Mukiraba? Byonna by'okoze, tebirina makulu n'akatono Omwoyo Omutukuvu bw'ataba munda mu ggwe kukulumiriza ku bintu ebituufu n'ebikyamu.

85 Kati, eyo y'ensonga lwaki omuntu ono wano mutuufu. Leka Omwoyo Omutukuvu akikole. Naye kati (mukiraba?), kati, ekivaako kino. . . Leka nkyogere n'okwagala, nga kimansiddwaako okwagala era—era nga kifukiddwako amafuta n'Ekigambo. Mukiraba? Singa munda mu ggwe obaddemu n'Omwoyo Omutukuvu yennyini, ekyo tewandikibuusabuusizza. Ggwe kennyini okimanya, kibeera kintu ekiri wakati wo ne Katonda. Okiraba? Okimanya nti waliwo ekibaddewo. Okimanya nti waliwo enkyukakyuka, oba waliwo e—ekintu ekirala kyonna ekibaawo, ggwe nga ggwe, ggwe obeera enkyukakyuka. Mukiraba? Ggwe obeera ofunye enkyukakyuka, munda mu ggwe, era obeera okimanyi nti omulina. Oba wayogedde mu nnimi, oba wabuusebuuse, oba waleekaanye, oba ekintu ekirala kyonna, obeera okimanyi nti Katonda abeera mu ggwe, nti totambula kusinziira ku ndowooza yo, wabula endowooza ya Kristo y'ekukulembera okuyita mu Kigambo ekyo, okukigoberera ddala nga bwe Kigamba.

86 Kati! Naye nnandyagadde. . . Abantu bwe bagamba nti, "Naye kati, Ow'oluganda Branham, tokkiriza nti tulina okwogera mu nnimi?" Mukiraba? Kati awo kiba kitegeeza bye nnaakamala okwogera obitegedde kifuulannenge. Mazima ddala, nzikiriza nti mulina okwogera mu nnimi. Era abamu ku mmwe. . . Mukiraba? Naye bino bwe'obifuna, ne. . . Bino mbifuna, okuva mu mayiro nga lukumi mu bitaano okuva wano (mukiraba?), biweerezebwa wano ku kkuŋŋaaniro. Kale, bw'oba tokitegedde, mbuuza. Mukiraba? Bw'oba totegedde ddamu ompandiikire. Yogera ebyo byokka bye njogera wano. Okiraba? Awo nange. . . Nammwe. . . Nga Pawulo bwe yagamba nti, "Mungoberere nga nange bwe ngoberera Kristo." Mukiraba? Kati bwe mulaba nga ndi mukyamu, olwo munjawukaneko, mukiraba, ky'ekyo, kubanga awo mbeera—mbeera muntu mukyamu. Mukiraba?

**329. Nkusaba onnyonnyole. Abantu bagamba nti Ow'oluganda Branham asukkawo ku kubeera omuntu obuntu, asobola okutonda, era Yesu asobola okufaanana Ow'oluganda Branham yennyini.**

87 Kati, leka . . . Kino yenna eyakyogera. Oba yali ani, simanyi. Naye ndi muganda wammwe. Mukiraba? Yesu ye Mulokozi wammwe. Siyinza kubeera Mulokozi wammwe, kubanga yamala dda okubalokola. Kati, ggwe wenna eyagamba omuntu ono kino, endowooza yo osemberedde nnyo okubeera Amazima mu ekyo, naye ate oli wala nnyo okuva ku Mazima. Kati, kiringa . . . Empandiika endabikira nga ey'omukazi, awandiika bulungi nnyo. Era nze ku bwange ŋŋamba nti eyo mpandiika ya mukazi ate ggwe? Ow'oluganda Capps, ggwe tolowooza nti eyo mpandiika ya mukazi? Awandiika bulungi nnyo. Naye simanyi y'ani. Mukiraba?

88 Kati, "Ow'oluganda Branham, Yesu asobola okukufaanana, oba ggwe okubeera Yesu, oba ekintu bwe kityo?" Mu ntegeera emu ey'ekigambo ekyo, ago ge Mazima gennyini; ate mu ntegeera endala ey'ekigambo ekyo ye mulabe wa Kristo. Eyo y'enjawulo eri wakati w'ekituufu n'ekikyamu. Okunfuula Mukama waffe Yesu Kristo Yennyini, kuba kunfuula mulabe wa Kristo (mukiraba?), kubanga Mukama waffe Yesu Yennyini atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Ekitiibwa waggulu, era wa kukomawo nate mu maanyi amangi n'ekitiibwa. Naye eky'okuba nti Obulamu Bwe obwamulimu buli ku nze, era buli ku mmwe abamulina, ago ge Mazima ddala gennyini; era ofuuka Kristo.

89 Mujjukira obubaka bwange ku ba Masiya abatono? Mukiraba? Oli . . . Ekigambo *Masiya* kitegeeza o . . . "oyo eyafukibwako amafuta." Kati, ekyo ky'oli, bw'oba olina Omwoyo Omutukuvu, ofuuka oyo eyafukibwako amafuta. Mukiraba? Naye waliwo abafukeko amafuta aba buli ngeri.

90 Kati wekkaanye olabe, oba nga ddala bafukeko amafuta ab'omu Bayibuli. Bangi ku bo baafukibwako amafuta . . . Mukiraba? Ekintu kyonna kiri mu kintabuli ekibi ennyo ekya . . . buli kutabulwatabulwa okwa buli ngeri; ne—ne . . . Ssetaani n'obukalabakalaba bwe bwonna yajja n'akigeegeenya kyonna n'akimalayo, kyenkana katono akimaleyo. Waliwo engeri emu yokka gy'osobola okubeera omukakafu obutasigalamu kakunkuna konna; kebera kigambo ku kigambo, kigambo ku kigambo! Eyo y'engeri yokka gy'osobola okubeera omukakafu ddala.

91 Naye bwe kituuka ku nze nga o—omuntu, William Branham, oba—oba omusajja omulala yenna oba omukazi okubeera Mukama waffe Yesu Kristo, Omulokozi waffe, eyo ebeera nsobi. Naye okufukibwako amafuta n'Omwoyo We, ekimuleeta Ye Mwene Obulamu Bwe ne bujja mu ggwe . . .

92 Kyayolesebwa bulungi nnyo mu Eriya ne Erisa, Erisa bwe yatwalibwa waggulu, Eriya, nnabbi omukadde, n'agenda Eka. Kati yali akooye nga takyalina mbavu; era waaliwo eggaali eryasimbibwa awo emitala w'omugga, era ya . . . okumutwala Eka nga livugibwa embalaasi ez'omuliro. Era

mwali mwetegerezza akaseera ako, Eriya ne Erisa bwe baasomoka omugga? Essomero lya bannabbi baali kyengulu eri nga babalengera. Eriya n'akwata ekyambalo kye, n'a, manya, n'akuba omugga. Era bwe yakikola, omugga ne gweyawulamu eruuyi n'eruuyi, n'asomoka. N'abuuza nnabbi omuto nti, "Kiki—kiki ongoberera? Kiki—kiki—kiki ky'oyagala?"

93 N'agamba nti, "Njagala emigabo ebiri egy'omwoyo gwo gibeere ku nze." emigabo ebiri egya nnabbi oyo ow'amaanyi gibeere ku nze?

N'amugamba nti, "Ky'osabye kizibu; naye bw'onondaba nga ŋŋenda, Omwoyo oyo anaakubeerako." Kati musobola okukubamu akafaananyi butya bwe yeekaliriza nnabbi.

94 Kati, mu biro ebyo, nnabbi oyo ye yali Ekigambo, kubanga ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo eri ensi. Mukiraba? Era yali akimanyi nti waalina okujja obuweereza obw'amaanyi agasingawo, kubanga kyali kyetaagisa ekintu ekisingawo. Ne Yesu bwe yali wano ku nsi, Ye yali Eriya. "Ebintu bino bye Nkola nammwe mulibikola; mulikola n'ebisinga ku bino, kubanga Ŋŋenda eri Kitange." Kati, onaabikola otya? Mwekalirize amaaso! Ye Ani? Ye Kigambo! Mukiraba? Mwekalirize amaaso!

95 Kati bwe kituuka ku kutonda ebintu, kituufu. Yesu talina kintu kyonna kye yatonda butereevu ne kibaawo. Yakozesanga kintu ekyasangibwa kiriwo. Yakwata amazzi, n'akolamu enviinyo. Yakwata omugaati n'akolamu emigaati emirala mingi. Yakwata ebyennyanja n'akolamu ebyennyanja ebirala bingi. Naye Yasuubiza nti ebisinga ku bino birikolebwa. Mukiraba? Mukiraba? Kati, lwaki? Kubanga mulembe mubi nnyo okusinga luli bwe Yali wano. Mukiraba? Akyali Ye, naye nga akozesa weema ya mubiri gwo. Mukiraba?

96 Era omuntu ono ali mu ggwe, nga kwe kuzaalibwa kwo. . . Ye ggwe John Doe; wazaalibwa mu mwezi *gundi*, era wazaalibwa wansi w'emmunyeenye *gundi*; wazaalibwa wansi w'ekintu *gundi*, era ekyo kikulinako akakwate. Ddala kikulinako akakwate!

97 Nkimanyi nnateranga oku. . . Kitange yaŋŋambanga nti, "Sisobola kusimba lumonde mu kiseera kino, kubanga omwezi teguli mu kiseera kituufu. Kale tosobola kusimba lumonde, Billy."

98 Nze nga mmugamba kimu nti, " Simusimba ku mwezi, mmusimba wano mu ttaka!"

N'agamba nti, "Kale, kagezimunnyu, genda mu maaso! Bw'onofunayo ebizimba nga biibyo ku mutwe onaabaako ne ky'oyiga." Nnayiga. Nnayiga.

99 Nkukakasa: kwata olubaawo olwalirire wansi ku muddo nga omwezi gukutte ekizikiza olabe ekinaddirira. Omuddo ogwo gujja kukalirawo mu kaseera kano gufe. Luteekewo

nga omwezi gwaka; osobola okululekawo awo okumala wiiki nnamba; omuddo ogwo tegulina kye gunaaba.

100 Weetegereze ennyanja eyo omwezi ogwo bwe gukyuka emitala eri. Amayengo bwe. . . Omwezi bwe guzikira, amayengo gagenda nagwo, ate nga guli mu bukadde na bukadde bwa mayiro okuva ku nsi. Si ekyo kyokka, genda emmanga wano mu ssaza ly'e Kentucky ofumite omuti wansi mu ttaka okutuusa lw'onootuuka ku mazzi ag'olunnyo; weetegereze payipu eyo, obuziba bw'enaatuukako nga omwezi. . . amayengo bwe gaba ku nnyanja olabe bwe gakala, ne gannyikira wansi mu ttaka. Mazima ddala!

101 Ojje obeeko ekimera ky'osimba ekikula ne kyeyanjuluza ku ttaka. Mu kiseera nga omwezi gukutte ekizikiza kyetegereze olabe bwe kikula nga kikka wansi nga endaggu oba ejjuuni bwe likula. Ddamu okisimbe nga omwezi gulina ekitangaala olabe bwe kikula nga kigejjera waggulu w'ettaka. Weewaawo, omwezi gulina kye gukola.

102 Lwaki Alooni yalina ku kifuba kye eky'omu kifuba ejjinja ery'obuzaale erikiikirira buli omu ku bakadde abo? Weetegereze bamaama bali bye baalangiriranga. Bamaama abo n'abakazi Abaebbulaniya bwe baalumwanga ebisa okuzaala bye baalangiriranga ku baana abo nga bazaalibwa, mwe mwavanga erinnya ly'omwana oyo; ne kitegeeza okuzaalibwa kwe; ne kimuteeka mu kitundu gy'anaabeera; ne kimuteeka mu butaggwaawo.

103 Olumu ku nnaku zino bwe nnaakomawo ne mbeerawo ekiseera ekiwerako, njagala nkwate ku ky'okuyigako ekyo. Ddala bwe kiri! Weetegereze ne Yakobo, bwe yali afa, bwe yateeka emikono gye ku bakadde n'abawa omukisa, yabagamba ebifo byennyini gye baali bagenda okubeera. Era byali bikwataganira ddala n'amannya gaabwe, era nga bikwataganira ddala n'okuzaalibwa kwabwe. Kale mazima ddala, kikulinako akakwate.

104 Kati, olwo lwe lugendo lw'okuzaalibwa kwo; ekyo ky'oli, nga omusajja owa bulijjo oba omukazi owa bulijjo. Naye bw'oddamu n'ozaalibwa, oyo si ye muntu ow'okungulu. Ow'okungulu kwe kulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, n'okuwulira, naye ekiri munda w'ebyo ky'ekyo kyennyini ky'oli. Kati, mu bino wano eby'okungulu, Ssetaani akukema n'akuyuuza buli ludda eno n'eri; naye munda wano tasobola kukikola okuggyako nga omuwadde omwagaanya okukikola. Kubanga munda muno olinamu okukkiriza, ate okukkiriza tekuva mu muntu wa kungulu, kubanga oyo akubaganya ebirowoozo. Naye mu kukkiriza temuli kukubaganya birowoozo. Okufuna kuva eri Katonda, era obeera okimanyi nti weekuli. Ssifaayo oba kulabika kyenkana wa nga okukyamu, ggwe osigala okimanyi nti kutuufu; kugamba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

Mukiraba? Era okwo tewali kigenda kukutaataaganya. Tewali kiyinza kukutaataaganya; kusigala kugenda bugenzi mu maaso. Ekizibu tekirina kye kitegeeza gye kuli; kukisaabala ne kukiyitamu, kubanga Kye Kigambo. Ate Ekigambo kye Kitala, era Ekigambo kisala . . . Ekitala kisala ne Kyekutulako buli kimu kyonna. Mukiraba? Kitwala mukono gwa kukkiriza okukwata Ekigambo ekyo. Okukkiriza okwo kulina okuba . . .

105 Kati mulabeeyo, omuntu oli ow'omunda . . . Ono ye w'omunda; ono ye w'okungulu. Gabikkulibwa munda wano, Amazima; wabweru waliyo kukubaganya birowoozo. Kati, tekirabika nga ekikola amakulu singa tugamba nti, "Ffenna leka tugende twegatte ku ba Assemblies"? Kati, aba Assemblies of God mbaagala, aba Oneness mbaagala, amakanisa ago gonna ngaagala. "Lwaki ffenna tetugenda ne twegatta nabo, ob'olyawo tubeeko ekintu ekirungi kye tukola." Okwo kwe kukubaganya ebirowoozo, kungulu. Naye wekkaanye, ekiri eri munda. Bw'olaba kino eky'okungulu, kino kijja—kino tekijja kukkiriziganya, era . . . Tunuulira aba Assemblies. Waliwo ebintu bingi bye bakola bye sikkiriza nti biri—biri mu Byawandiikibwa, era nsobola okubibakakasa nti tebiri mu Byawandiikibwa. Naye bifumbekeddemu endowooza ezitali zimu. Waliwo enkumi n'enkumi z'ab'oluganda abo aba Assembly abakkiriza kino, Ekigambo, era abatakkiriza nti ebintu ebyo aba Assemblies bye bayigiriza bituufu. Naye baakwatibwa mu kitimba.

106 Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, aba Oneness, n'abalala bonna, bali mu kitimba ekyo ekibinja ky'abasajja mwe kikuŋŋaanira ne bakikubaganyaako ebirowoozo. Ate ekitiibwa ky'omuntu nsonga nkulu nnyo. Wuuno omulabirizi atudde wano, oba omulabirizi ow'oku ntikko; bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, musajja wattu atalina kitiibwa kyonna anaayogera ki? Atya okubaako ne ky'ayogera. "Nzikiriziganya naawe. Weewaawo, ekyo kituufu! Uh-huh! Weewaawo, Bisopu, oba—oba Omukadde, oli . . . ekyo ddala kituufu." Akkiriziganya naye.

107 Naye, leka tukozese eky'okulabirako ky'omutamiivu ali wano ku kkubo, omuntu owa bulijjo gw'ayitako mu kkubo n'amuyita, "Kireereese, atalina ky'ali." Leka tumuleete wano, tumuyingize mu poliisi, tumuteekeko ne baagi, tumuwe n'emmundu. "Wasuze otyanno, Yokaana, kirungi nnyo okuddamu okukulaba!" Mukiraba? Okusosolagana.

108 Yesu yagamba nti, "Muyinza mutya okuba n'okukkiriza nga musosolagana?" Okw'ekika ekyo, nga bwe mumanyi, ne twagala, okusosola mu bantu . . . Sijjukira bulungi kigambo ekyo bwe kigamba. Naye, nga musosola mu bantu. Mukiraba? Ekyo temulina kukikola.

109 Abasajja we bakuŋŋaana awamu mu kibiina, ne batuula wansi; musajja wattu atalina kitiibwa kyonna n'atya okubaako

ekintu kyonna ky'ayogera, kubanga bisopu ayogedde, omulabirizi ayogedde. Naye omusajja oyo temumusambajja, mumukkirize nti musajja mulungi; naye bulijjo mujjukire nti, Ekigambo kya Katonda kituufu era ebirala byonna ebikontana nakyo bikyamu. "Leka Ekigambo Kyange gabeere amazima, n'ekigambo kya buli muntu bubeere obulimba." Mukiraba? Ekyo kye twagala tukole, kwe kukkiriza ekyo.

110 Kati mujjukire nti, si ffe Kigambo, naye ate tuli Kigambo. Uh-huh! Kati mukifunye? Yesu teyali Katonda, naye ate Yali Katonda. Yali Muntu, ate Yali Katonda. Yali asobola okukaaba, naye ate nga Asobola okuzuukiza abafu. Yali asobola okukaaba olw'omuntu afudde naye ate n'amuzuukiza. Yali Yakuwa-yire, Yakuwa-lafa, Yakuwa Manase; Yali Yakuwa, yali ebyo byonna mu bujjuvu. Yali Yakuwa, naye ate Yali Muntu. Ye yali nnannyini nsi, era ye yakola ensi, naye teyalina kifo w'ateeka mutwe Gwe. Yagamba nti, "Ebinyonyi bye Nnakola birina ebisu, era Nze sirina we nnyinza kussa mutwe gwange. Ebibe, bye Natonda, birina obunnya mu ttaka, naye Nze sirina wadde, entaana Eyange mwe nnaaziikibwa." Bwe kiri. Yalina kweyazika ntaana ya muntu mulala mw'aba aziikibwa.

111 Ye yatonda buli nnabaana eri mu mukazi. Naye teyalina nnabaana mwe Yali ayinza kuzaalibwa; yalina okweyazika nnabaana. Ye yatonda ensi naye teyalina kifo mwe yali ayinza kuziikibwa; Yalina okweyazika enta-. . .ekinnya mu ttaka, okuziikibwamu, okuva ku Yusufu ow'e Alimasaya. Mukiraba? Baali—baalina oku—baalina okweyazika ekifo, naye ate nga Yali Katonda, yakakasa nti yali Katonda.

112 Kati, mukitegeera? Tetuli. . .Tuli ba Masiya abato, naye si ffe Yesu oli. Ye ye Kitaffe; ffe tufukibwako bufukibwa mafuta n'Omwoyo We, era eyo y'ensonga lwaki Obulamu Bwe. . .Era ekyo kitabula abantu. Mulaba, bw'otatuula kukifumiitirizaako, kireetera abantu okukkiriza nti, "Kale, naye omuntu ono yandiba nga ye Masiya." Weewaawo ye ye.

"Ono wano yandiba nga ye ye." Bombi kye bali. Mukiraba? "Kati, bayinza batya okuba ababiri?" Bali mu nkumi na nkumi. Mukiraba?

113 Naye olaba, Obulamu Bwe bwegabanyaamu ku Lunaku lwa Pentekoote. Empagi y'Omuliro eri bwe yakka, Yeegabanyaamu ng'ennimi n'etuula ku buli omu ku bo, nga Katonda yeegabanyamu mu bantu Be, kubanga Ekkanisa ne Kristo bali Omu, nga omwami n'omukyala bwe bali omu.

**330. Ow'oluganda Branham, mukyala wange nnina kumulaga ntya nti ddala mmufaako naye ate ne nzannya. . . manya ne nnywerera ku Kigambo** (Kiri nti)**—ne nnywerera—ne nnywerera ku Kigambo, naye era nga akyalina ekibuuzo bwe kiti ekigamba nti: "Lwaki toteeka mu nkola by'obuulira manyanga by'okkiriza?"**

114 Kale kati, mukyala wo, kino mukyala wo bw'aba akikugamba nga a. . . alina eddembe okukyogera, osaanye weddeko. Okiraba, okiraba? Naye bw'aba nga a—bw'aba akyogera kubeera bubeezi mubi, jjukira nti, Bayibuli egamba nti, "Waakiri osibibwe olubengo mu bulago bwo osuulibwe mu buziba bw'ennyanja okusinga okwesitazza yadde omu ku bato bano, abato bange." Kati, ekyo ki. . .?. . .

115 Naye weesanga omukyala ono bw'atyo si bw'ali. Ob'olyawo wa njawulo. Ob'olyawo muntu mulungi. Ob'olyawo akugezesa bugezesa kulaba ky'onookola.

116 Kati, sigala ng'omwagala era leka alabe Yesu mu ggwe. Ekyo ky'oba okola. Okiraba? Genda bugenzi mu maaso. Waliwo. . . Nnina eky'okulabirako ekitono kye nnawadde enkya ya leero ku muntu omu eyali. . . Lumu mukazi wattu ono ya—yafuna Omwoyo Omutukuvu. Yali muntu mulungi nnyo bambi. Ba. . . Yagamba nti. . . Kale, yali yayita mu bulamu obuzibu ennyo, era bba yali mutamiivu. Naye era, yasigala naye; n'amugumiikiriza. Yamugambanga nti, "Bw'oba oyagala kugenda ku kkanisa, Mukwano, yanguwa!" Naye kati, yagendanga mu bbaala, emmanga wano, gye baayitanga Brown Derby. Gye yagendanga. Era eyo gye baakasibiranga buli kiseera okubeerako awamu, yayitibwanga Bonifers. Bangi ku mmwe abamaze wano ebbanga eddene mujjukira akafo Bonifer ke yalina mu kkoona lya. . . Ndowooza, kati kayitibwa Brown Derby.

117 Kale, eyo gye baakasibiranga, era ekyabaawo, lumu ekiro ne wajja ekibuuzo ekikwata ku kkanisa ne ku Bakristaayo. Waaliwo omu ku batamiivu abaali batudde awo eyagamba nti, "Tewakyali bantu bayitibwa Bakristaayo. Era tewali kintu ng'ekyo. Bano bonna bannanfuusi beereere," n'agamba nti, "obalaba wano nga banywa ssigala, nga banywa omwenge, nga bakola ekintu kye kimu naffe kye tukola, naye," n'agamba nti, "mbu beeyita Bakristaayo. Tebaliiyo."

118 Omutamiivu ono omu kye yava asituka n'agamba nti, "Lindako katono! Waliwo omu gwe mmanyi."

N'amubuuza nti, "Ye ani?"

N'amugamba nti, "Ye mukyala wange." Mukiraba? Yali afuuse munnyo. Era omusajja yakyetegerezanga buli kiseera.

Oli kye yava amugamba nti, "Nkakasa singa ateekebwa mu kanyigo. . . "

N'agamba nti, "Nedda, era asigala Mukristayo; nja kukibakakasa." N'abagamba nti, "Leka mbabuulire kye tuba tukola; leka tugende eka, mbalage oba Mukristaayo oba nedda." N'agamba nti, "Leka tugende eka, era kati, leka tutamiirire ddala. Tugenda kweyisa nga abatamidde ennyo." N'akonkona ku luggi, ne bayingira nga batagala na buli kimu ne—ne. . . "Eno entebe lwaki eri wano eno bw'eti?" n'ebirala bwe bityo. Bonna buli omu n'amutegekera entebe ne (abagenyi

be, nga bw'omanyi)—n'agezaako nga bw'asobola okubaleetera okuwulira nga ddala baaniriziddwa. Omwami n'agamba nti, "Njagala otufumbirewo eky'eggulo." Bwe batyo ne. . .Mukazi wattu n'afuluma agende abeeko ky'ategeka. Bba n'agamba nti, "Twagala omukalo gw'ekisambi ky'embizzi n'amagi." Yali akimanyi nti baabirina mu nnyumba, bw'atyo omukyala n'ategeka omukalo gw'ekisambi ky'embizzi n'amagi. Bwe byatuuka ku mmeeza, n'abitunuulira nga yeenyinyimbwa, n'atoolawo esowaani ye, eby'okulya n'abiyiwa wansi ku ttaka, n'agamba nti, "Okimanyi bulungi nti amagi gange bwenti si bwe ngaagala. Wamma musituke tuve na wano," bw'atyo—bw'atyo.

119 Ne bafuluma ne babaako we baatuula bwe batyo, nga bwe mumanyi. Mukazi wattu n'afuluma; n'amugamba nti, "Mukwano, nsaba—nsaba kunsonyiwa sigasiise nga bw'ogaagala; ŋŋenda kukusiikirawo amalala."

120 "Tombuulira, tombuulira gasiya, obadde okimanyi bulungi nti sigaagala bwentyo," nga bwe yeecwacwana bw'atyo. Ne bafuluma wabweru, ne babaako we batuula, ne beefuula nga abatamidde ennyo. Ne bamuwulira munda mu nnyumba nga yeekubagiza, nga bw'ayimba mu ddoboozi ettono erya wansi ddala nti:

> Ddala Yesu asaanye yeetikke omusaalaba
> yekka,
> Ensi yonna egende ngalo nsa?
> Waliwo omusaalaba eri buli omu,
> Nange nnina omusaalaba ogwange.
>
> Omusaalaba guno omutukuvu nja kugwetikka,
> Okutuusa okufa lwe kulinsumulula.

Omutamiivu omu kye yava atunuulira munne, n'amugamba nti, "Mukristaayo; ddala ky'ali!" Era omukazi oyo yakulembera bba, ne bano abalala eri Kristo ekiro ekyo. Mukiraba? Lwaki? Mukiraba? Ggwe beera bubeezi na kwagala. Jjukira kimu nti, byonna Abimanyi.

121 Kale, mwannyinaffe, ow'oluganda, yenna ayinza okuba nga yabuuzizza, manyanga waaluganda, kiri wano, kubanga abuuzizza ku mukyala we, ggwe beera bubeezi munnyo; mukyala wo ajja kufuna ennyonta bw'abaamu ekintu kyonna mu ye ekisobola okumuleetera okuyontawala. Bwe kitabaamu, jjukira nti, bw'oba nga omuntu gwe wafuna si ye yali omutuufu, ojja kufuna omutuufu mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Genda bugenzi mu maaso; ebyakyama byonna biritereezebwa bwe tulituuka eri.

**333. Ow'oluganda Branham, oyigiriza nti Omugole tateekwa kugenda mu kkanisa ndala yonna okuggyako bw'obaayo nga obuulira, oba si ekyo alina kujja mu kkuŋŋaaniro lino, amakulu nti, mu kkuŋŋaaniro lino?** (Yawandiise *oba si ekyo*, ekitegeeza "amakulu nti.")

**332. N'ekirala, oyigiriza nti tetwetaaga kukuuma lwa—lwa Ssande oba ennaku enkulu, nga okukola, okuvuba, oba ebirala? Oba. . .**(Ndowooza wano yabadde ategeeza Ssande. Kindabikira nga Ssande. Oba wano eno awasemba wansi kirabika nga. . .oba Ssande, ndowooza bwe kiri, ennaku enkulu oba Ssande. Weewaawo, kiri Ssande, si bwe kiri? Ennaku entukuvu—ennaku entukuvu, Ssande n'ennaku entukuvu.)

122 Nedda! Wanfuna bubi. Okiraba? Leka nziremu nkisome nga bwe nkyanukula.

**Oyigiriza nti Omugole talina kugenda mu kkanisa ndala yonna okuggyako nga ggwe obuulira—obuulira oba si ekyo, amakulu nti, alina kujja mu kkuŋŋaaniro lino?**

123 Nedda! Ekyo si kye njigiriza. Ekyo sikikkiriza; sikikkiriza. Tulina abaweereza abatudde wano abali mu bitundu by'eggwanga lino eby'enjawulo, era nzikiriza bali kitundu ku Mugole oyo. Nzikiriza nti omusajja oba omukazi asobola okugenda mu kkanisa yonna gy'ayagala okugendamu eyigiriza Ekigambo. Era nzikiriza nti, bwe baba tebayigiriza Kigambo mu bujjuvu bwakyo, nga tosobola kugenda ku kkanisa mu kifo kirala kyonna gye bayigiriza Ekigambo mu bujjuvu bwakyo, genda eyo gye bayigiriza ekitundu ky'Ekigambo okutuusa lw'onoosobola okutuuka gye bayigiriza Ekigambo mu bujjuvu bwakyo. Kyonna ky'okola genda ku kkanisa. Kola ekyo.

**Ekirala oyigiriza nti tetuteekwa—tetuteekwa. . . tetwetaaga kukuuma Ssande, oba olunaku lwonna olutukuvu, oba—oba okukola, manya nga okukola, oba okuvuba ku Ssande?**

124 Nzikiriza nti kuba kwonoona okuvuba, n'okuyigga, n'okukola ku Ssande ng'osobola okugenda mu kkanisa. Kati, nzikiriza mu ekyo obeera omenya amateeka ga Katonda. "Waliwo etteeka eryogera ku kintu bwe kityo?" Yee, ssebo! Kati, mu Ndagaano Enkadde twalina ekifaananyi eky'olunaku lwa Ssabbiiti. Byonna byali. . .Naye Yesu teyajja ggwe osobole okukuuma ennaku za Ssabbiiti. Olunaku lwa Ssabbiiti eri enkadde lwali Lwamukaaga, nga lwe lwali olunaku olusembayo mu wiiki. Ssande lwe lunaku olw'omunaana, manyanga olunaku olusooka mu wiiki, nga lwe lunaku Yesu lwe yazuukira.

125 Sikkiriza nti kituufu oku. . .Kati, bw'oba olina gy'oli eyo mu ddungu, nga oli eyo wagenda kuyigga, nga tewali kkanisa yonna ekuli kumpi, oba ekintu bwe kityo, era nga tolina ky'oyinza kukola; awo bw'ovuba, ndowooza ekyo tekibaamu kabi konna. Naye bw'obeera wano mu kibuga, oba awali ekkanisa gye bali mu kusaba, mu buli ngeri, osaanye okubaako ekkanisa, gy'ogenda.

126 Era nzikiriza, ku kikwata ku ky'okukola, nzikiriza nti ente bw'egwa mu kinnya, oba bwe wabaawo ekirina okukolebwa ku

Ssande, genda mu maaso okikole, bwe kiba kintu ky'otosobola kwebeera, nga kirina kukolebwa bwe kityo. Naye bw'omala gakikola, n'olinda olw'e Ssande lutuuke olyoke okikole, oba n'omala gakikola bw'otyo, obeera mukyamu. Mukiraba? Ekyo tetulina kukikola, tulina okussa ekitiibwa mu lunaku olwo olutukuvu.

127 Kale kati, jjukira kino, baako ekkanisa gy'ogenda awantu awamu, mu kifo ekimu. Singa. . . Nna—nnandinokoddeyo ekkanisa emu ey'ekibiina ky'eddiini, naye sijja kukikola, kubanga ekkanisa eno, ekintu kyokka kye mmanyi kye bayigiriza kye nzikiriza kiri nti, bagamba bakkiriza nti Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda. Kati, ekyo nange nkikkiriza. Enjigiriza zaabwe endala zonna zi. . . Bakkiririza mu. . . n'okuggyibwako ebibi olw'okubatizibwa mu mazzi. Kati, si ba Oneness; weewaawo nabo bakola ekintu kye kimu, naye si be njogerako. Bakkiriza nti—nti okukyusibwa kujja kuyita mu kubatizibwa mu mazzi, n'ebirala. Kati ekyo sikikkiriza. Era bo, ha, bakkiriza nti ekintu kyonna bwe kibaamu okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kiba kya ssetaani. Era bakkiririza mu buli. . . Bo bokka—bokka be batuufu, era ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kuwandiisa erinnya lyo mu kitabo kyabwe ekyo. Bwe litabaamu, oli wa kubula. Kati, ekyo sikikkiriza. Naye singa tewabaawo kkanisa ndala gye nnyinza kugendamu (Ssandigenzeeyo nga agenze okubakolokota), nnandigenzeeyo n'ekigendererwa eky'okubeerawo kwange, kibeere nti bwe wanaabaawo omuntu gwe nnaatuula naye, Kristo ali mu mutima gwange anaabaako ky'akola eri omuntu omu ali eyo. Mugende mu makkati gaabwe, naye temussa kimu na butakkiriza bwabwe.

333. **Ow'oluganda Branham, njagala kufuna Mwoyo Mutukuvu. Njagala kumanya kye nnina okukola. Nzitoowereddwa n'omugugu ku lw'amaka gange okulokolebwa.** Era mwannyinaffe yataddeko erinnya lye.

128 Bw'oba oyagala okufuna Omwoyo Omutukuvu, leka mbeeko ne kye nkubuulira, Mwannyinaze omwagalwa, bw'oba wooli wano. Era—era—na. . . (Ow'oluganda Neville, oyo mmemba wa kkanisa wano? Ono wansi. . . ?. . . ) Nange si—simujjukira. Naye bw'oba—bw'oba wooli wano, Mwannyinaffe B-o-u-g-h, bw'oba wooli wano, leka nkubuulire. Bayibuli egamba nti, "Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukirivu. . . " Oli wa mukisa nnyo n'okuba nti omwagala. Okiraba? Kaakati, jjukira, tekitegeeza nti olwo o—o—omufunye, naye balina omukisa abo abalumwa enjala n'ennyonta okumufuna, "kubanga balijjuzibwa." Genda mu maaso nga omuyontawalira.

129 "Nkole ki ku lw'ab'omu maka gange?" Kozesa okukkiriza kwe kumu kw'okozesa ku lulwo, ku lw'amaka go. Baweeyo eri Mukama era okkirize n'omutima gwo gwonna nti mugenda kulokolebwa. Leka ki. . . Leka kireme kujja buzzi wano mu

ndowooza yo ey'omubiri, naye leka kikkire ddala buziba, mu ntegeera y'omutima gwo, awo bajja kuba babo. Katonda abeera abakuwadde bw'oba obalina munda wano eno.

130 Buli ky'oba nakyo mu mutima gwo wano n'okisaba, bw'osaba, kkiriza nti ky'osabye okifunye. Kati, obeera tokyayinza kuddamu kukibuusabuusa. Tosobola kukikkiriza ate n'okibuusabuusa mu kiseera kye kimu. Ekyo bameka abakimanyi? Tosobola kukkiriza na kubuusabuusa mu kiseera kye kimu. Oteekwa okukkiriza nti ekyo ky'osaba, okifunye, awo n'Agamba nti kijja kukuweebwa. Kale kkiriza bukkiriza ku lw'amaka go, era obulokozi bajja kubufuna.

**334. Ow'oluganda Branham, ate mutabani waffe nga—nga bwe kiri nti toli mu ku—nga bwe kiri nti toli mu kubuulira ku Makondeere? Ojjukira ekisuubizo kye wampa ku ssimu ekikwata ku mwana oyo n'Amakondeere Omusanvu?**

131 Sikijjukira. Sijjukira kye kyali. Naye kyonna kye kiri, kitegeeze Billy Paul. Kyonna kye nnasuubiza, nja kukikola. Sijjukira. Omanyi, nte...Oluusi nfuna, ob'olyawo nga ekiro, nkwata essimu nga amakumi asatu, amakumi ana mu kiseera kimu, mukiraba, kale sijjukira bibaawo buli kiro, oluusi lwe mbaawo, kale sijjukira kiki kye kyali.

**Ate muganda wange Omukatoliki ne mwannyinaze? Weebale.**

132 Bambi, omuntu ono ava wala nnyo ddala wabweru w'ekibuga, ava eri mu Texas. Si...Kati, mwannyinaffe, bw'oba—bw'oba obeera mu Texas n'ofuna olutambi luno, manyanga bwe wabaawo olutambi olukwatibwa, ndowooza bino tebigenda kukwatibwa ku lutambi, naye bwe lubaawo... (Bakwata olutambi? Mulukwata?) Kale, bwe baba... Olutambi...Kale ŋŋenda kukubuulira eky'okukola. Bw'oba... Ku lutambi luno, bw'onaatuuka ku kibuuzo kino, jjukira nti, "Ate ekya mutabani waffe nga...ekikwata ku Makondeere Omusanvu?" Ekyo sikijjukira, mpozzi nga nnasuubiza okumulaba oba ekintu bwe kityo mu kiseera ky'Amakondeere Omusanvu. Bwe mba kye nnasuubiza, nja kumulaba; kubanga Amakondeere Omusanvu ssaagabuulirako, nnabuulira *Mbaga Ya Makondeere*. Ekyo wakitegeera.

133 "Ate muganda wange Omukatuliki ne mwannyinaze? Weebale!" Leka nkubuulire, Muky. C-o-r-n-i-l-s-e-n... Omukyala oyo bw'aba waali wano, laba Billy Paul enkya ya leero. Naye—naye bw'aba taliiwo, kati, nja—nja—kino si—sitegeera kye kitegeeza (mukiraba?); kibuuzo kiri awo. Naye ki—kinnemye okutegeera (mukiraba?), kye kitegeeza, kubanga nnina kye nnasuubiza ekikwata ku mutabani we n'Amakondeere ne ku muganda we Omukatoliki; naye si—si—kinnemye okujjukira mu kaseera kano. Kale laba, Billy.

Kino kiteekwa . . . Ekyo kyetaago kya kusabirwa. Yawandiseeko erinnya ly'omuntu n'agamba nti, "alumizibwa omutwe era atawaanyizibwa ekiwanga." Kale ekyo kibadde . . . Abo ndowooza, tujja kubasabira. Kale.

**335. Nkusaba onnyonnyole okufumbiriganwa n'okwawukana.** (Ekyo nakifunye dda. Bino biri ebibuuzo musanvu, ebibuuzo munaana ku lupapula lumu.) **Nkusaba onnyonnyole okufumbiriganwa n'okwawukana.**

Nnakikoze.

**336. Musa ne—n'Eriya ku nsi kati? Musa n'Eriya bali ku nsi kati? Bali mu Amerika?**

134 Nedda! Mukiraba? Nedda, tebali wano; tebajja kujja okutuusa nga Ekkanisa etwaliddwa, olwo Musa n'Eriya . . . Ekyo bameka abakitegeera? Kale. Kale leka tulabe. Ono teyawandiseeko linnya, kale . . . Kale. Yenna eyabuuzizza ebibuuzo bino . . . Nzikiriza biri musanvu; mpadde . . . mbaze musanvu. Kale!

**337. Nnyonnyola enjawulo eri wakati wa "Erinnya lya Yesu," ne "Erinnya lya Yesu."** (Mulindeeko katono.) **Nnyonnyola enjawulo eri wakati w'erinnya "Yesu" ne "Erinnya lya Yesu."**

135 Kati, gonna gajja kuba ge gamu singa gakozesebwa mu ngeri y'emu (mukiraba?), nga googera ku Muntu y'omu, erinnya *Yesu*, n'*Erinnya lya Yesu*. *Erinnya lya Yesu* ate erinnya—erinnya *Yesu* ye Muntu nga Ye. *Erinnya lya Yesu* lyogera ku Muntu, kale gabeera ge gamu . . . Ekyo ndowooza ki . . . Ekyo tekikola makulu? Mukiraba? Erinnya *Yesu* ye Muntu Yennyini, ate *Erinnya lya Yesu* obeera oyogera ku Muntu oyo. Mukiraba?

136 Okugeza, erinnya lyange nze *William*. Oyo ye nze. Kale. Kati, bw'ogamba nti . . . Nze njogera . . . Bw'ogamba nti *erinnya lya William*, olwo obeera oyogera ku nze. Eryo lye linnya lyange. Mukiraba? Kati.

**338. Erinnya lya Mukama lizze likyuka mu biseera eby'enjawulo ebizze bibaawo?**

137 Weewaawo, weewaawo! Lumu lyali—Yali ayitibwa NDI. Yali ayitibwa Yakuwa, era Likyuse emirundi mingi. Omulundi gwe lyasembayo okukyusibwa weewo Katonda bwe yayambala omubiri n'atwala erinnya ery'abantu.

138 Yakuwa, NDI, n'ebirala ebyo, byonna bitiibwa bya Linnya. Mukiraba? Bw'oba wabatizibwa mu linnya lya Yakuwa, lirina kuba Linnya lya Yesu Kristo. Bw'oba wabatizibwa mu linnya lya Yakuwa-lafa, Yakuwa Manase, ne Yakuwa-yire, n'ebitiibwa ebirala byonna, lirina kuba Linnya lya Yesu Kristo. NDI ye Yesu Kristo.

139 Mujjukira, bwe yali ayimiridde awo ku olwo, n'Agamba nti, "Mugamba mbu mwalya emmaanu mu ddungu . . . "

"Bajjajjaffe baalya emmaanu."

Ye n'abagamba nti, "Naye bafu!"

140 Ne bamugamba nti, "Kale, kati tukitegedde nti oli mutabufu wa mutwe, kubanga ggwe omusajja atannaweza yadde emyaka ataano, ggwe ogamba mbu walaba Ibulayimu."

N'abagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, NDI." Mukiraba? Ye yali NDI. Era ebitiibwa byonna n'amannya gonna agaali aga Katonda byafuulibwa Erinnya limu ery'abantu, Mukama waffe Yesu Kristo. Kale.

**339.** Kati: **Ebiseera bwe biba bikoma nga Obubonero bubembuddwa, olwo ki. . .Ebiseera bwe biba byakoma** (munsonyiwemu) **nga Obubonero bubembuddwa, kitegeeza n'okufuga okw'Emyaka olukumi—kitegeeza n'okufuga okw'Emyaka olukumi kuggwa, si bwe kiri?**

141 Nedda, nedda! Ebiseera tebyakoma nga Obubonero bubembuddwa. Wakitegeera bubi. Ekyabaawo, kiri nti ebyama byabikkulwa, naye ebiseera si bye byakoma. Okiraba? Labayo. Kati wekkaanye bulungi, ojja kuteekako n'olutambi lwo oluzannye bw'oba wakijja ku lutambi. Okiraba?

142 Ebiseera tebyakoma okutuusa. . .Ono ateekwa okuba y'omu ku bakkiriza nti Kristo wa kukomawo nga emyaka olukumi giwedde oba ekintu bwe kityo, eyabuuzizza ekibuuzo kino. Kubanga mukiraba? Tulina emyaka lukumi nga Ekkanisa egenze Eka oluvannyuma n'ekomawo ku nsi. Awo ebiseera ne bikoma mu Ggulu Eriggya n'Ensi Empya.

143 Kati, okufuga okw'Emyaka olukumi si ly'Egulu Eriggya n'Ensi Empya. Walibaawo ekibi oluvannyuma lw'okufuga okw'Emyaka olukumi. Okufuga okw'Emyaka olukumi kifaananyi ekyoleka Nuuwa nga ayingira mu lyato, n'asimattuka, n'aleeta Kaamu ne banne nga amataba gamaze okuyita. Era ekibi kyava na mu kyombo. Mukiraba?

144 Naye Enoka, eyawaanyisibwa, yali kifaananyi kya Mugole eyagenda waggulu, so si oli eyasimattuka. N'olwekyo ekibi kiribaayo ku ludda luli olulala olw'okufuga okw'Emyaka olukumi, naye si mu kiseera eky'okufuga okw'Emyaka olukumi. Mukiraba? Mu kufuga okw'Emyaka olukumi walibaawo mirembe. Mukiraba? Naye ekibi kirikolebwako ku ludda luli olw'okufuga okw'Emyaka olukumi, olwo ebiseera biggweewo.

145 Era kati, okubembulwa kw'Obubonero Omusanvu Omwoyo Omutukuvu kwe yatuwa, Obubonero Omusanvu bwali bwa kukola kimu kyokka kubikkula ebyo ebyali byalekebwayo mu biseera ebyaliwo nga tetunnabaawo.

146 Kati, nga omuyivu mu by'eddiini omu ow'ekitalo bwe yagezaako okunsiba enkalu ku nsonga eyo, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, wa. . .lumu Katonda alikuwa ekyama ky'Obubonero obwo Omusanvu. Obubonero obwo Omusanvu

kiriba kintu kye tutayiganganako, kiriba kintu ekitali na mu Bayibuli.” Nedda, nedda! Tekiriba bwe kityo, kubanga ekyo bw’okikola, kikifuula. . .Ekyo singa nkibagamba, mbeera nnabbi wa bulimba, kubanga (mukiraba?) Ekigambo kino. . . Kirimu. . .Buli kimu eki—eki. . .Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo mu bujjuvu bwakwo kwonna kutuukirizibwa mu Kigambo kino. Mukiraba? Era Obubonero Omusanvu bwe buba bwali bukwata ku makanisa omusanvu, bulina okuba nga bwabaawo dda, kubanga tuli mu Mulembe gw’Ekkanisa ya Lawodiikiya. Era Obubonero Omusanvu bwali bubikkula ebyo byokka bye baali baalekayo emabega eri, ne bubikkula bye baali baalekayo; Luther bye yalekayo; Wesley bye yalekayo; n’abaddaabuluzi abalala bonna, n’Abapentekoote, okutuukira ddala mu kiseera kino.

147 Kati, ekiddako ekisigadde kwe kuwaanyisibwa kw’Ekkanisa, okudda kwa Musa ne Eriya, okufuga kw’Emyaka olukumi ku nsi wamu n’Omugole omusajja n’Omugole omukazi okumala emyaka lukumi, n’oluvannyuma Okusala Omusango, olwo wabeewo okusaanyizibwaawo ddala okw’ekibi. Mu kiseera ekyo tekiriddamu kubaawo.

148 Kati, si. . .Okukoma. . .Obubonero tebukomyanga biseera. Ebiseera n’ebiro biribaawo okutuusa nga okufuga okw’Emyaka olukumi kuwedde. Nedda! Ebiseera birisigala bikyaliwo okutuusa nga okufuga okw’Emyaka olukumi kuwedde.

**340. Okufuga okw’Emyaka olukumi kulina akakwate n’emyaka olukumi? Gwali tegusobola kubeera mulembe?**

149 Nedda! Omulembe okusinziira ku Bayibuli gibeera emyaka amakumi ana. Naye Bayibuli egamba nti, “Ne babeera balamu ne bafugiranga wamu ne Kristo emyaka lukumi.” Giriba emyaka lukumi ku nsi, kubanga emyaka lukumi ku nsi gibalibwa mu kiseera buseera, nga lugero eri Katonda, nga olunaku lumu. Emyaka lukumi ku nsi lubeera olunaku lumu lwokka eri Katonda, okusinziira ku Katonda bw’abala obudde. Ekyo kati bameka abakitegeera?

150 N’olwekyo, olwo lwe lunaku olwo olwa Ssabbiiti Ekkanisa lw’etaliddamu kutegana nga erwana n’ekibi. Era Ssetaani nga asibiddwa okumala akaseera katono, emyaka lukumi, kubanga abantu be bonna bali mu ggeyena, era a. . .Ekkanisa nga eri ku nsi yanunulibwa era eri mu Kubeerawo kwa Kristo wennyini, n’olwekyo talina bantu b’akoleramu. N’olwekyo, si lujegere bujegere, nga bwe nnagamba, olujegere olusiba endoddo z’emiti, wabula lujegere lwa mbeera; talina ky’asobola kukola. Talina ky’asobola kukola era talina ssuubi, alinze kimu kyokka kuzuukira kwa bantu be; olwo baawulwemu ng’endiga bwe zaawulwa mu mbuzi.

**341. Kabaka omukazi ow’e Seeba teyajja eri Sulemaani kumugezesa—kumugezesa kuzuula ye kennyini oba nga—**

**oba nga erinnya lya Mukama ddala lyali Sulemaani oba nedda?** (Ekyo sikkiriza nga nkitegedde. Musooke mulindeko.) **Kabaka omukazi ow'e Seeba teyajja eri Sulemaani kumugezesa kuzuula ye kennyini oba nga erinnya lya Mukama ddala lyali Sulemaani oba nedda?** (Kino nna—nnandiba nga sikitegedde. Naye . . . Mulindeeko kaatono. Leka nziremu nkisome.) **Kabaka omukazi ow'e Seeba teyajja eri Sulemaani kumugezesa kuzuula oba nga erinnya lya Mukama ddala lyali Sulemaani oba nedda?**

151 Nedda! Teyamugezesaako kuzuula oba—oba nga erinnya lya Katonda lyali Sulemaani. Sulemaani yali kabaka. Yajja, n'agamba nti, ya—yagamba nti, "Mazima ddala Katonda ali ne kabaka We wamu n'abantu Be." Mukiraba? Yajja n'agezesebwa . . . Yagezesa Sulemaani ku kirabo kye, kubanga alina ebintu bye yalina mu mutima gwe Sulemaani bye yamubikkulira, ekyalaga nti yali kabaka wa Katonda ku nsi.

152 Mujjukira eri mu, nzikiriza, kyali eri mu—mu—mu . . . Gye yava, eri mu nsi y'e—y'e—y'e—y'e Seeba gye yava, abantu baali bajja, omanyi, ne—ne banyumya ku bintu eby'amaanyi ebyali bigenda mu maaso, nga bwe baalina Katonda erudda eri eyafuka amafuta ku kabaka waabwe, ne . . . n'engeri Katonda gye yafuka amafuta ku kabaka. Sikkiriza nti yali alowooza nti erinnya lya Sulemaani, manya, erinnya lya Katonda lyali Sulemaani, kubanga singa kye yali alowooza, ekyo ate kyandimufudde mukaafiiri. Mukiraba? Kati, ob'olyawo ya—yakirowooza. Ob'olyawo mu mutima gwe yandiba nga yalowooza nti Katonda ye yali Sulemaani, Sulemaani ye yali Katonda, kubanga okusooka kwa byonna yali mukaafiiri. Naye Sulemaani bwe yamubikkulira ekyama kye yalina mu mutima gwe, olw'e—ekirabo eky'okutegeera ebyama; mu kiseera ekyo, ekyali kiyitibwa, amagezi. Ekyama ekyo yakitegeera. Kabaka omukazi yakimanya nti Katonda yali ne Sulemaani, kubanga oluvannyuma . . . Baalina . . . Yakizuula . . . Ekyo singa kye yajja nakyo mu birowoozo bye . . .

153 Omuntu ono wano bw'aba—bw'aba abuuza, eyabuuzizza ekibuuzo, bw'aba abuuza oba nga, "Kabaka omukyala yali akimanyi nti ddala Sulemaani . . . erinnya lya Mukama ddala yali Sulemaani?" Labayo, Sulemaani teyali Mukama; ekyo omukazi ono yali yakizuula okuva eri abantu, kubanga baasinzanga Yakuwa, era waaliwo essanduuko ennene, n'endagaano ennene, e—essanduuko ebiragiro bya Mukama mwe byali. Era baali bamubuulidde ku lusozi Sinaayi n'ebifo eby'enjawulo bye baali bakyalidde. Era okuyita mu ebyo, yali asobola okukiraba nti Katonda—nti Katonda w'endagaano eyo yali mu musajja ono, kubanga yali—yali asobola okutegeera ebyama ekintu ekyali kisobola okukolebwa Katonda yekka. Mukiraba? Kale yali akimanyi nti—nti Katonda yali mu Sulemaani. Naye kati, kiyinza okusoma bwe kityo eyabuuzizza ekibuuzo bw'aba wa

kubuuza ekyo. Naye, "Yali akimanyi nti ddala erinnya lya Mukama yali Sulemaani?" Oba oli awo teyakiwandiise nga bwe yabadde akirowooza. Mukiraba? Kale ndowooza ob'olyawo yabadde ayagala kubuuza—kubuuza nti: "Mukama yali mu Sulemaani." Weewaawo, ddala yamulimu. Ekyo bwe kiba nga kye kibuuzo, ddala yamulimu! Yali amanyi Katonda, kubanga ekyo yakyogera. Kale yali tayinza kusinza katonda mulala yenna. Era nzikiriza ya—yagamba nti bulijjo . . . Yalaba ensonga lwaki . . . Omwoyo tegwamusigalamu; ebibuuzo bye byonna byayanukulwa. Sulemaani yamubikkulira buli kimu, n'akitegeera nti Katonda yali naye.

**342. Twa—twafumbiriganwa emyaka amakumi abiri mu gumu egiyise era omulamuzi awulira emisango emitono egy'omukitundu ye yatugatta mu bufumbo**. **Kyali—kyali kikyamu?**

154 Weewaawo, ekyo kyali kikyamu mmwe okukikola. Obufumbo ennyumba ya Katonda y'ebuvunaanyizibwako. Naye nga bwe kiri nti mwamala dda okugattibwa mu bufumbo, bwe muti bwe mugattibwa awamu mu bufumbo: mugattibwa awamu mu bufumbo bwe mukola obweyamo buli omu eri munne, bwe musuubizigana buli omu eri munne nti muli . . . nti buli omu ajja kutwala munne. Omulamuzi asobola okubawa layisinsi, eyo ebeera bbaluwa ebaweebwa mu mateeka, ebakkiriza okubeera awamu ng'omwami n'omukyala nga temuli mwami na mukyala abeefumbizza mwekka. Naye bw'osuubiza omuwala ono, n'ono . . . n'osuubiza omusajja oyo nti ojja kubeera mwesigwa gy'ali, n'omutwala okuba balo, awo mubeera mugattiddwa mu bufumbo. Ekyo mujjukira, nakinnyonnyola wiiki ewedde, nzikiriza lwe nakinnyonnyola. Mukiraba? Bw'osuubiza omuwala oyo. Mukiraba?

155 Ne mu nkadde—mu Bayibuli enkadde, omusajja bwe yasuubizanga omuwala okumuwasa, era (mumanyi amateeka agakwata ku nsonga eyo. Kubanga, kyali kye kimu n'obwenzi. Ddala bwe kyali!) omusajja bwe yasuubizanga omuwala, kyabanga kiwedde.

156 Waliwo ekibuuzo ekyabuuzibwa luli nti, "Okusazaamu—okusazaamu—okusazaamu embaga kye kimu n'okwawukana mu bufumbo?" Mukiraba? Bwe mumbuuza ebibuuzo ebyo ab'emikwano, ekyo temumanyi kye kinkola. Nnina mikwano gyange bangi nnyo abatudde wano abaakafumbiriganwa emirundi nga ebiri oba esatu. Mubadde mukimanyi nti mu kwogera ebyo mba njogera eri mutabani wange, Billy Paul? Billy Paul nsobola okumutaliza? Siyinza n'akatono! Billy Paul waliwo akawala ke yafumbiriganwa nako, ate n'ajja, n'aŋŋamba mbu, "Taata, ŋŋenda kugattibwa."

157 Nnali njoza mmotoka yange; ne mmugamba nti, "Kuba omutwe gwo ku kisenge," ne ŋŋenda mu maaso n'okwoza

emmotoka yange bwentyo.

N'agamba nti, "Ŋŋenda kugattibwa."

Ne ŋŋamba nti, "Ha, genda mu maaso," ne ŋŋenda mu maaso ne kye nnali nkola. N'agenda n'agamba maama we, maama we n'amusekerera. Mumanyi kye yakola? Yadduka n'akawala akaali kakyasoma mu ssomero lya gavumenti ne bafumbiriganwa. Embaga twagisazaamu, nze ne taata w'omuwala ono. Embaga twagisazaamu naye era yasigala mufumbo. Mutabani wange era waali atudde wano ampuliriza mu kaseera kano. Kati, ekyo kyennyini kye kyabaawo.

158 N'ajja gyendi n'omuwala gw'ali naye kati, muka mwana wange. Kazzukulu kange . . . N'aŋŋamba nti, "Taata onangatta?"

159 Ne mmugamba nti, "Siyinza n'akatono." Oyo mutabani wange yennyini. Mulowooza ekyo tekinsala ku mutima nga nnamulera ne mmukolera buli kyonna kye nsobola okukola, era nga mbadde taata era maama gy'ali? Mulowooza tekinzita okukyogera? Naye ge Mazima. Mazima ddala! Mutabani wange waali atudde wano awuliriza . . . Muka mwana wange ne kazzukulu kange nabo weebali wano wennyini mu kaseera kano batudde . . . Naye mmugamba nti kikyamu (mukiraba?), kubanga nnina okukikola. Nvunaanyizibwa eri Ekigambo ekyo.

160 Era mbuuza nti, mulamuzi ye yabagatta? Mwalina kugattibwa kkanisa, nga omuweereza y'akikola. Ekyo ky'ekintu ekituufu Omukristaayo ky'alina okukola. Naye nga bwe kiri nti ekisuubizo ekyo mwakikola, ne mukola obweyamo, era nga mubadde bafumbo kati emyaka abiri mu gumu, ndowooza tewali buzibu.

Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye mba . . . "

161 Wayinza okujja ekibuuzo ekigamba nti, "Nzije nziremu okugattibwa?" Bw'oba owulira nga oyagala okukikola. Tobeera na kintu kyonna mu birowoozo byo kitawaanya kukkiriza kwo, kubanga mu birowoozo byo bwe mubaamu ekintu kyonna, awo wennyini w'onaabeera tojja kusukkawo; ojja kukoma awo wennyini. Ekibuuzo ekyo buli lwe kinajja, awo w'ojja okukoma, awo wennyini. Naye kati, nze gyendi tekirina buzibu.

162 Omusajja eyambatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo yakomekkereza angobye mu kkanisa, kubanga nagaana okukkiriziganya naye ku nsonga y'abakazi okubeera ababuulizi. Naye ekyo tekyandeetera kuddamu kubatizibwa. Mukiraba? Nedda nedda. Mukiraba? Kale n'ekyo tekirina buzibu.

163 Naye mujjukire nti, ebintu bino binsala okukamala. Nnina mikwano gyange abaagalwa ennyo, abasajja n'abakazi abasobola okukwata . . . okuteeka ebyabwe . . . abasobola okwetundulamu eriiso ne balimpa singa ndibasaba (yee, ssebo!), naye baakagattibwa mu bufumbo abamu emirundi ebiri, abalala emirundi esatu, weebali batudde wano wennyini.

Ne mutabani wange yennyini, ne muzzukulu wange yennyini, ne muzzukulu wa-. . .ne muka mwana wange gwe njagala. . . Mulabe Billy, n'engeri gye mbaddewo ku lulwe n'engeri gy'abaddewo ku lwange, naye bwe kuba kwogera mazima oba amazima, amazima gasigala mazima.

164 Nnina. . .Olwa leero nsobola okugenda erudda wano ne mpita abamu ku bantu bano aba Assemblies of God oba abamu ku bantu bano ne mbagamba nti, "Mbadde. . . Ndi. . .byonna bibadde bikyamu, Ekigambo ekyo sigenda kukinywererako, mmwe be ŋŋenda okunywererako." Ob'olyawo nandibadde muntu ow'ettutumu ery'amaanyi mu kaseera mpa we kaaga n'ekirabo kya Katonda. Singa nkwata ettutumu lyange lyonna lye nnina ne mbaako ekimu ku bibiina ebyo kye nneegattako, osanga nnandibadde n'erinnya ery'amaanyi mu makkati gaabwe. Naye sifaayo ku bye balowooleza linnya lyange. Mbaagala nnyo, ago ge mazima. Naye nnina okubeera ow'amazima. Ekyo singa nkikola mbe—mbe—mbeera munnanfuusi.

165 Era nnandibadde munnanfuusi singa nnyimirira wano kubanga mutabani wange yennyini atudde wano eyasuubiza omuwala, ne ŋŋamba. . .Ka—k'abeere nga teyakola na mukolo, k'abeere nga teyabeerako na mukazi oyo, oba okwebaka naye, omuwala oyo, oba kyonna kye kyali, bwe yakola obweyamo obwo, mufumbo, oba ye Billy Paul oba si ye Billy Paul. Ago ge mazima gennyini! Yawasa bwe yakola ekisuubizo ekyo. Ne bwe mba nze, era kye kimu.

166 Tulina okuba abeesimbu. Bwe mba sisobola kuba mwesimbu eri mutabani wange, sisobola kuba mwesimbu gye muli. Bwe ssiba mwesimbu gye muli ssijja kuba mwesimbu eri Katonda. Naye njagala mukkirize nti bye mbagamba y'endowooza yange ey'obwesimbu ddala. Temubikonjera kintu kyonna, mubyogere ddala nga bwe mbyogedde (mukiraba?), kubanga ŋŋenda kubabuulira Mazima.

167 Kati, mwenna sitera kwogera nammwe bwentyo, kubanga muli baana bange, bwentyo bwe mbayita. Nze mbazaala eri Kristo okuyita mu Njiri. Kale bwe tubeera wano ffenna, nga bantu ba kibinja kyaffe bokka be batudde wano, mba—mbakambuwaliramukko. Naye njagala mbabuulire nti: naye bw'ojja gyendi okubaako ekintu kyonna ky'ombuuza, ŋŋenda kukubuulira ekisingayo obulungi kye mmanyi! Bwe kiba mu Kigambo, sifaayo oba kinnenya, nange nnina ebituttwa bingi ebirina okunsalibwako. Ddala bwe kiri!

168 Naye bw'obaako ekintu kyonna ky'ombuuza, nja kukubuulira. Era bwe naabaako ekintu kyonna kye nkubuulira, nja kukubuulira Mazima. Bulijjo nfubye okubeera bwentyo. Bwentyo bwe njagala mbeere era bwe mba nfa, nga ndi mwesimbu eri buli muntu yenna.

169 Waliwo omuwala omuto eyajja gyendi ebbanga si ddene eriyise; omukazi oyo taliiwo wano kati. Tom Simpson, bangi ku mmwe mumumanyi. Tom musajja mulungi; abantu be bonna tebaliiwo. Ndowooza abantu abo bonna bazzeeyo, okuggyako nga Fred akyali wano. Nze. . .Fred Sothmann, ssimanyi oba atuuse oba tannaba, naye ndo—ndowooza baagenze. Naye Tom Simpson, ba. . .yava Canada ne—ne Fred. Era ba. . . Ow’oluganda Fred mumumanyi, omuyima waffe.

170 Kati Ow’oluganda Tom, bangi ku mmwe wano mumumanyi. Era Tom musajja mulungi; musajja mulungi nnyo ddala; ne Muky. Simpson mukazi mulungi. Kimu kyokka singa awuliriza bye mmugamba, naye ajja kuddamu atambule. Mu kaseera kano yagongobala era ali mu kagaali k’abalema ako. Naye ajja kutambula singa anaakola ekyamugambibwa okukola. Mmwe mulinde bulinzi mulabe oba si bwe kinaaba. Mukiraba? Kati. Naye alina okukola ekyamugambibwa okukola bw’aba asuubira okuddamu okutambula.

171 Kati waliwo omu ku bawala be abato, abawala abato abalungi ddala. . .Nze. . .Bwe baali bakyali bato nnyo, nnabaleranga ne nzannya nabo. Naye kati bakulu; kyenkana bakazi, ba myaka nga kkumi, oba kkumi n’ebiri. Kati, omu ku bo yajja gyendi n’aŋŋamba nti, “Ow’oluganda Branham, nnaloose ekirooto.” N’ambuulira ekirooto. N’ambuuza nti, “Ekyo kitegeeza ki?”

Ne mmugamba nti, “Simanyi kye kitegeeza, Mukwano. Nja kusaba, era Mukama bw’anampa amakulu gaakyo, nja kugakugamba.”

172 N’agamba nti, “Kale!” Ne wayitawo ennaku ntono n’akomawo, n’ambuuza nti, “Amakulu g’ekirooto kiri wagafuna?”

Ne mmugamba nti, “Nedda, Mukwano, sinnagafuna; Tannaba kukimbikkulira.”

173 Ne wayitawo wiiki nga emu oba bbiri n’akomawo, n’ambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, amakulu g’ekirooto kiri?”

Ne mmugamba nti, “Simanyi.” Kati, bambi n’alabika nga ayisiddwa obubi. Nze. . .

174 Jjukira, nti bw’obaako ekintu kyonna ky’onsaba nkubuulire, ne sikifuna kuva eri Mukama, nange mpisibwa bubi. Naye sijja kubeera munnanfuusi, oba mulimba, nja kukubuulira amazima. Bw’Ambuulira, nja kukubuulira; bw’Atambuulira, nange sijja kukubuulira. Kye kyokka kye nsobola okukola. Era njagala onzikkirize bw’otyo.

175 Kale kati, mu ndowooza yange nnalowooza nti ekirooto nnali mmanyi kye kyali kitegeeza, naye nnamanya ntya. Ekirooto ekyo mbeera nnina okuddamu ne nkiraba. Era tewali n’omu

ku mmwe asobola kusonga ku kiseera n'ekimu bwe kiti oba ekifo kyonna, lwe nnamuwa okuvvuunulwa kw'ekirooto mu Linnya lya Mukama nga si kutuufu ddala nga bwe kulina kuba. Yee, ssebo! Ssirina kintu kyonna kye nnali mbagambye mu Linnya lya Mukama ne kitatuukiririra ddala, nga bwe nnakibagamba, kubanga ndi—ndi. . . Abeera Ye. Kati awo buba tebukyali buvunaanyizibwa bwange, wabula buba Bubwe; bubeera buvunaanyizibwa Bwe.

176 Kye nnava mmugamba nti, "Labayo, Trudy, watya singa tuba tugenda mu Arizona. Era watya singa—singa nzija ne nkugamba nti bw'onaatukayo, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, muganda wo omuto ajja ku. . .'? Omuto Johnny, gwe mbeera njiikiriza olw'olubuto lwe okuyita ebweru ekiseera kyonna." Ne ŋŋamba nti, "Watya ssinga bamukoonera mu kkubo? Ne nkugamba nti, 'Omanyi ekigenda okubaawo? Bagenda kumutomerera mu kkubo.' Era ogenda kujja gyendi, era—era ogenda kugamba nti, 'Ow'oluganda Branham. . .' 'Mugende, mumutwale eri Ow'oluganda Branham,' manyanga. Era ogenda kwetoloola onoonye buli wamu, era onsange nga nnyimiridde ku madaala, nga nnina omusajja ayambadde essuuti enjeru gwe njogera naye. Era nja kuteeka emikono gyange ku muto Johnny; addemu abeere mulamu adduke yeetooloole awo."

Kati, ne ŋŋamba, "Ekibaawo nga ogenda Ebugwanjuba, ob'olyawo, lumu ogenda okuwulira nga maama wo alaajana, nga taata wo alaajana, ogenda okulaba ekibaddewo, nga omuto Johnny bamutomedde. Okola ki?" Okiraba? Onzikiriza. Okiraba? N'olwekyo njagala onneesige. Sigenda kukugamba kintu kyonna kye nteebereza buteebereza; ŋŋenda kukugamba mazima, oba si ekyo nneme kubaako kye nkugamba. Era ne mmugamba nti, "Awo obeera ojja kujja gyendi ogambe nti, 'Bannaaye, omuto Johnny. . .' Manyanga, obeera ojja kugenda awali maama wo ali mu kulaajana nti, 'Bannaaye, omuto Johnny bamutomedde. Afudde! Afudde!'"

177 "Omusawo ajje, abikke amaaso ge, akebere entunnunsi z'omutima gwe, n'okussa. 'Afudde. Mumutwale mu ggwanika.'"

"Onaakola ki? Ojja kugamba nti, 'Musooke mulindeko! Musooke mulindeko! Muleke mmusitule; leka tutandike okutambula.'" Amiina!

"'Ogendawa, Trudy?'"

"'Ssimanyi.'"

"'Kiki ekyo ky'ositudde?' Ositudde muganda wo omuto eyafudde mu mikono gyo. Ogende mu maaso n'okutambula weeyongereyo mu kkubo. Abantu beebuuze nti, 'Oyo omuwala agudde eddalu?' Nedda, ssebo!" Alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kiki ekigenda okubaawo?

178 "Okugira oti, ogambe kitaawo ne maama wo nti, 'Mulindeeko, leka tunoonye Ow'oluganda Branham. Ajja kuba ayimiridde ku madaala ng'alina omusajja ayambadde essuuti enjeru gw'ayogera naye. Wuuli ayimiridde wali eri. Mulabe ekibaawo.' Nga tolinaamu kubuusabuusa kwonna mu birowoozo byo. Ojje wendi oŋŋambe nti, 'Ow'oluganda Branham, kye waŋŋamba okimanyi?'"

"Weewaawo, Trudy. 'Johnny, golokoka!'" Asituke atambule mu kkubo.

179 "Naye ate watya singa mmala gakugamba ebintu bye ndowooza nti bituufu, ne mbikugamba mu ngeri eyo nti, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, naye nga si kituufu, era ne kitabaawo, kubanga tekiyinza kutuukirira; awo wandyeraliikiridde n'obulako katono okufa olw'omulenzi oyo omuto. Nga tomanyi oba omuleete oba tomuleeta."

180 Katonda yantuma wano kubayamba, era njagala kubayamba. Kale si nsonga oba kisala, oba kirumya oba kyonna kye kiri, mu buli ngeri nnina okukyogera.

181 Naye kati ku nsonga y'okufumbiriganwa n'okwawukana, mbasabye ng'ow'oluganda, mugumiikirize okutuusa lwe munaawulira okuva gyendi. Mukiwulira? Mugende mu maaso n'obulamu nga bwe mubadde. (Ekyo nkiruddeko nnyo.)

182 "Twagattibwa emyaka abiri mu gumu egiyise (weewaawo)...omulamuzi awulira emisango emitono egy'omukitundu ye yatugatta." Mwannyinaze omwagalwa, Muganda wange omwagalwa, lumu waliwo kitunzi eyaŋŋamba nti yagenda n'ayingira mu kkanisa (yali Mukristaayo) erudda eri mu Connecticut oba awantu bwe watyo, mu kkanisa ennene ey'amaanyi, n'ayingira okusaba. Teyali...Yali Mupentekoote, naye yagendayo okusaba. N'agamba nti bwe yayingira munda n'afukamira wansi mu kkanisa okusaba...n'agamba nti yajja yeebagadde embalaasi, yali akooye, nga alumwa omwoyo okudda ewaka, yali kitunzi, yalina ebintu bye yali atunda, n'agamba nti ya...eri amakolero. Kale yagenda mu kitundu ekyo oku—okubaako by'atundayo oba ekintu bwe kityo, oluvannyuma n'asanga ekkanisa, muli n'alowooza nti, "Ka ŋŋende...Ndowooza leka nnyingire munda nsabeko." Oluggi lwali luggule; n'agamba nti n'ayingira. Teyawulira muntu yenna, kye yava akufukamira n'atandika okusaba. Bwe yamaliriza okusaba, n'asigalawo okumala essaawa nga emu, agamba, nti yawulirira ddala enzigi nga zeggula oba ekintu bwe kityo; n'alowooza nti yali mukuumi oba omuntu bw'atyo ow'ekkanisa. N'agamba nti, oluvannyuma lw'akaseera n'alaba, nga waliwo abajja...N'awulira omuntu ayogera. N'avaayo alabe ekigenda mu maaso, ne yeetoolooza amaaso okulaba oba nga yali mukuumi. Naye yali musajja na mukazi nga bayimiridde mu maaso ga wolutaali bakwataganye mu ngalo, nga bagamba

nti, “Nkutwala, omwagalwa, okuba mukyala wange gwe nnagattibwa naye mu mateeka.” Mukiraba?

N’omukazi n’agamba nti, “Nkutwala, omwagalwa, okuba omwami wange gwe nnagattibwa naye mu mateeka.”

“Naye,” n’agamba nti, “kino nga si kya bulijjo,” n’agamba nti, bano Bapentekoote, n’agamba nti, “omusajja ono n’omukazi bagattibwa awatali mubuulizi.” Mukiraba? Kye yava atuula wansi n’alinda; kale bwe baamaliriza okukola obweyamo bwabwe obw’okubeera abeesigwa buli omu eri munne, nti kufa kwokka kwe kulibaawukanya, buli omu n’awambaatira munne, ne banywegeragana, ne bakyuka ne bafuluma nga bwe bamwenya. N’abagamba nti, “Mulindeeko katono!” N’agamba nti, “Nina kyenjagala okumanya; nze ndi mugenyi.” N’agamba nti, “Kye mugamba mugattiddwa mu bufumbo?”

Ne bagamba nti, “Weewaawo!”

“Awatali mubuulizi?”

Omwami n’agamba nti, “Nedda!” N’agamba nti, “Tubadde bafumbo okumala emyaka amakumi ana.” N’agamba nti, “Twagattirwa wano wennyini ku wolutaali eno emyaka amakumi ana egiyise, era buli mwaka tukomawo ne tuzza buggya obweyamo bwaffe.” Eyo nkola nnungi. Mukiraba?

183 Naye ku kikwatagana n’okuggattibwa awamu mu bufumbo, bw’omusuubiza, atwala ekigambo kyo; naawe n’otwala ekigambo kye; ne Katonda n’atwala ebigambo byammwe mwembi. Mukiraba? Naye togeza okusuubiza okuggyako nga . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

**343. Bwe bazisala mu . . . Ziba mpanvu—enviiri ziba mpanvu bwe bazisala mu maaso?** (Kati, musooke mulindeko, kino leka nkifune bulungi.) **Enviiri mpanvu bwe zi . . .**

184 Kati, si—si . . . Ob’olyawo kino ky’ategeeza nti: “Zisigala zikyali nviiri mpanvu nga bazikomodde mu maaso?” Ziba tezikyali mpanvu, ziba zisaliddwaako. Mukiraba? Naye kiringa omusajja eyalina empale empanvu n’agisalako emirundi esatu ate n’eba nga nnyimpi nnyo. Ogambye ki? Ogambye ki? [Waliwo ayogera n’Ow’oluganda Branham—Omuk.] O, ekyo kye boogerako. Nga bwe njiikiriza kawala kange akato, kaagamba mbu . . . Nze mbuyita “booms,” nga bwe mumanyi, bwe bakomola enviiri ne zigwa mu maaso, oba kyona kye kiri, nga bwe mumanyi, mu maaso wano.

185 Kati, nkubamu akafaananyi nga ndaba abaana abo abakomola enviiri zaabwe mu maaso . . . Mmwe, ob’olyawo ekyo maama wo asobola okukikunnyonnyola, okiraba, bw’aba yandyagadde ozikole bw’otyo. Ndowooza kirabikanga—kirabikanga omukazi ayagala okutunula mu ndabirwamu eraga ebiri emabega okwezza obuto bw’akiraba nti asussizza emyaka amakumi abiri mu etaano n’ayagala okukomola enviiri ze mu

maaso bw'atyo, adde buto. Tunula gy'olaga, mwannyinaze, so si gy'ova. Mukiraba?

186 Naye kati, ku kikwata ku kusala enviiri, nja—nja—nja—nja kukugamba kino. Sisobola—si—sirina—sirina Kyawandiikibwa kyonna kigamba nti osobola okusalako ezenkana bwe ziti nti oba kino tosobola kukikola. Si—sirina Kyawandiikibwa kyonna ku ekyo, ekyo si—sisobola kukikugamba, mwannyinaze, oba muganda wange, ggwe wenna eyabuuzizza.

187 Waliwo ekintu kimu kye nnyinza okwogera. Nnandyagadde. . . Kati, ekyo nkimanyi n'abaana bange nabo baali bakikoze, Rebekah ne Sarah, nnabalaba bwe baakomola enviiri zaabwe wano mu maaso, ate ne bazisiba erudda eno emabega, ne bakola obuntu buno bwe bakola mu maaso, bwe bati. Si—si, si—si. . . Kati, sibagaana kukikola. Mukiraba? Nedda, ssebo! Nze ku lwange nnaandyagadde baleme kuteeka wadde makansi ku nviiri zaabwe. Naye bwe zikula, ne zirengejja wansi bwe ziti, ne bazikomolako obutabagwa mu maaso, abaana abato ne. . . Si—simanyi nga oba ekyo kiba. . . ?. . . Ssirowooza nga kituufu. Mukiraba? Nze. . . naye bwe mufuna. . . Bwe muba musobola, nze. . . eri mmwe bannyinaffe, nnandizirese nga Mukama bwe yazikola. Mukiraba?

188 Kati weewaawo, nkimanyi nti abakazi baagala okulabika obulungi; ekyo kya butonde, era bwe batyo bwe—bwe balina okuba. Mukiraba? Bwe batyo bwe balina okuba. Kale n'olwekyo, ekyo tekiriimu kabi, naye te—te. . . mu ngeri endala ka ŋŋambe bwenti nti, temufaanana nsi (mukiraba?); temwefaanaanyiriza nsi. Ebintu ebyo ebikyamu. . . N'oyagala okuzisalako, bw'otyo, naye kati tosala nviiri zo. Bw'oba osibye enviiri nga zirengejja wansi, oba—oba kyonna ky'obeera osibye mu nviiri zo, zireke nga mpanvu. Tozisala kwagala kufaanana nga ez'ab'ensi. Bw'oba omu ku bawala abato. . .

189 Kojja wange yalina akawala akato erudda eri mu—mu New York. Kaalina enviiri ezisingayo okulabika obulungi. Zaali nga eza langi eya kitaka omukwafu era kaazisibangamu. . . Maama wange yali asobola. . . Enviiri ze bwe yazisibanga zaali zituukira ddala wansi eno ku maviivi ge. N'akawala kano kalina enviiri bwe kaasibanga ezaako zaali bwe zityo; baali bakayita Jacqueline. Kati kaali kaazisanirirako ekitundu ne kazizza erudda eno bwe kati ate ne kazisalako erudda bwe kati. Era nnali. . . Wayiseewo emyaka nga kkumi n'etaano, kkumi na munaana, oba abiri. Naye nnali nneebuuza, lwaki tekaazisaniriranga zonna ne zidda emabega, zandirabise bulungi nnyo okusinga okubeera nga ziringa, ez'abayimbi b'ennaku zino bano ba Beatles, nga bwe mubamanyi. Era a. . . O, ekyo ddala bwe kiri, sikkiriza nga nnyinza okukikola. Ekintu kyonna ekyefaanaanyiriza abayimbi abo ba Beatles, ekiringa eky'ensi, kale leka. . . ekyo kyesonyiwe. Weewaawo!

**344. Nze n'omwami wange Bayibuli tetugitegeera kye kimu, Amazima ag'enjawulo, nga Amazima gano g'obuulira. Tagategeera. Ŋŋendenga naye mu makanisa ate nga sikkiriza njigiriza yaabwe? Kino kintawaanyizza nnyo.**

190 Yee! Bw'oba oli mukyala wa mwami ono, nga ye takuvumirira, naawe tolina—tolina kumuvumirira (okiraba?), kubanga omwami atukuzibwa mukyala we. Mukiraba? Era nzikiriza nti, bw'aba alina ekkanisa ey'ekibiina ky'eddiini gy'asabira oba ekintu bwe kityo, ayagala ogendeyo wamu naye. . . Okiraba? Bw'oba to. . . Labayo, eyo teriiyo kintu kyonna kisobola kukukola kabi, kubanga era osangiddwa nga bye boogera togenda kubiwuliriza, kubanga ogambye wano nti tokkiriza bye babuulira. Okiraba? Kale tebigenda kukukola kabi, wabula ojja kuba ossaamu balo kitiibwa. Ojja kuba omugondera, era ob'olyawo mu kukola ekyo, ojja—ojja. . . Bwe babaako ebintu bye bayigiriza era bye bakola. . . Ggwe wayigirizibwa ebintu ebya waggulu ennyo okusinga ku ebyo; ojja kubaamu ensa; era ajja kukiraba ajje eri Mukama. Nzikiriza nkyasobola okugenda mu maaso. Bannange, laba wano essaawa bwe ziri!

**345. Zekkaliya 4 n'Okubikkulirwa 11:3-12, byogera ku muntu y'omu? Laba Zekkaliya 4:12-14 ne Kubikkulirwa 11:4.** Baataddeko erinnya lyabwe, waaluganda ne mwannyinaffe abasabira mu kkanisa wano.

191 Ka tulabe, Zekkaliya 4. O, weewaawo, egyo gye mizeyituuni ebiri. Weewaawo, gye mizeyituuni ebiri n'Okubikkulirwa 11 wa. . . O, wewaawo, ky'ekyo. Kintu kye kimu. Byombi kye byogerako. Abo—abo ye—ye Musa ne Eriya, emizeyituuni ebiri.

**Sabira e. . .** Ekyo kyetaago kya kusabirwa.

Munsonyiwe, kino sisobola kukisoma mu maaso ga. . . Kikwata ku nsonga za mu maka. Weewaawo, ekyo kigatte ku ebyo. Ekyo sisobola kukisoma eri bantu ab'olukale. Naye kasita nja kubasisinkana kinnoomu, kale—kale. . .

**346. Ow'oluganda Branham, kikyamu oku—oku. . .** (Kino kisoma kitya? Kikyamu *okukola ki?* ku Ssande? Okukola?) **Kikyamu okukola ku Ssande?**

192 Ekyo nnaakamala okukinnyonnyola. Ente bw'eba egudde mu kinnya, giggyeeyo, naye togisindika kugwa mu kinnya nga okigenderedde mbu olw'okuba ojja kugiggyamu ku Ssande!

**Ow'oluganda Branham, onoobuulira wano Ssande ejja?**

193 Ekyo kye kibuuzo. Nedda, Mwannyinaffe, oba Ow'oluganda, yenna abuuzizza. Kati, bino bye bimu ku bibadde wano eno. Nteekwa okuba nga nze nnabitadde—nnabitaddemu, oba nga waliwo eyabitadde mu nsawo.

Ow'oluganda. . . Kino kikyo, Ow'oluganda Capps. "Onaayimba oluyimba olwo olugamba nti,

*Tetulikaddiwa*?" Nteekwa okuba nga na...ebimu ebisigadde nnabitabuddetabudde.

**347. Ow'oluganda Branham, waliwo ayagala okumanya lwaki** (t-e-w-...) **tewayogerwako mu Bayibuli. Nzikiriza ye ggwe ayogerwako mu Kaabakuuku 2:1-4.** (Kibikkule, Ow'oluganda Neville, Kaabakuuku 2:1-4) **Kino leka bakisome bakyetegereze, essuula ey'oku 3...ndowooza erinnya n'ebika by'essuula nnya, nzikiriza—nzikiriza nti ye ggwe.**

194 Kati, ekyo nga bw'akinoonya, kiri Kaabakuuku 2:1-4. Ow'oluganda oba Mwannyinaffe, ggwe wenna eyabuuzizza ekibuuzo (tekuli linnya), ekyo kirungi, nja—njagala nnyo mubuuze ebintu ebyo. Nsobole okumanya ekiri ku mitima gyammwe (mukiraba?), olwo mbabuulire. Nedda. Okiraba? Tekikwetaagisa kuba nti erinnya lyo mweriri mu Bayibuli, okiraba. Naye, olaba, kasita obeera nga oli mu Bayibuli, awo... Kasita obeera nga oli mu Kristo, obeera oli mu Bayibuli; oli mu Ye, okiraba, mu Bayibuli. Okiraba? Kasita obeera nga oli mu Kristo, obeera mu bujjuvu bwa Bayibuli. Okiraba? Obeera mu kifo kyo ekituufu bw'obeera mu Kristo. Ekyo mwenna mukitegedde?

195 Okifunye, Ow'oluganda Neville? Kigamba kitya? Weewaawo. Kaabakuuku—Kaabakuuku...Mbadde sinnakisoma. Kino ndowooza kyateekeddwawo, ku makya ga leero. Kaabakuuku: 2:1-4. Ky'ekyo. Kaabakuuku 2—Kaabakuuku 2, olunyiriri 1 okutuuka ku 4:

> *Ndiyimirira we nkuumira, ne nneeteeka ku kigo, ne nnengera okulaba by'anaayogera nange, era bye mba nziramu* ndi—ndi...*eby'okwemulugunya kwange.*
>
> *Awo* MUKAMA *n'anziramu, n'ayogera nti, Wandiika okwolesebwa okwo, okwole bulungi ku bipande, akusoma adduke mbiro.*
>
> *Kubanga okwolesebwa okwo kukyali kwa ntuuko zaakwo ezaalagirwa, era kwanguwa okutuusa enkomerero, so tekulirimba: newakubadde nga kulwawo, kulindirirenga; kubanga tekulirema kujja, tekulirwawo.*
>
> *Laba, emmeeme ye yeegulumizizza, si ngolokofu mu ye: naye omutuukirivu aliba mulamu lwa kukkiriza kwe.*

196 Kale, kati, nkubamu a—akafaananyi k'omuntu ono omwagalwa eyabuuza kino...Mukiraba? Muntu anjagala, oba si ekyo teyandiwandiise kibuuzo bwe kityo. Mukiraba? Kati, siyinza kugamba nti...Bayibuli teyogera linnya lyange—erinnya lyange, *William Branham*, oba okwogera erinnya lyo oba ery'omuntu omulala yenna, naye era tuli mu Ye. Era bino...

197 Era kati, olaba ebifo ebimanyiddwa ebyogera, ebiri mu Bayibuli, ebyogera ebintu eby'enjawulo. Okiraba? Kati, bwe weetegereza obulungi, ebyafaayo byeddiŋŋana mu Bayibuli. Mukiraba? Kati, leka tukuweeyo Ekyawandiikibwa eky'ekimu ku ebyo. (Bangi ku mmwe mbalaba muwandiika.) Kati, mu ssuula ey'oku 3 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo, Wagamba nti, "Katonda bwe yayita Omwana we okuva e Misiri kiryoke kituukirire ekyayogerwa nti, 'Mpita Omwana Wange okuva e Misiri'. . ." Kati, bw'oba olina—Bayibuli eyasengekebwa Scofield oba endala yonna erimu okujuliza, bw'ogoberera okujuliza okwo, okuli mu musittale ogw'ebijulizibwako, kujja kukukomyawo wali we Yayitira Yakobo, Isiraeri, okuva e Misiri. Mukiraba? Naye Yakobo yali mwana We gwe yayita okuva e Misiri; ne Yesu yali Mwana We gwe yayita okuva e Misiri. N'olwekyo (mukiraba?) Ekigambo kya Katonda tekiriiko kkomo. Mukiraba, twogerwako mu Bayibuli mu ngeri ez'enjawulo. . .Bameka abajjukira obubaka bwange ku kweyoleka n'abantu Abakristaayo aboogerwako, bwe nnabuulira, mu Phoenix, Arizona? Weewaawo, bangi ku mmwe mubulina ku lutambi. Mukiraba? *Okweyoleka n'Abantu Abakristaayo*. Mukiraba? Osobola okweyolekera awantu wonna w'oyagala mu Kyawandiikibwa ekyo bw'oba nga oli Mukristaayo, ate ne bw'oba toli Mukristaayo, era osobola okweyoleka mu Bayibuli. Mukiraba? Kale ndowooza nti ob'olyawo ekyo kiyinza okuyamba. Njagala mbeeko bye nnyanukula ebiwererako ddala nga bwe nsobola.

**348. Ow'oluganda Branham, abamu bagamba nti okusaasira kwaggwawo era tewali muntu yenna ayinza kulokolebwa. Kati, kino kituufu?** (Ndi musanyufu okuba nga kino kyabuuziddwa.) **Tutunula ne tusaba. . .Tutunuulira ennyiriri z'ab'okusabirwa, era kirabika wakyaliwo abamu abakyafuna okusaasirwa.**

Kati, ekyo ky'ekibuuzo ekisooka, olina bibiri.

198 "Okusaasira kwakoma?" Ekyo togezanga okukirowoozaako! Okiraba? Ggwe genda bugenzi mu maaso nga okola buli kimu ky'osobola okukola okutuusa lw'olitwalibwa. Okiraba?

199 "Tukiraba mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa nti abamu bafuna okusaasirwa." Mazima ddala! Okusaasira, enzigi nzigule. Mukiraba? Ndowooza kino gye wakiggya, ekirowoozo kino kyandiba wakati wa. . .Mulabeeyo, sirina budde bumala kuwa buli kimu ku Byawandiikibwa bino kifo kyakyo ekituufu, (mukiraba?), buli kimu ku bintu bino okukiwa ekifo kyakyo ekituufu. Ba. . .Mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa osangamu okusaasirwa, mazima ddala.

200 Singa nkitegeera nti Yesu ajja olw'eggulo luno, nnandigenze mu maaso nga nkola ekintu kye kimu kye nkola kati (mukiraba?),

nnandigenze bugenzi mu maaso. Okusaasira bulijjo weekuli. Mukiraba?

201 Era kati, we ndowooza nti w'okiggya, we woogera ku kukomekkereza kw'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa n'okubembulwa kw'Obubonero Omusanvu. Mukiraba? Obubonero Omusanvu, bulaga ekibaawo. . .kiki ekyabaawo. Omulembe gw'Ekkanisa ogw'Omusanvu, tuli ku nkomerero y'Omulembe gw'Ekkanisa ogw'Omusanvu. Bwe ŋŋamba nti *enkomerero*, ekyo tekitegeeza kiseera kino kyennyini, mu ddakiika eno yennyini. Mujjukira, Bayibuli egamba, edda mu biseera bya—bya Mukama waffe Yesu, Pawulo yagamba nti, “Kubanga ekiseera kituuse.” Ekyo mu mbala ya Katonda ey'ebiseera mumanyi ebbanga lye kimaze kasookedde kyogerwa? Ekyo kyayogeddwa jjo. Okusinziira ku mbala yange, waakayitawo emyaka enkumi bbiri kasookedde kyogerwa. Mukiraba? Ekiseera kituuse. Mukiraba? Katonda ky'ayita nti *ekiseera kituuse* ffe si kye tuyita nti *ekiseera kituuse*. Mukiraba?

202 Kale genda mu maaso nga okkiriza, genda mu maaso n'okusaba, genda mu maaso. . .Katonda okusaasira akyakuleseewo; genda mu maaso n'okudduka okugenda gye kiri mu bwangu ddala nga bw'osobola. Katonda ajja kukikomya ekiseera bwe kiriba kituuse eky'okukikomya. Mukiraba?

**349.** Kati. **Ow'oluganda Branham, kituufu nti tewali muntu yenna alina kubuulira okuggyako ggwe? Tulabye nga—tukulabye nga oyawula abasajja okuyingira mu buweereza. Tetu—tetukkiriza nti ekyo wandikikoze singa tebaali. . . babadde tebalina kubuulira.**

203 Bannange! Ow'oluganda, mwannyinaffe, yenna eyakugamba nti tewali muntu mulala yenna alina kubuulira okuggyako nze, nkakasa nnandibadde mugoberezi atali mulungi eri Katonda mu ebyo byonna. Nedda! Buli musajja oba. . .awulira okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwe, yingira mu buweereza otandike okubuulira; tubeetaaga.

204 Abasajja ba Katonda bafukibwaako amafuta okwetoloola ensi yonna okubuulira Enjiri. Mukiraba? Nze ndi kayinja kamu kokka mu mayinja amanene amangi agali ku lubalama. Mukiraba? Kale si. . .Waliwo bangi abalina ebisaanyizo, abasaanidde okunsinga, abalina bingi eby'okubuulira okusinga nze; nze ndi muntu omu omutono, atalina ky'ali ali wano. Ndi mpeke emu ey'eŋŋaano mu ggwanika eddamba. Mukiraba? Kale ekyo. . .Mumanyi kye ntegeeza!

205 Omusajja yenna eyayitibwa Katonda yeetaaga okubuulira Enjiri.

**350. Omukristaayo ayinza atya okweyongera ebuziba mu kwagala Katonda?**

206 Soma Ekigambo era osabe. Soma Ekigambo kya Katonda era osabe. Ŋŋenda kwanguwako, nsobole okwanukula bingi nga bwe nsobola.

> **Nnawaddeyo ekibuuzo kimu, naye nnakibuuzizza** (m-u-b-. . .) **mu bukyamu. Njagala kumanya oba ogenda kubeera n'okusabira abalwadde nga tonnava mu kibuga. Bw'oba toobeere nalwo. . .nnina kukola ki. . .nsobole okukusisinkana nga omuntu ssekinnoomu?**

207 Kati, ye ate, omuntu ono yandiba y'omu ku be nnasisinkanye enkya ya leero. Weewaawo, twabadde n'okusabira abalwadde; era tubadde n'okusabira abalwadde.

**351. Ow'oluganda Branham, nkusaba onnyonnyole Abakkolinso Ekisooka—Abakkolinso Ekisooka 11—11, olunyiriri olw'o 4 okutuuka ku lw'o 6. Kino tekitegeeza kibikkako** (e-k-. . .) **eky'enjawulo—eky'enjawulo** (k-b-. . .) **ekitali nviiri, oba enviiri empanvu kye kibikkako kyokka kye twetaaga?**

208 Mbikkulira Abakkolinso Ekisooka 11. Leka tulabe, Abakkolinso Ekisooka 11:4. Kigamba nti, "Bw'oba osaba. . ." O, weewaawo, a. . .Bakifunye wano. Bagamba nti, "Mu kusaba oba mu kuwa obunnabbi, tusobola okuggyako enviiri zaffe—tusobola. . ." Ka tulabe, wano yasazzizzaawo omusittale.

> **Mu kuwa obunnabbi—mu kuwa obunnabbi, tusobola okuggyako enviiri zaffe nga. . .?** Hmm. Wa—wabuuzizza nti: **Tusobola okulekako oba okuggyako enviiri zaffe nga tuwa obunnabbi?**

209 Bw'oba—bw'oba olina wiigi, osobola, naye nze—nandi. . . oba bw'oba oyambadde emu ku wiigi zino eza ba Beatle, oba ekintu bwe kityo, naye. . .Singa nsobola okulabika obulungi mu emu nga ngyambadde, ob'olyawo nange nandigyambadde, naye e. . .si wiigi ya Beatle, wabula—wiigi.

210 Naye ekyo tekiriimu kabi. Bw'oba tolina nviiri nga wandyagadde okwambala wiigi. Bw'oba osobola okukikola, tekiriimu kabi konna. Yee, ssebo! Omukazi bw'aba, nga enviiri ze si mpanvu ekimala, nga yandyagadde okuteekako wiigi, nnandimugambye nti, gyambale, Mwannyinaffe.

211 Omusajja bw'aba nga akwatibwa ssennyiga n'ebirala bwe bityo, nga ayagala e. . .mu ngeri emu. . .n'engeri gy'alabikamu eri mukyala we, bw'aba ayagala kwambala wiigi, kikole. Weewaawo. Ekyo si kikyamu n'akatono (nedda, ssebo!) kiringa bwe wandikoze ku mannyo go, oba okwambala omukono ogutali gwa butonde, oba ekintu ekirala kyonna. Obutonde bwe buba nga—bulina kye bukuggyeeko ate nga kya mugaso nnyo genda mu maaso okifune, ekyo tekiriimu kabi konna.

Naye wano kigamba nti, "Tusobola okulekako oba okuggyako enviiri zaffe nga tuwa obunnabbi? Kino kitegeeza ki kennyini?"

212 Kale, soma, Ow'oluganda Neville…lubadde lunyiriri lwa 4—4 okutuuka ku 6, kale, kale.

> *Buli musajja bw'asaba oba* bw'awa obunnabbi,… *omutwe gwe nga gubikkiddwaako,* aswaza *omutwe gwe.* (Ekyo kitegeeza, bw'aba n'enviiri empanvu. Kale.)
>
> *Naye buli mukazi bw'asaba oba* bw'awa obunnabbi *omutwe gwe nga tegubikkiddwaako,* aswaza *omutwe gwe:*…(Oyo ye bba.) …*kubanga bwe bumu ddala nga amwereddwa.*
>
> *Kuba oba ng'omukazi tabikkibwako, era asalibwenga enviiri:*… (Enviiri ze bw'ayagala okuzisala, leka azimwereko ddala. Mukiraba? Bw'aba tasobola kuba na…) …*naye oba nga* si *kya nsonyi omukazi o—okusalibwanga enviiri oba okumwebwanga, abikkibwengako.*

213 Awo ssirabawo kintu kyonna kyogera ku kulekako oba obutalekaako nviiri, okuggyako nga omukazi ayagala… Agamba nti, omukazi bw'agamba nti alina okuzisala, leka azimwereko ddala zonna. Mukiraba? Kubanga bw'atakikola, leka abeere n'enviiri ze; kubanga enviiri ze ky'ekibikkako kye. Naye eri omusajja okubikka ku mutwe gwe, n'abeera n'enviiri empanvu ng'omukazi, n'ayimirira mu kituuti, abeera ajja kufaanana nga mukazi waggulu awo. Mukiraba? N'olwekyo omusajja tateekwa kuba nazo nga mpanvu bwe zityo. Mukiraba?

214 Ekyo—ekyo kitegeeza nti bateekako enviiri ate ne baziggyako…Omuntu ono eyabuuzizza yandiba nga yawubiddwa n'alowooza nti kitegeeza nti o—omusajja alina okuwa obunnabbi nga abisse ku mutwe gwe, bw'amala n'aggyako ekibikkako kye. Mukiraba? Nedda. Ekyo tekitegeeza nti omusajja yalina enviiri empanvu, kitegeeza, bw'aba abikkiddwa…Kati, weeyongere okusoma okkirireko wansi katono, ggwe eyabuuzizza ekibuuzo kino, ojja kukizuula nti omutwe gw'omukazi ye bba. Ekyo bameka abakimanyi? N'omutwe gw'omusajja ye Kristo; n'olwekyo, omusajja alina okusalako enviiri ze ku lwa Kristo, kubanga mu Ye mulimu omusajja, wamu, n'omukazi. Ye byonna ye taata, ye maama, ye mwannyinaffe, ye muganda waffe, ye byonna. Naye mu musajja alimu kikula kya kisajja kyokka. N'olw'ekyo, ateekwa okusalako enviiri ze olwa Kristo; naye mu mukazi abeera kikula ekikazi kyokka, ye nsonga lwaki asobola okuba n'ekibikkako kye; kubanga bba y'amufuga. Ye mukama we, ye mufuzi we; kale n'olwekyo, kimukakatako okuba n'enviiri empanvu.

215 Ate singa agamba nti ateekwa, alina okuzisalako, leka azimwereko ddala. N'agamba nti, nga bwe kiri eky'ensonyi

oba ekiswaza eri omukazi, asaanye okubeera nti alabika bulungi, naye ate nga enviiri ze zonna zimwereddwa, kale leka abeere n'ekibikka ku mutwe gwe; leka abeere n'enviiri empanvu. Mukiraba? Kale kiri . . . Waliyo omuntu yenna . . . Mwenna mukinnyonnyose? Kye ntegeeza, kitegeerekese bulungi? Mugambe nti, "Amiina," bwe kiba nga kitegeerekese bulungi, bwe muba nga mukitegedde. Mukiraba? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale.

**352. Ow'oluganda Branham** (Kaakati tusigazza eddakiika kkumi.)—**Ow'oluganda Branham, gye tubeera tetulinaayo mubuulizi, naye tubeera n'olukuŋŋaana olw'okuwuliriza olutambi ku Ssande wokka. Abaana baffe tubatwale mu kkanisa endala gye baba basomera Ssande sukuulu? Enkuŋŋaana z'entambi zimala?**

216 Kati, ekyo leka kisinziire ku ngeri abaana bammwe gye beeyisaamu. Mukiraba? Kati, bwe muba ba kukwata baana bammwe, abakyali abato; mubeeko ekibinja ky'abantu gye mubatwala ebweru eyo, ekinaababpakiramu ebintu bye ba—bye ba—bye batasaanidde kumanya; ku lwange ssandikikoze. Bwe baba—bwe baba nga balabika nga abalina kye bayiga okuva mu kuwuliriza entambi n'ebirala bwe bityo . . . Ate mmwe, ka tugeze, ne mubatwala mu ekereziya Katolika, ne mubatwala mu ekereziya Katolika, ne mubatwala mu kintu bwe kityo; ekyo ku lwange ssandibawadde magezi kukikola. Mukiraba? Bwe baba nga . . .

217 Naye kaakati, bwe mubaayo n'ekkanisa ennungi eyo nga ob'olyawo erinayo ebintu nga bibiri oba bisatu bye mutakkiriziganyaako, nga abaana bammwe baagala kugenda kusoma Ssande sukuulu, nga abantu abo bantu abakkiririza mu Njiri enzijuvu, oba ekintu bwe kityo, kaakati, ekyo tekiriimu kabi konna. Naye mulabeeyo, naye bwe kituuka ku kuba nti . . . Kisinziira ku ngeri abaana bammwe gye bakitwalamu. Mukiraba? Mwetegereze abaana bammwe bye bakola, biki, engeri gye bakikwatamu.

**353.** Leka tulabe. **Bw'oba tolina kkanisa ya kugendamu, osobola okuwuliriza obuwuliriza entambi?**

Yee! Ekyo . . . Nna—nze . . . Ekyo tekirina mutawaana.

**354. Abaana bo kibeetaagisa okufuna obumanyirivu okuba n'Omwoyo Omutukuvu? Bwe—bwe—bwe balaba Obubaka obw'enkomerero, baba balina Omwoyo Omutukuvu?**

218 Buli omu ateekwa okufuna obumanyirivu! Abaana bo tebayinza kuyingira mu ngeri ndala yonna wabula mu ngeri y'emu naawe gy'oyingiramu. Mukiraba? Balina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Mu Bwakabaka bwa Katonda teri bazzukulu; bonna baana. Bateekwa okubufuna, bateekwa okufuna obumanyirivu ne Katonda okusobola okuyingira, nga

naawe bw'oteekwa okubufuna. Kati ka nsuubire nti nnaasobola okukyanukula. Kiri . . .

**355. Abaagalwa:** (Leka tulabe.) **Ebikwata ku Kyawandiikibwa mu Abeefeso 4:11 okutuuka ku 13, ffenna tufuna** (Ka tulabe.)—**okutuukirizibwa kwonna okw'abatukuvu tukufuna okuyita mu ntambi, oba tusaanye tubeere wano, ebirabo by'Omwoyo we bikolera n'obuweereza obw'enjawulo obw'ekkanisa, okutuyamba okututuukiriza? Emitima gyaffe gyakkirizza Ekigambo kya Mukama kyonna.**

219 Kati omuntu ono ava mu Oregon. Kati, mukwano gwange . . . omuntu ono ndabika mmumanyi. Mukiraba? Ye . . . O, weewaawo, mmumanyi, mazima ddala mmumanyi. O—omulenzi wo . . . Omuntu ono bw'aba waali wano, nkimanyi o . . . Bw'oba toliiwo, kyandiba nga kyabuuzibwa Ssande ewedde. Mukiraba? Kirabika kyabuuzibwa Ssande ewedde. Naye mutabani—mutabani wo avuga nnyonyi mu kitongole ekirabirira obutonde bw'ensi, mukiraba, era kiri . . . y'akola ku . . . Ali . . . Ndowooza ye yampita okugenda naawe okuyigga empeewo mu Oregon, gye . . . Era ndowooza kino kituufu. Kati, omuntu ono mmumanyi okuyita mu bbaluwa nga . . . kale n'olw'ensonga eyo . . .

Nedda! Baagala kujja wano mu kkanisa olw'okutuukirizibwa. Mukiraba? Tu—tusobole okussa ekimu fenna wamu wano mu kkanisa, naye okutuukirizibwa kujja wakati waffe ne Katonda. Omusaayi gwa Kristo gwe gututuukiriza mu Mwoyo Omutukuvu.

220 Kati, mu kkanisa agambye nti, " . . . mulimu ebirabo nga bikola." Kati, wano tetulinaawo birabo bingi nnyo ebikolera wano, naye tulinawo ebimu ku byo. Tulina ekirabo ky'ennimi, ne—n'ekirabo ky'obunnabbi (abantu nga babiri oba basatu).

221 Ndowooza ye Muganda waffe Higginbotham ono wano, wonna waali, alina ekirabo eky'okwogera mu nnimi. Era tulina ne Muganda waffe Junior Jackson ali naffe, naye ayogera mu nnimi. Tulina n'abalala nga babiri oba basatu abavvuunula ennimi. Ne Ow'oluganda Neville wano, omusumba waffe, ayogera mu nnimi oluusi n'awa n'obunnabbi, era Mukama amuwa . . .

222 Juuzi wano alina kye yayogera. Alina gwe yakubira essimu mu nnyumba mwe nnali, n'abaako omuntu gwe yawaako obunnabbi, n'amugamba nti omusajja omutamiivu ajja ku . . . wajja kubaawo enkyukakyuka ey'amaanyi ebaawo amangu ddala oba ekintu bwe kityo. Era omusajja oyo yaliko mu kibiina ekibudaabuda abatawaanyizibwa omwenge ekya Alcoholics Anonymous, naye era n'asigala nga mutamiivu, naye kati waakayita ennaku nkaaga mu munaana nga takwata wadde ku mwenge, oba okufuna eddagala erigumuggyako, oba ekintu kyonna. Yali Waaluganda Neville ye yamuwaako obunnabbi.

223 N'olw'ekyo tu. . . Tulina ebimu ku birabo eby'enjawulo nga bikolera mu makkati gaffe, era tujja kusanyuka nnyo okussa ekimu n'omuntu yenna ku mmwe, alina engeri yonna, nga okola, oba nga wandyagadde okujja okussa ekimu naffe, ekintu kyonna kye tusobola okukola, tuli basanyufu nnyo okukikola. Mukiraba? Naye kati okutuukirizibwa Kristo y'akuleeta.

Kati, leka tufuneyo, ekibuuzo ekirala nga kimu oba bibiri.

**356. Ow'oluganda Branham, osobola okutuyamba n'onnyonnyola ekifaananyi ekyakwatibwa Ow'oluganda Arganbright? Ekibuuzo ekisooka: eky'okubiri ku—ekifaananyi eky'okubiri ekiri ku kisenge, ekitangaala ekyali kikwetoolodde, omusipi, n'ebirala.**

224 Kale kati, oba mbagambe ki. Baateekako amannya gaabwe, naye mu kaseera kano tebaliiwo. Ekyo tukitegeera. Ye Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Jackson okuva e South Africa; bazzeeyo. Kale ekyo tukitegeera; tukinnyonnyodde.

**357. Ddi ekkanisa lw'eri. . . Ddi ekkanisa abo a. . . aba** (a-b-. . .) **abaafa mu kiseera ky'ekibonyoobonyo ne baz-. . . balizuukira ddi? Nabo balirindirira okutuusa okuzuukira kw'abatatya Katonda lwe kulibaawo? Baliddamu ne babeera balamu mu kiseera eky'okufuga okw'emyaka Olukumi?**

225 Kati, ekyo kibuuzo kirungi. Kyetaagisa ekiseera kiwanvu okusinga kye nnyinza okukiwa, naye leka ndabe oba nga nsobola okukikwatako. . . Mukiraba? Sinnaba. . . Nnaakaanukula kyenkana ebitundu bibiri ku bisatu eby'ebibuuzo nnaakatandikira kubyanukula enkya ya leero, waakayita essaawa bbiri. Bingi nnyo toyinza kubimalayo. Mukiraba? Ate nga njagala nnyanukule bingi nnyo ddala nga bwe nsobola, lwakuba ssiraba wa we biri. Nkimanyi waliwo ebirungi ddala wano nabyo ebirina okumanyibwa, nga okunnyonnyola ezzadde ly'omusota, n'ebirala bwe bityo; naye ŋŋenda kwanguwako nkiyitemu mu bwangu ddala.

226 "Abo abali ekitundu ku kkanisa eyafiira mu kiseera eky'ekibonyoobonyo (mukiraba?) balibeerayo mu kuzuukira?" Mu kuzuukira okw'okubiri, mu kuzuukira okw'okubiri.

227 "Nabo balirinda okutuusa okuzuukira kw'abatatya Katonda lwe kulibaawo?" Abatuukirivu n'abatali batuukirivu bonna balizuukizibwa mu kiseera kye kimu.

228 "Baliddamu ne babeera balamu mu kiseera eky'okufuga okw'emyaka Olukumi?" Nedda! Abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwa. Kati, okwanukulwa okwo kumpi nnyo, naye nkakasa. . .

**358. Pawulo ategeeza ki bw'ayogera ku mirembe n'eddembe mu Kristo? Kitegeeza ki okuba nga wasumululwa okuva mu busibe bw'amateeka?**

229 Kitegeeza, tofugibwa mateeka. Nga, okugeza, wano waliwo ekintu kye kimu; ŋŋenda kukinnyonnyola mu ngeri eya bulijjo, mangu ddala. Okugeza, ebweru wano waliwo etteeka erigamba nti, bw'obeera ku luguudo, osobola kuvuga supiidi ya mayiro amakumi asatu buli ssaawa. Kale kati. Kati singa nvuga supiidi ya mayiro amakumi ana buli ssaawa, etteeka liba linvunaana. Naye bwe nvuga supiidi ya mayiro amakumi asatu buli ssaawa, etteeka liba terinvunaana. Mukiraba? Eryo ly'eddembe mu Kristo (mukiraba?), kye kintu kye kimu.

230 Obeera tofugibwa mateeka kasita...Bwe mba sibba, sirimba, sinywa ssigala, sikola bwenzi, oba ekimu ku bintu ebyo, mba sifugibwa tteeka lyonna. Mukiraba? Ndi wa ddembe okuva eri amateeka; ndi mu Kristo.

**359. Enkola y'ekizaalaggumba ogirowoozaaako ki?**

231 Ebimu ku bibuuzo bwe bityo bimbuuziddwa mu bantu be nsisinkanye enkya ya leero. Nnandyagadde ne njogera naawe nga omuntu ku—ku bintu ebyo (mukiraba?), ku bintu ebyo, kubanga waliwo ebigambo n'ebintu ebimu bye mba nnina okwogera, bye nna...nnandyagadde okwogera singa omwami n'omukyala...

232 Kati waliwo engeri entuufu gye kisobola okukolebwamu. Eyo yo, nsobola, n'okugyoogera eri bonna. Waliwo ennaku nnyingi nnyo mu bulamu bw'omukazi mw'atasobolera kufuna lubuto. Mukitegeera? Kale. Lwaki...

233 Kati, oluusi wabaawo ebiseera—nga omwana asobola okutta omukazi; nga ssinga aba wa kuzaala mwana aba ajja kumutta. Kati ebiseera bwe bityo nabyo mulina okubyegendereza. Mukiraba? Kale ensonga eyo mugyegendereze nnyo. Mukiraba? Mukiraba, okwo kuba kuleeta bulamu, kale y'ensonga eyakuteesa wano ku nsi okukola.

234 Mukyala wo bw'aba n'obulwadde obw'engeri emu, nga singa aba wa kuzaala mwana, mulala, ayinza okumutta, bwe—bwe—bw'abeera nze ssandikikoze. Ssirowooza nga Mukama yandyagadde okikole. Naye jangu o—onsisinkane ku nsonga ezo; tuzoogereko nga tuli ffekka. Leka nkusisinkane njogere naawe (mukiraba?) nga nsobola okuwulira...

235 Mulaba, buli muntu, nsobola okukimanya nti annimba oba tannimba. Mukiraba? Baŋŋamba ebintu bya njawulo. Njagala waakiri ne nkulaba ne...Mukiraba? Kubanga bw'okyogera obwogezi bw'oti, toyinza kumanya. Kubanga waliwo abantu kinnomu n'ensonga endala bwe zityo; naye wali mba nsobola okukimanya, oba nga boogera mazima oba nedda. Mukiraba?

**360. Lwaki—lwaki Ssetaani alisumululwa okumala akaseera oluvannyuma lw'emyaka olukumi egy'omu Kubikkulirwa 20 ne 3, ne Kubikkulirwa 20:27?**

236 Ensonga lwaki alisumululwa? Alisumululwa asobole okugenda akuŋŋaanye abantu be mu kuzuukira okw'okubiri,

kubanga ne Ssetaani alina o—okusalirwa omusango. Mukiraba? Alina okusingisibwa omusango.

Ha abaffe, kino ki—kitabo kiramba eky'ebibuuzo. Ssikkiriza. . .Waliwo wano n'ebbaluwa endala ejjuddemu ebibuuzo. Kati leka nfuneyo bye nsobola okwanukula mu bwangu, ennyo, ddala wano.

**361. Ow'oluganda Branham, nkusaba onnyonnyole Ebikolwa by'Abatume essuula ey'o 9 n'olunyiriri olw'o 7 n'Ebikolwa by'Abatume 20. . .Ebikolwa by'Abatume olunyiriri olwa 22.** (Nsaba okimbikkulire, Ow'oluganda Neville.) **Nkusaba onnyonnyole Ebikolwa by'Abatume essuula ey'o 9 n'olunyiriri olw'o 7.**

237 Kati, ekyo nga bw'akibikkula, leka ndabe oba nsobola okufunayo ekirala kye nnyanukula mangu nnyo. Mukooye? Nkimanyi mukooye.

**Nkusaba onnyonnyole ekyama ky'okuwaanyisibwa kw'Omugole. Engeri gye kiribaawo n'ekifo, eyo, Omugole gy'agenda.** Ebyo si bibuuzo birungi nnyo? Ebyo birungi nnyo. Nsobola okuyimirira wano olunaku lwonna. . .

Musooke mulindeko katono, olunyiriri. . .Ebikolwa by'Abatume 9 olunyiriri olw'o 7. Weebale nnyo, Ow'oluganda Neville. Essuula ey'o 9 n'olunyiriri olw'o 7:

*Naye* eyali *atambula naye ne bayimirira nga basamaaliridde, kubanga bawulidde eddoboozi, naye ne batalaba muntu.*

238 Kati, gy'olaga mmanyiyo. Okiraba? Kati, awaddako wagamba nti ba. . .wakontana na wano. Kati, si—ssimanyi kyabaawo awo. Siyinza kukugamba nti kino, kubanga awaddako walaga nti baawulira. Awamu, wagamba nti tebaakiraba, ate awaddako, ne wagamba nti baakiraba naye tebaakiwulira. Ekyo bameka abaali bakirabye mu Bayibuli? Nange nnakiraba, naye ssisobola kukinnyonnyola. Mukiraba? Nze. . .Mukama alina kusooka kukimbikkulira. Nna—nnaakava okubagamba, nti nnina okubeera omwesimbu gye muli. Mukiraba? Ssimanyi. Munsonyiwe. Bwe mba ssisobola kukinnyonnyola, nja kuba mwesimbu ekimala okubagamba nti ssisobola. Wabula si—ssijja kweŋŋanga kukikwatako nga—nga ssikimanyi.

239 Ekyo sisobola kukinnyonnyola, kubanga awamu kigamba nti Ekitangaala baakiraba naye Eddobozi tebaaliwulira, oba ekintu bwe kityo; ate awaddako ne kigamba nti, baalaba e. . . baawulira Eddoboozi naye Ekitangaala tebaakiraba. Ssisobola kukinnyonnyola. Mukiraba? Ssi—ssimanyi kyabaawo, era ssijja kukimanya okutuusa nga Mukama akimbikkulidde; nga bwe ssaasobola kubabuulira bikwata ku kufumbiriganwa na kwawukana. Nnali ssimanyi okutuusa lwe Yakimbikkulira.

240 N'enkya ya leero, Mukama Katonda, Omutonzi w'eggulu n'ensi akimanyi nga gano mazima, enkya ya leero Yamalirizza ekintu kyonna, ng'antegeeza ebikwata ku kufumbiraganwa n'okwawukana. Ekyo bwe kiri. Y'ensonga lwaki ŋŋamba nti, byonna leka mbikuŋŋaanye wamu. Noonyereze . . .

241 Bwe wabaawo ekimu ku bintu nga ebyo okugeza nga eky'ezzadde ly'omusota, bwe kyannyanjulirwa, sa—ssaasobola kukiraba, nga sirina n'ekimu kye ndaba; naye nnasigala nkirondoola, era ekyaddirira . . . Kati obeera olina okweyawula n'obeera wekka, olwo Omwoyo Omutukuvu n'atandika okukibikkula. Kati, njagala wabeewo agezaako okukinenya. Mukiraba? Tebasobola kukikola.

**362. Nkusaba onnyonnyole ekyama ky'okuwaanyisibwa kw'Omugole.**

242 Kitegeeza kukyusibwa, mukiraba, okw'emibiri gyaffe. Kati, leka tukozese *gyaffe*. Ekyo bwe nkyogera mutegeera kye ntegeeza? Ssigenderera kuvvoola. Ssitegeeza kugamba nti *egyaffe*; ssitegeeza kkanisa eno; wabula ntegeeza buli mukkiriza yenna.

243 Ibulayimu, yali alindiridde omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa, gwe yali yasuubizibwa. Si bwe kiri? Bw'etyo n'Ekkanisa erindiriddde Omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa. Omugole (si bwe kiri?), Omugole alindiridde Omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa.

244 Saala ne Ibulayimu bwe baali tebannafuna mwana ow'obulenzi eyasuubizibwa, emibiri gyabwe gyalina okusooka okukyusibwa. Si bwe kiri?

245 Omukazi yali mukadde nnyo nga tayinza kufuna mwana. Yali takyalina mata mu misuwa gy'amabeere ge; amabeere ge gaali gaakala. Enda ye yali tekyavaamu maggi; yali takyasobola kufuna lubuto. Nga tasobola kuzaala mwana; nga omutima gwe gukaddiye nnyo takyayinza kugumira bisa. Kaakati kiki ekyabaawo? Katonda Yamukyusa n'addayo n'abeera omukazi omuvubuka. Ne Ibulayimu Yamukola ekintu kye kimu, kubanga Yagamba nti omubiri gwe kyenkana gwali nga omufu. Mukiraba? N'olwekyo Yalina okukyusa emibiri gyabwe okusobola okufuna omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa.

246 Naffe olwa leero tetuyinza kufuna Mwana ow'obulenzi eyasuubizibwa eyatusuubizibwa mu mibiri gino mwe tuli; emibiri gino kibi.

247 Omuntu ono asooka afuga omubiri guno nga akozesa okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, wamu n'okuwulira, era ffena yatutabangula; tukubaganya ebirowoozo n'ebirala byonna. Naye omubiri ogwo omuggya, oguva mu guno bwe guzaalibwa obuggya (si omuntu ono asooka, oyo ajja kuggwaawo) . . . Kibeera kintu kiri ekiri munda muli kye kibeera

ekiramu. Ekyo buli akitegeera gamba nti, “Amiina.” [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.]

248 Si muntu ono ow’okungulu alaba, n’alega, n’awulira, n’awunyiriza, n’awulira. Ssi oyo. Oyo okufa kumulinako obuyinza era ajja kufa, naye ekitundu kyo kiri eky’omunda, ekiri mu buziba, munda, oyo ye, muntu atasobola kufa. Okiraba? Era oyo ye muntu obulamu obuggya mwe butandikira, okuva mu kuzaalibwa obuggya kuno; ne kuzimba omuntu omulala mu kifaananyi ky’omuntu ono gw’oli, okwetooloola obulamu obwo. Mukitegeera?

249 N’olwekyo mu ngeri emu obulamu obwo mwebuli munda wano, era obulamu obwo kye kiki? Kye Kigambo ekyasuubizibwa nga ensi tennabaawo. Era ku nsonga eyo, guno gwoleka bwolesi kifaananyi; guli gujja kwolesa ekyannamaddala kyennyini, Ekigambo. Mukiraba? Era ky’ekintu kye kimu ekiri . . . manya, n’okuwaanyisibwa kw’Omugole kujja kuba ekintu kye kimu. Ekigambo ekikulimu, omubiri gujja kufuuka ekintu ekyannamaddala okwetooloola Ekigambo ekyo, nga ekintu kye kimu ekyakolebwa ku Saala.

250 Nga tannaba . . . Omubiri guli omukadde gwe yalina, omubiri guli ogwasooka, gwalina okukyusibwa okusobola okuzaala omwana. Mukifuna? Omubiri guli gwali tegusobola kukikola. N’omubiri guno tegusobola kukikola, n’olwekyo guliba gulina okukyusibwa mu ngeri y’emu okusobola okufuna Omwana.

**363. Kiribaawo kitya, era ddi lwe . . . ludda wa . . . Omugole alaga wa?**

251 Agenda mu Kitiibwa, mu Ggulu olw’Ekijjulo ky’Embaga, mu kifaananyi kyennyini ekyoleka ekyaliwo wakati wa Isaaka ne Lebbeeka, Lebbeeka bwe yagenda okusisinkana Isaaka. Mujjukire Erieza, nga wano y’akiikirira obubaka obwava ewa Ibulayimu, Erieza yagenda afunire Krist- . . . afunire Isaaka omugole. N’asanga Lebbeeka omulungi mu kiseera eky’akawungeezi nga obudde buwewedde, akawala akaalina olususu olwa langi enzirugavu, akajja keetisse ensuwa. Kati Erieza yasaba, n’agamba nti, “Ayi Mukama Katonda, nkusaba ompe olugendo olulungi n’obuwanguzi ku lwa mukama wange, Ibulayimu.”

252 Era yamugamba nti, “Genda, mutabani wange tomutwala mu Bafirisuuti; omukazi gw’anaawasa tomuggya eyo.” Genda erudda wano mu bantu be, ekiraga nti Omugole wa Kristo ne Kristo oluganda olubagatta lwa musaayi, kubanga Lebbeeka ne—ne Isaaka buli omu yali kizibwe wa munne.

253 Bwe batyo ne bagendayo, ne wajja omuwala omulungi ono Lebbeeka n’asena amazzi; omuddu n’asaba; omuwala n’awa eŋŋamira amazzi n’ebirala bye yakola. Era okuva awo, mukiraba nti Lebbeeka yalina . . . Akalulu kaamaliriza kagudde ku Lebbeeka. Omuddu n’asaba kitaawe w’omuwala amuwe

omuwala; n'asaba nnyina w'omuwala amumuwe; naye ku bombi tekuli yakkiriza. Nga baagala agire nga akyaliwokko. N'abagamba nti, "Temunziyiza ku mulimu gwange."

254 Era Lebbeeka yalina okukola okusalawo, kubanga yagamba nti, "Omuwala; leka y'aba asalawo."

255 Era olwali okumubuuza bati, mangu ddala n'asalawo; n'agamba nti, "Nnaagenda." Ne yeebagala eŋŋamira n'agenda okusisinkana. . . Mulabeeyo, eŋŋamira yennyini gye yanywesa amazzi y'eŋŋamira y'emu eyamwetikka okugenda eri omugole we omusajja n'eri obuwanguzi bwonna bwe yatuukako. Era eŋŋamira yennyini, amaanyi gennyini aga (ensolo eyo mu Bayibuli kibeera kifaananyi ekyoleka amaanyi). . . Era Amaanyi gennyini ge tunywesa amazzi era ge tutendereza (Amiina! Mukiraba?), amazzi, obulamu, ge tutendereza, Ekigambo, kye kintu kyennyini ekitwetikka ne kitutwala mu nsi ey'Ekitiibwa okusisinkana Omugole omusajja. Yee, ssebo! Amiina!

> Tulindiridde okujja kw'olunaku olwo olw'Okufuga okw'emyaka olukumi okw'essanyu,
> Mukama waffe ow'omukisa lw'alijja, n'atwala Omugole We alindiridde.

256 Era mujjukire nti, Isaaka yali avudde mu weema nga ayimiridde wabweru mu nnimiro nga afumiitiriza mu kaseera ak'olw'eggulo nga obudde bugenderedde. (Amiina!) Bwe yalengera Lebbeeka nga ajja. . . Kati omuwala yali tamulabangako nga n'omulenzi tamulabanga ku muwala, naye buli omu yayagala munne olwali okulabagana bati. Omuwala yayagala omulenzi, n'omulenzi n'ayagala omuwala, ate nga omuwala n'okwebikkirira yali yeebikkiridde. Amiina! Ha, bannange!

257 Naye mulabeeyo, omuwala bwe yalaba omulenzi, omutima gwe gwajjula essanyu. Yali tamanyi n'ani gwe yali agenda kufumbirwa, naye olw'okukkiriza. Amiina! Era—era—mujjukire, nti Yesu alirekayo Obwakabaka, era tetulimusisinkana mu Kitiibwa, wabula tulimusisinkana mu bbanga, wakati w'eggulu n'ensi, awagaziyizibwa okutununula. N'omulenzi yasisinkana Lebbeeka wakati, nga ku ludda olumu waliyo amaka g'omuwala ate ku ludda olulala amaka g'omulenzi. Amiina! N'amutwala n'amuyingiza mu maka gaabwe n'amuwasa, n'asikira buli kimu kitaawe kye yalina. Amiina! Ha, kyali kiyitirivu, kyali kiyitirivu okukamala. Kale.

Ekibuuzo: **Katonda ayawula omusajja n'omukyala mu. . .?**

258 Kino leka—leka nneme kukisoma. Mukiraba, mukiraba? Ki—ki. . . kyandinneetagisa okubaako kye njogera. Mukiraba? Mwenna mbamanyi, naye bino—bino—bikwatibwa ku lutambi (mukiraba?), kale, ki—kisingako ne nkireka. Kibuuzo ekikwata ku. . . Ggwe wenna eyakiwandiise, okimanyi; naye ki—kisingako

ne nkusisinkana nga tuli ffekka. Okiraba? Leka nneme ku. . . Sirowooza nga ddala kinaalabika bulungi okukisoma. Mukiraba? Tekirina—tekirina buzibu, yenna eyakibuuzizza, tekiriiko buzibu; yabuuzizza ekibuuzo eky'ensonga, naye ndo—ndowooza kyandibadde kirungi ansisinkane mu buntu nga tuli fekka. Mmwe mulowooza mutya? Yenna eya. . . Weemanyi, wenna eyabuuzizza.

259 Ha, bannange! Ha, obudde bwaffe twabumazeeko dda, bannange. Tu—tutere tumalirize tu—tugende tulye eky'emisana kyaffe. Budde bwenkana wa bwe mmwagala mmale wano. . . nga nnyimiridde? [Waliwo agamba nti, "Olunaku lwonna."—Omuk.] Ha, bannange, bannange! Naye kati leka tu—leka tu, mungumiikirizemu, eddakiika ntono nnyo. Bwe wabaawo alina okugenderawo amangu ddala, toganya mmere yo kusiriira. Naye bw'oba—bw'oba. . . Nze ndowooza nja—nja kulya ku wooteeri ya Blue Boar, oba ku ya Pryor, oba mu kimu ku bifo ebyo, era ndowooza tebajja kubateganya. Naye bw'oba olina okugenda, Katonda akuwe omukisa; nkitegeera. Mukitegeera? Ŋŋenda kwanukulayo nga, *bino* ŋŋenda kubiteeka wano wennyini, era bye byokka bye ŋŋenda okwanukula. Kale ŋŋenda—ŋŋenda kwanukula, *bino* eno, ndowooza, bijja kutwala eddakiika endala nga kkumi na ttaano, bwe mbimala, mbasiibule ŋŋende.

**364. Nnina bawala bange babiri abaafumbirwa abasajja mu** b-i-b-i. . . **era bakkiriza Obubaka buno. Ba. . . mu bibiina by'amadiini,** (Ekyo bwe kiri.)**, era bakkiriza Obubaka buno era babunywereddeko, naye basanze. . . Bakole batya? Basanze okulwanyisibwa. Tukole tutya?**

260 Munyweze kye mukkiriza! Temugeza okuseguka. Mubalage kye mmukkirza. Bwe kiri; temubakkiriza kubawangula. Nedda, ssebo! Ssigamba, nti temugenda mu nkuŋŋaana zaabwe, kussa kimu, oba ekintu bwe kityo, kasita muba nga musobola okussa ekimu; naye bwe kituuka ku kukyusa ekika ky'emmere, mukimanyi bulungi, nti ejjiba terirya na nsega.

**365. Ow'oluganda Branham, bambi nkusaba onnyonnyole Makko 13:27? N'ekirala, Ow'oluganda Branham, ate abantu abali mu Kubikkulirwa 20:7 ne 9, kiki. . . abakola olutalo n'abatukuvu? Bava wa? Walibaawo abalisimattuka ne basomoka nga bwe gwali ku—ku b'omu maka ga Nuuwa?**

261 Okubikkulirwa 13 manya. . . Nedda. Makko 13:27, Ow'oluganda Neville. Okubikkulirwa 20. Bayibuli yo ogirina awo, Ow'oluganda Capps? Okubikkulirwa 20, era kirabika kiri mu lunyiriri olw'o 7 n'olwo 9. Ndowooza, nga bwe bakinoonya. . . Kiikino, ono ekikye akifunye. Okubikkulirwa, kkozi ekyo kibadde kyawandiikibwa ki? Makko 13:27, 13:27.

> *Awo n'alyoka atuma bamalayika be, era. . . alikuŋŋaanya abalonde be okuva mu mpewo ennya,* era

ali. . .n'okuva *ku* nkomerero z'*ensi* oku. . .n'*okutuusa* ku nkomerero z'*eggulu*.

. . .ku nkomerero *z'ensi* okutuusa ku nkomerero z'*eggulu*.

262 Ekyo kyogera ku kuzuukira, okuwaanyisibwa, okugenda waggulu. Alituma bamalayika Be okukuŋŋaanya. Mwali mwebuzizzaako bamalayika abo be b'ani? Huh? Babaka. Alibakuŋŋaanya wamu, alibakuŋŋaanya wamu (Mukiraba?) abaleete wamu, abasibe wamu okuva ku nkomerero z'ensi okutuusa ku nkomerero z'Eggulu, Ekigambo ekyali, nga kaakano kirabisiddwa ku nsi. Mukiraba? Mukitegeera? Ekigambo kyayogerwa; kaakano kiikino wano nga Kirabisiddwa. Mukiraba? Kale, Ow'oluganda Capps. Leka tulabe.

*Awo, emyaka egyo olukumi bwe gyaggwaako, Ssetaani* n'a. . .*n'alyoka asumululwa mu kkomera lye,*

263 Kale. Ekyo nnaakamala okukinnyonnyola, ssi bwe kiri, nga bw'alisumululwa okuva mu kkomera lye emyaka olukumi bwe giriba giweddeko?

Kale, nninawo ekirala wano eno. Munnindemukko katono.

**366. Ow'oluganda Branham, ebintu ebyantuukako yali Katonda, oba byava ku bye nnakola, bwe** (n-n-. . .) **nnakemebwa. . .? Kyava ku. . .?** (Labayo oba kino osobola okukitegeera. Empandiika nnungi, naye okusoma kwange si kulungi kiri awo. Kigamba ki awo?. . .?. . .Ekyo si—ssirowooza nga nsobola okukyanukula. Nze n'Ow'oluganda Capps kitulemye okutegeera. . .Kigamba,) **Kyali. . .?** (Okuggyako nga—nga yali. . .bw'aba yali mujjanjabi. Kyekuusa ku mulimu gwa bwa nnansi.) **Katonda ye yakikola nze okulekera awo omulimu gw'obwa nnansi, oba yali nsobi yange?**

264 Ssiyinza kumanya. Ku nsonga eyo nnandisabye onsisinkane mu buntu. Okiraba?

Kati, okubeera nnansi mulimu gwa ttendo, okubeera nnansi. Nnyinza okugamba nti. . .Kati, eyabuuzizza teya. . . ekyo simala gakyesammula kukizza ku bbali kugamba nti ssijja kukyanukula, kubanga kya nsonga nnyo eri omukazi oyo nga ekibuuzo kyo bwe kiri eky'ensonga gy'oli oba ekyange bwe kiri eky'ensonga gyendi. Mukiraba? Naye kati, ono bw'aba—bw'aba nna—nnansi eyava ku mulimu n'alekulira kubanga waloowoza nti tokkirizibwa kukola. . .Kati, ku lwange ndowooza nti omulimu gw'obwa nnansi kulina kubeera kulaga kusaasira. Mukiraba? Olina okulowooza ku kubaako ne ky'okola, nga omusawo.

265 Omusawo nga ddala musawo omulungi, ajja kuyamba omuntu nga tafuddeeyo oba alina yadde ennusu oba talina,

omusawo yennyini omutuufu. Mukiraba? Era ndowooza nti n'omuweereza, oba omuntu yenna, obuweereza bwaffe bulina kuba bwa kuyambagana, olw'ensonga y'okwanguyiza omulala obulamu.

266 Na. . .Bwe baŋŋamba nti, nnina okusasulwanga ddoola kikumi buli wiiki nga omusaala okuva mu kkanisa eno, eky'amazima, kyabula kata kinzite. Kati. . .Muky. Wilson, mmanyi, era ndowooza ne mutabani we, n'abalala abatudde wano, mujjukira wayiseewo emyaka egiwerako, nnabuuliranga wano okumala emyaka kkumi na musanvu naye nga ssaatwala yadde ennusu mu bulamu bwange bwonna. Buli kasente konna, buli ssente ze nnakolanga, nnazireetanga ne nziteeka mu kkanisa. Mukiraba? Kale bwe baŋŋamba nti nnina okusolooza ssente mu bantu okusobola okubeeranga mu nkuŋŋaana zino, katono kintabule. Mukiraba? Weewaawo, nzikiriza tekiriimu kabi konna, naye nze nga nze (mukiraba?), ssaagala kintu kyonna, ssaagala ssente, ekintu kyokka kye njagala gwe—gwe—gwe mukwano gwammwe n'okulaba nti tuliko okuganja kwa Katonda.

267 Mba—mbaagala (mukiraba?), mbaagala, era njagala mubeere batuufu; era nange njagala mbeere mutuufu. Era nja—njagala munzikirize; nange mbakkirize. Kale bw'ojja gyendi n'ekibuuzo, njagala mbeere mwesimbu gy'oli. Era bwe mbaako ekintu kyonna kye nkugamba mu Linnya lya Mukama, njagala okolere ddala ekyo kyennyini kye mba nkugambye. Toseeseetuka ya—yadde akatono bwe kati okukivaako, era ndowooza awo tujja kutambula bulungi bwe tunaakola bwe tutyo. Mukiraba? Kati awo eri, abalala. . .

268 Kale kati, bwe guba mulimu gwa kubeera nnansi. . .Era ndowooza nti bw'obanga, mu mutima gwo owulira oyagala kubeera nnansi. . .Kati buli omu tayinza kubeera nnansi. Nnansi abeera muntu omukkakkamu era ow'ekisa eri abantu, era ha, ndowooza ku nnansi yennyini. . .Bw'oba wali obaddeko mu ddwaaliro nga oli mulwadde, oba ekintu bwe kityo, bw'olaba nnansi yennyini ddala omulungi ajja n'akuwummuza omutima n'otebenkera, oba embeera ey'engeri eyo. . .

269 Nnalongoosebwa ku mulundi guli lwe nnakubwa essasi; nnalina okugenda mu ddwaaliro. Waaliyo nnansi omulungi, gwe nnakazaako erya "Sweet Pickles," kubanga lubeerera yabeeranga ne cukamba mu kamwa ke, gwe yabanga alya. Bw'atyo bwe yabeeranga. Kati nnali wa myaka nga kkumi n'ena, nga nnali nkubiddwa essasi. Kati naye yali akyali muwala muto bw'atyo, era ya. . .obugulu obwo obumpi, bwonna kyenkana obwali bubetenteddwa nga bulengejja bwe butyo, naye yanzizikanga akatto erudda *eno* n'akatto akalala erudda *eri*; era ekiseera kyonna yabeeranga annyamba. Era muli nnabeeranga ndowooza (nnali nkyali kaana kato)—naye nnabeeranga ndowooza nti singa nsobola okumuwasa, kubanga

yali—yali wa kisa nnyo era yali mulungi gyendi. Kale nze. . . Ekyo. . .mukiraba, ekyo kirina kye kitegeeza (mukiraba?) okubaako ky'okola.

**367. Nnina ekibuuzo kye njagala okubuuza. Ekisooka: Paajama z'abakazi. . .** (Kati, musooke mulindeko; leka nsooke nkisome. . .?. . .Nedda, kino tekirina buzibu). **Paajama z'abakazi zigwa mu kiti ky'ebyambalo by'abasajja?**

270 Abaffe, toŋŋamba nti tebayinza kukubuuza bibuuzo bikakali. Ssimanyi. Ku ekyo ŋŋenda kukuleka ggwe oba osalawo. Tosaanye kwetawulira mu bantu nga ozambadde; ekyo waakiri nki—nkimanyi. Kale bwe kiba bwe kityo zisobola okuba, naye mu. . .ku ky'okugenda okwebaka si—si—ssimanyi. Ekyo nakyo ŋŋenda kukyesonyiwa.

Nnabagambye ŋŋenda kubeera mwesimbu bwe mba ssimanyi. Ssigenda kukiteekamu ndowooza yange (kale), okuggyako nga mwandyagadde endowooza yange. Eyo bwe muba mugyagala, nsobola okugibabuulira. Mukiraba?

Kati mujjukire, si. . .te—te. . .Kino kisobola okuba ekikyamu mayiro akakadde akalamba. Ndowooza kyandirabise bulungi okwambala olugoye olusulwamu. Naye—naye bw'oba—naye bw'oba. . .Naye ekyo kiri gy'oli. Kati, ekyo ssiyinza—ssiyinza kukikugamba, kubanga ssisobola kukikakasa. Kaakati, eyo—eyo—eyo ndowooza yange, ebyo si Bibye, ekyo mukijjukire. Mukiraba?

**368. Kikyamu okukomola enviiri z'omukazi gye zisemba?**

Ekyo nzikiriza twakamala okukiyitamu eddakiika ntono ezaakayita (mukiraba?), ekikwata ku bu. . .ndowooza babuyita obuntu obwo—obwo obubeera bulengejja bwe butyo. . .

**369. Ow'oluganda Branham, ku lumu ku ntambi z'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa wagamba nti Yuda yali yaggyibwako omusango, era yatukuzibwa. Bino byali bituufu. . .**(Ekyo kibuuzo kirungi nnyo.)**. . .nnyonnyola. . . ddala obwo bwali bumanyirivu obutuufu obw'ekisa kye yafuna? N'ekirala wagamba nti Yuda erinnya lye lyali mu Kitabo ky'Obulamu, ate nga, tukimanyi nti yagenda magombe era yabula. Erinnya ly'omuntu liyinza litya okuba mu Kitabo ky'Obulamu ate n'abula? Oba lwaki Katonda ateeka amannya g'abantu ku Kitabo ky'Obulamu ate nga Akimanyi nti bajja kukomekkereza babuze?**

271 Kaakati ekyo kibuuzo kirungi nnyo, si bwe kiri? Kaakati, kino kigenda kuba kirungi. Kati, ŋŋenda kwesigama bwesigami ku Mukama kino okukyanukula kubanga ngezaako okukitegeera, manyanga, okukinoonyereza. Mulabeeyo! Ekisooka, mu. . .makanisa ge twayigako, nnakyogera nti Yuda erinnya lye lyali mu Kitabo ky'Obulamu. Ekyo kituufu. Ekyo tukimanyi, kubanga Yesu yabagamba bonna bwe baali batumibwa (Matayo 10), okugoba dayimooni, okubuulira

Enjiri, nti mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa; ne bakomawo nga basanyufu, kubanga dayimooni zaabagondera. Si bwe kiri? Yesu n'abagamba, n'Abamenya amannya (bonna nga bwe baali, abaatumibwa); ne bakomawo nga kuliko ne Yuda Isikalyoti eyamulyamu olukwe... Mukiraba? Ne bakomawo nga basanyuka, kubanga dayimooni zaabagondera. Kati, mukiraba, endowooza yo gye baalina awo yali nkyamu. Mukiraba? Toteekwa kusanyuka mbu kubanga nnina amaanyi okugoba ssetaani. Mukiraba? Ekyo toteekwa kukikola, oteekwa kusanyuka kubanga wafuna ekisa ekimala okusobola okulokolebwa. Mukiraba, mukiraba? Toteekwa kusanyuka... Abantu bwe batyo bwe ba...

272 Ebiseera ebisinga abantu ababeera n'ebirabo be bantu abatayagala birabo. Mukiraba? Pawulo yagezaako okukidduka, ne Musa. Abakulembeze ab'amaanyi bwe batyo bagezaako okudduka okwewala omulimu; babeera bamanyi kye boolekedde. Katonda...

Mukiraba, bw'osanga omuntu lubeerera agamba nti, "Ayi, Mukama, nzijuza amaanyi, nja kugenda, ngobe zi dayimooni." Talikikola. Katonda amanyi bulungi obutamala geesiga muntu kika ekyo. Mukiraba? Abeera talikikola.

273 Naye abeera muntu oyo atakyagalira ddala n'akatono. Mukiraba? Oyo ye oluusi muntu Katonda gw'asobola okutwala n'abaako ne ky'amuyigiriza. Mukiraba?

Kale kati, Yuda yakomawo nga asanyuka, bonna baasanyuka, kubanga amannya... N'abagamba nti, "Temusanyuka kubanga dayimooni zibagondera, wabula musanyuke kubanga amannya gammwe gaawandiikibwa mu... mu Kitabo ky'Obulamu." Kaakati, bwe weetegereza n'osoma ne mu Danyeri. Ba-... Mukiraba?

Eky'okubanga erinnya lyo liri mu Kitabo ky'Obulamu (eky'okubanga liri mu Ggulu, erinnya lyo limanyiddwa), era ekyo tekitegeeza nti walokoka. Mukiraba? Obeera tonnakyusibwa, okutuusa nga ofunye Omwoyo Omutukuvu. Ekyo mukijjukire. Obeera bubeezi na busobozi bwa kukyusibwa. Mukiraba? Naye obeera tonna...

274 Ssi—ssinga onsaba omuti o—omusikamooli, naye ne nkuwa ekibala kyagwo, mu ngeri emu obeera olina omuti omusikamooli, mu ngeri emu, naye nga tegunneezaala kulabisibwa. Eyo y'ensonga lwaki nzikiririza mu bukuumi nga bwe mbukkiriza.

Ssinga nsa—nsaba okufuna omusiri gwa kasooli, ne ndaba kasooli nga yenkana nga wano obuwanvu, mu ngeri emu, mba nnina omusiri gwa kasooli. Naye abeera tannakula, wasobola okubaawo ekintu kyonna. Mukiraba?

Kati, oli mu lugendo lwo nga oyita mu kuggyibwako omusango n'okutukuzibwa okutuuka lw'onoobatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Naye bw'obatizibwa ddala n'Omwoyo

Omutukuvu, obeera mu Bwakabaka munda. Kati, oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kituufu?"

275 Kati, mu kaseera kano ssirina budde bumala kukuwa Kyawandiikibwa; ojja kukinoonya nga ozzeeyo eka, kubanga ssimanyi . . . mu birowoozo byange. Nnina okusooka okukinoonya wano mu nkuluze yange ey'ebyawandiikibwa. Yesu yagamba Peetero, eyali yalokoka era nga yatukuzibwa . . . Yakkiriza Yesu, n'atukuzibwa. Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 17:17, Yesu yagamba nti, "Batukuze, ayi Kitange, okuyita mu Mazima; Ekigambo Kyo ge Mazima." Era Ye n'Ekigambo kye kimu. Baali baatukuzibwa, mu ngeri emu, okuyita mu Mazima, Ekigambo, Amazima. Naye ate, Yesu n'agamba Yuda, manya—manya Peetero ekiro lwe yaliibwamu olukwe, n'amugamba nti, "Bw'olimala okukyusibwa, onywezanga muganda wo," bw'olimala okukyusibwa.

276 Omusajja yali amugoberedde okumala emyaka esatu nga n'erinnya lye liri mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, nga agobye emizimu era ng'akoze emirimu egy'amaanyi, nga awonnyezza, akoze buli kimu . . . abuulidde Ekigambo, na buli kimu kyonna, naye era yali takyusibwanga. Mukiraba . . . Obeera oli mu lugendo olukutuusa ku kukyusibwa. Mukiraba?

277 Omwana omuwere . . . Ekikolwa bwe kibaawo wakati w'e—eggi n'enkwaso, oba akaweke . . . Naye bwe ba . . . Mu ngeri emu, omwana abaawo nga ekikolwa kikoleddwa. Ekiddako awo omubiri gukula, omutendera ogw'okubiri; naye omwana abeera alina okuzaalibwa n'ajja wano, bw'azaalibwa n'afuna omukka ogw'obulamu. Abeera tannafuna mukka gwa bulamu. Oyinza okugamba nti, "Bannange, mulamu!" Nedda, si mulamu! Obwo bubeera bunywa bwe bubeera bwesika munda muli, bufumbi. Mukiraba? Omwana abeera tannafuna bulamu okutuusa nga azaaliddwa. Naawe osobola okubuukabuuka n'ojugumira, naye obeera tonnaba . . . Mukiraba, mukiraba? Olina okuzaalibwa. Kye ntegeeza mukitegeera? Kale.

278 Kati, kaakati, ekirala agambye nti twala . . . "Wagamba nti Yuda erinnya lye lyali mu Kitabo ky'Obulamu, ate nga, tukimanyi nti yagenda magombe era yabula. Kati, erinnya ly'omuntu liyinza litya okuba mu Kitabo ky'Obulamu ate n'abula?" Kati, leka mbeeko akantu akalala kamu ke nnyongerako wano ku lw'omuntu ono omwagalwa.

279 Kaakati labayo, Bayibuli egamba nti Danyeri bwe yalaba . . . Ye ya—yawandiika Ekitabo ky'Okubikkulirwa ekyasooka, ekya Danyeri. Era tukiraba nti, mu kwolesebwa yamulaba nga Ajja eri Oyo ow'edda n'edda eyalina enviiri nga njeru nga ebyoya by'endiga. Ekyo bameka abajjukira nga baali bakisomyeko? Era mwali mwetegerezza, nti Yokaana mu Kubikkulirwa yajja eri omuntu y'omu, mu Kubikkulirwa 1? N'ayimirira awo;

nga enviiri Ze njeru ng'ebyoya by'endiga, n'ebigere Bye nga bwe byali bifaanana—Oyo ow'eddan'edda. Oyo ow'eddan'edda, ekitegeeza, atalina biseera; Oyo Ataggwaawo. Bw'atyo n'Ajja . . . Kaakati mwetegereze! Abatukuvu ne bajja ku nsi era ebitabo ne bibikkulwa, n'Ekitabo ekirala ne kibikkulwa, nga kye kyali Ekitabo ky'Obulamu, ekitabo ekimu. Ne bajja mu kusala omusango ne . . . Yajja, era waaliwo obukumi emirundi kakumi be Yajja nabo. Si bwe kiri? Abaamuweereza, Omugole, Nnabakyala ne Kabaka . . .

280 Mu maka go ani nnaabakyala wo omwagalwa? Y'akugabula emmere. Si bwe kiri? (Mu kaseera kano gy'okeereye okugenda okulya.) Naye ya—y'akugabula. Kati n'Omugole ekyo ky'aweereza eri Kristo, aweereza Kigambo. "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo." Mukiraba? Omugole aweereza Ekigambo eri Kabaka, nga ayolesa Ekigambo Kye ekyasuubizibwa mu mulembe gw'Alimu. Amiina! Ah, nnina kye njogedde awo, temukitegedde, naye . . .

281 Mwetegereze! Ha, bannange! Ekyo kibadde kiyitirivu. Mukiraba? Aweereza Ekigambo, mu mulembe gw'alimu. Kaakati mwekkaanye! Era Omugole n'ajja . . . Omugole omusajja n'ajja, era obukumi n'obukumi ne bajja gy'Ali; okusala omusango ne kutegekebwa, era ebitabo ne bibikkulwa; n'Ekitabo ekirala ne kibikkulwa nga ky'Ekitabo ky'Obulamu; ne basalirwa omusango okuva mu ebyo. Yali ani oyo eyajja? Yali Mugole oyo eyali teyeetaaga kujja kusalirwa musango, Taliiko musango.

282 Ekitabo ekirala ne kibikkulwa ekyali Ekitabo ky'Obulamu, era abo amannya gaabwe agaali mu Kitabo ky'Obulamu baalina okulamulwa okusinziira ku Kitabo ekyo. Kati Yuda Isukaliyoti yagamba nti mukkiriza, era erinnya lye lyali lyawandiikibwa wamu n'amalala mu Kitabo ky'Obulamu. Si bwe kiri? Yagamba nti alina Obulamu Obutaggwaawo. Era Erinnya lye lyali lyateekebwa mu Kitabo ky'Obulamu. N'olwekyo alina oku . . . Kaakati, alina okusalirwa omusango okulaba lwaki yasalira omusango Ekigambo ky'Obulamu mu kiseera kiri, n'akiryamu olukwe nga akitunda ebitundu bya feeza amakumi asatu. Abamu bakitunda kufuuka Bamesodisiti, abalala Babaputisiti n'ebirala. Yatunda ekifo kye okuva mu Kitabo ky'Obulamu. Era alisala omusango . . . alina oku . . . aliyimirira awo n'asalirwa omusango okusinziira ku ekyo, okusinziira ku Kigambo. Mukiraba? Eyo y'ensonga lwaki Yuda yalina okukikola. Mukiraba? Yuda alina okujja mu kusalirwa musango. Erinnya lye lyali mu Kitabo ky'Obulamu, naye ekyo tekitegeeza nti yalokolebwa. Alina okuyimirira okusalirwa omusango.

283 N'embeerera enneebafu ziriyimirira awo wennyini wansi w'ebintu by'ebimu—by'ebimu. Mulabeeyo, Yesu yagamba mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24 nti, "Oyo awulira Ekigambo Kyange." Oyo y'oyo akisembeza; ssi oyo akiwulira obuwulizi

nga Kibuulirwa n'agenda makubo ge nga bw'agamba nti, "Ebyo butaliimu." Mukiraba? "Oyo asembeza Ekigambo Kyange, Oyo awulira Ekigambo Kyange n'akkiriza (si oyo eyeefuula nti akikkiriza, wabula oyo akkiririza ddala) Oyo eyantuma (nga ye yali Kigambo) *alina* Obulamu obutaggwaawo era talijja mu musango; wabula yamala" (ekiseera ekyayita) "yasomoka n'ava mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Mukiraba? Ky'ekyo.

284 N'olwekyo Yuda erinnya lye lyalimu mu Kitabo ky'Obulamu (ekyo ddala bwe kiri), naye yasingisibwa omusango, kubanga kiki kye yakola? Yatunda obusika bwe.

Esawu yazaalibwa mu maka nga ye yalina ekisuubizo kya Katonda. Omutabani omukulu ye yabanga n'obusika. Ekyo bameka abakimanyi? Olw'ekisuubizo kya Katonda, erinnya lya Esawu lyali mu kitabo nga y'alina okutwala obusika (si bwe kiri?), naye yaguwaanyisaamu olw'amaboga ag'omu nsiko, manyanga kawo. Enjala bwe yamuluma n'ayagala okukkusa olubuto lwe, afune eky'okulya, obusika bwe yabuwaanyisaamu n'emmere era teyafuna mwagaanya gwa kwenenya.

285 Abakessi bali abaagenda ne. . . abaasomoka ne bagenda okuketta ensi, bajja ne balya ne ku mizabbibu Yoswa ne Kalebu gye baaleta nga bakomyewo. Naye, baakola ki? Baatunda obusika bwabwe.

286 Yesu yagamba, manyanga Pawulo nga ayogera nga aluŋŋamizibwa Kristo mu Abaebbulaniya essuula ey'o 6 nti: "Kubanga abo abaamala okwakirwa, ne bafuuka abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu, ne balega ku Maanyi ag'emirembe egigenda okujja; bwe bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okwezza obuggya olw'okwenenya, nga beekomererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda, Omusaayi gw'Endagaano, ogwo ogwabatukuza, ne bagubala nga ekintu ekitali kitukuvu, era ne bagirira ekyejo emirimu gy'ekisa. . . " Tekisoboka eri omuntu oyo okukomawo.

287 Bali, buli omu ku bo nga oggyeeko Yoswa ne Kalebu, bonna baafa ne bazikiririra mu ddungu eryo, ate nga baali bakkiriza, ate nga amannya gaabwe mu bitabo gaalimu.

288 Era ne wano, Pawulo ayogera n'agamba nti, ssinga omuntu abaako w'atuuka nga alokose, n'atukuzibwa (Omusaayi gwe gutukuza; Abaebbulaniya 13:12 ne 13 wagamba nti Omusaayi gwe gutukuza), n'ajja n'atuukira ddala ku mulyango gw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, naye olw'ekitiibwa oba olw'ekibiina ky'eddiini n'agaana okutambulira mu Mwoyo Omutukuvu oyo, n'agamba nti, "Omuntu oyo abeera abuze era tayinza kulokolebwa" (mukiraba?); kubanga abeera agiridde ekyejo n'emirimu gyennyini egy'ekisa egimuyise ne gimutuusa mu kifo ekyo ne gikimulaga, naye n'akyuka, n'agikuba amabega. Atwala Omusaayi gw'Endagaano gwe yakomererwa. . . ogwa Kristo eyakomererwa obutaba mutukuvu. Kubanga Omusaayi

ogwamulokola, ne gumuggyisaako omusango, ne gumutukuza ne gumuleeta eri okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Naye n'atambula n'aguleka awo . . .

289 Kaakati, mwetegereze eby'okulabirako ebyo. Ntwala obudde bungi, naye mulabeeyo! Yuda Isukalyoti yagoberera eby'okulabirako bye bimu ebyo. Yaggyibwako omusango olw'okukkiriza Mukama waffe Yesu era n'amusembeza nga Omulokozi we. Yatukuzibwa era n'aweebwa obuyinza okugoba emizimu; erinnya lye ne liteekebwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Naye bwe gwatuuka ku Pentekoote n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, obujjuvu bw'Ekigambo, n'alaga kye yali. Ky'ekyo kyennyini abakessi b'e Kanani kye baakola; ky'ekyo kyennyini Esawu kye yakola.

290 Ky'ekyo kyennyini Ssetaani kye yakola eri Kaawa mu lusuku Adeni: "Mazima ddala Katonda tajja ku . . . "

Naye omukazi n'agamba nti, "Katonda yagamba . . . "

Ssetaani n'agamba nti, "Weewaawo, nkimanyi *ekyo* kye kigamba; nkimanyi kigamba bwe *kiti*, naye amazima ddala . . . " Mukiraba, kye kintu kye kimu kyennyini ekizze kibaawo okuviira ddala emabega eri, era bwe kiri ne leero.

291 Ekkanisa ezze egoberera okuyita mu kuggyibwako omusango, ne Martin Luther; okuyita mu kutukuzibwa, ne Wesley. Naye, bwe kituuka ku kiseera eky'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga balaga kye bali; tebamwetaagira ddala. Abanazaliini, aba Pilgrim Holiness, n'enzikiriza y'Ekkanisa ya Katonda, abo bonna abakkiririza mu kutukuzibwa, tolina ky'oyinza kubavunaana; ddala bakukkiriza. Naye bwe kituuka ku nsalo, bajja ne batuukira ddala awo wennyini nga basobola okufuna Omwoyo Omutukuvu okuzaalibwa obuggya, naye ssetaani kiki ky'akola? Ajja n'agezaako okukinyoolanyoola. Ha, ajja . . . ajja kukola buli kimu kyonna ky'amanyi ky'asobola okukola okuziyiza abantu obutatuukayo.

292 Baagunjaawo ebintuntu, ne bagamba nti, "Olina okwogera mu nnimi. Walina okubaawo enneewulira. Olina okukola *kino*." Olina kukizaalibwamu. Toganyanga omuntu yenna okukugamba mbu okutukuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu kye kintu kye kimu, kubanga si kye kimu! Mazima ddala si bye bimu!

Muwulire Omunazaliini ono bw'aleekaana emabega wano nti, "Si kye kimu." Mukiraba? Akimanyi nti byawukana, kubanga mazima ddala byawukana. Ow'oluganda Capps, muganda waffe omunywevu. Mukiraba?

293 Ddala, Abanazaliini . . . tewali muntu yenna ayinza kuboogerako kikyamu bannaddiini abo abalungi; balungi nnyo ddala. Aba Church Of God, Abanazaliini, ab'enzikiriza ya ba Free Methodist, abantu abo ba nnamaddala, naye bwe gutuuka ku mirimu gy'Omwoyo, awo nga bagamba nti, "Ha, ha,

oyo ssetaani." Era kiki kye bakola mu ekyo? Babeera bavvoola Mwoyo Mutukuvu. Ekyo bwe bakikola . . .

294 Kaakati, okuvvoola kitegeeza ki? Tewali kusonyiyibwa. Si bwe kiri? "Oyo eyamala okwakirwa, n'afuuka assa ekimu, n'alega ku birabo eby'omu ggulu." N'as- . . . N'alega—n'alega ku kutukuzibwa kwa Katonda: n'alongoosebwa okuva ku sigala, n'abakazi abakaba, n'okuva mu bulamu obw'engeri eyo. "N'alega ku bintu eby'omu ggulu." Okulaba nti atambula n'atuukira ddala ku nsalo eyo bw'atyo okufaananako n'abakessi bali abaalya ku mizabbibu giri. Naye balina kukola ki? Baalina okumenya ekibiina kyabwe eky'eddiini bajje bayingire mu kino. Mukiraba? Oyinza okugamba . . . Mukiraba? "Abaalega ku birabo eby'omu ggulu; okulaba nga beekomerererera bokka omulundi ogw'okubiri Omwana wa Katonda; ne babala Omusaayi gw'Endagaano ogwabatukuza okuba ekintu ekitali kitukuvu."

295 Okutukuzibwa awo erinnya lyo we ligendera ku kitabo nga omukkiriza. Ekigambo kyo . . . Erinnya lyo liwandiikibwa mu Musaayi Gwe. Okiraba? Ekyo okutukuzibwa kwe kukikola; olwo ne weeyongera mu maaso, nga Akwesize okutuuka wano, ne weeyongera mu maaso . . . Waliwo abeebuuza nti, "Kati, ekyo nakyo Yakimanya?"

296 Weewaawo, Yakimanya. Yakimanya ku ntandikwa nti tolikikola. Yakimanya nti Yuda talikikola. Yamumanya okuva ku ntandikwa; nti yali mwana wa kubula. Naye ebintu ebyo bibeera birina okutuukirizibwa. Mukiraba? Ekigambo kirina okutuukirizibwa, byonna, newankubadde byali bifaananyi n'ebisiikirize. Ha, bannange! Ekyo tusobola okukibeerako okumala essaawa n'essaawa.

**370. Ow'oluganda Branham, bwe wabuulira Obubaka obukwata ku wiiki ensanvu ez'ekkanisa . . . wiiki ensanvu** (Munsonyiweko.) **eza Danyeri, nzikiriza wayogera n'ogamba nti wiiki enzijuvu—wiiki enzijuvu esembayo oba emyaka omusanvu egisembayo giritandika nga Omugole amaze okutwalibwa mu Kukwakkulibwa.**

297 Nedda, nedda, nedda, nedda, nedda, nedda, nedda, nedda! Ekyo wakitegeera bubi (okiraba?), si wiiki omusanvu enzijuvu. Wi—wiiki zaatandika Yesu bwe yajja ku nsi. Yagamba nti, "Masiya, Omulangira, alijja era aliragula, era mu makkati ga wiiki omusanvu, Alisalibwako." Era Yesu yabuulira okumalira ddala emyaka esatu n'ekitundu gyennyini, nga ekyo kye kitundu kya wiiki ensanvu, ennaku omusanvu, wiiki—ennaku za wiiki. Mukiraba? Era wasigaddeyo emyaka esatu n'ekitundu.

298 Kati, Musa ne Eriya bwe balijja ku nsi, aboogerwako mu Kubikkulirwa ne mu Zekkaliya . . . (Ow'oluganda Coomer ekibuuzo kyammwe ggwe—ggwe ne Mwannyinaffe Coomer kyali kye kimu.) Kaakati, bwe ba . . . Zekkaliya 4 n'Okubikkulirwa

11, emizeyituuni egyo ebiri n'ebirala, nga abo ye Musa ne Eriya, bwe bajja ku nsi balagula okumala ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga mu nnya. Ekyo kitegeeza ki? Egyo gy'emyaka esatu n'ekitundu gyennyini. Ekyo kyali ekintu kye kimu kyennyini. Si. . . Okiraba? Yenna bambi eyabuuzizza ekibuuzo kino. Yakiwandiise bulungi, nnyo, ddala, yakiwandiise—yakiwandiise ku lupapula oluliko omutwe ogukwata ku by'enzikiriza—n'ennyiriri ezimu wano n'ebirala, kale kirungi nnyo. Era kibuuzo kirungi nnyo, naye (olaba?) kye nnayogera, tewakitegeera bulungi. Ssikikkirizangako nti wiiki ensanvu zonna ziriggwerako wano. Masiya yasalibwako. Ekyo bameka abakijjukira wano mu kubuulira? Mazima ddala! Mukiraba? Wiiki musanvu.

**371. Okuva mu kiseera ekyo, kirabikanga emyaka esatu n'ekitundu egyasooka egyatuukirizibwa mu buweereza** (Kaakati, wano wakifuna bulungi.) **bwa—bwa Yesu, naye kino ekya, "mu makkati ga wiiki ezo" kirabika kyogera ku mulabe wa Kristo nga amenya endagaano ye ne. . .** (Nedda, omulabe wa Kristo endagaano ye agimenya ku nkomerero ya myaka esatu n'ekitundu. Okiraba?) **Okusinziira ku bwe nnategeeramu olutambi lwa Danyeri, wiiki enkaaga mu omwenda ezaasooka zaakoma Yesu bwe yeebagala embalaasi n'ayingira mu Yerusaalemi mu mwaka gwa A.D. 30, nga kitegeeza nti emyaka esatu n'ekitundu egy'obuweereza Bwe girina okubalibwa mu wiiki enkaaga mu omwenda; era wiiki enzijuvu ezisembayo—era wiiki ennamba esembayo oba emyaka omusanvu giba girina okutuukirizibwa era girina kutandikira ku Kukwakkulibwa. Kino nkusaba okintangaaze.**

299 Omanyi, ow'oluganda, oba mwannyinaffe, yenna eyabuuzizza ekibuuzo kino. Kibuuzo kirungi nnyo (okiraba?), naye nzikiriza bye nnayogera birina engeri gye byakutabulamu. Okiraba? Kati, e. . . Yesu bwe yayingira mu Yerusaalemi (ekyo ddala kituufu), eyo ye yali enkomerero ya. . . Okiraba? Yava eyo butereevu n'agenda akomererwa. Okiraba? Era Ya—Yalagula okumala kimu kya kubiri ekya wiiki ensanvu nga egyo gy'emyaka esatu n'ekitundu. Kaakati, Yasalibwako, era emmeeme Ye n'efuulibwa ssaddaaka. Kale kati, waalina okujja. . . Mu nnaku zino ez'oluvannyuma, wakyaliwo emyaka emirala esatu n'ekitundu egyasuubizibwa eri a—Abayudaaya. Era e. . . mu kiseera kino mwe mwali okukuŋŋaanyizibwa kw'abatukuvu okugenda mu Kukwakkulibwa, Ekkanisa.

300 Kati, bino byonna ssigenda kubimalayo byonna, Ow'oluganda—Ow'oluganda, oba Mwannyinaffe.

**372. Nkusaba onnyonnyole Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'o 7, olunyiriri 1 n'olw'o 9?** (Kibikkule, Ow'oluganda Neville, Abakkolinso Ekisooka, essuula 7, olunyiriri 1, kati.)

**373. Ekirala buli mukkiriza anaakola emirimu Yesu gye yayogerako, nga bwe kigamba mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12** (Si buli mukkiriza. Nedda!): **okuwonya abalwadde, okugoba emizimu, okuzuukiza abafu** (Ekyo ssirowooza nga kiri mu njiri ya Mutukuvu Yokaana 14, naye tewali buzibu. Kirina kuba Makko 16.)**, oba—oba—oba gino gya kukolebwa Eriya yekka? Ebyo byonna omukkiriza ateekwa okubikola...byonna ebyo... ddala...abo abakkiririza ddala? Era bw'aba mukkiriza ddala yennyini, anaazuukiza abafu n'akola n'eby'amagero eby'amaanyi?**

301 Kakaati, ebyo biri mu bakkiriza. Okiraba? Ssi buli muntu nti alina ebirabo ebyo, era tekitegeeza nti muntu omu yekka y'anaabikola; wajja kubaawo ebibinja by'abantu. Okugeza, watya ssinga—ssinga tubadde n'akawala akato wano mu kkanisa, oba akalenzi akato, oba omuntu gwe twagala ennyo, naye n'afa. Ekkanisa yonna babeera bajja kukuŋŋaana wamu, batandike okusaba n'okusiiba nga bagamba: "Ayi Mukama, saasira omwana oyo." Mukiraba? Katonda yandimuzuukiza.

302 Bameka abaali basomye ku kitabo ekiyitibwa *Nicene Fathers* n'ebirala bwe bityo? Omanyi, bwe batyo bwe baakikolanga mu kkanisa eyasooka. Bonna baakuŋŋaananga wamu, bwe batyo, oluusi ne bazuukiza n'omusumba n'abalala bwe batyo, Katonda bwe yalabanga nga kisaanidde okukikola; naye baakikolanga.

**374. Ekkanisa bw'erokolebwa newankubadde ebeera tegenze mu Kukwakkulibwa, nga bwe nzikiriza nti bw'otyo bwe wayigiriza, eteekwa okuyita mu kibonyoobonyo okusobola okulongoosebwa. Naye ate bano abaafa, bo balirongoosebwa batya?**

303 Kale. Abo abalina...Omugole teyeetaaga kulongoosebwa; Yalongoosebwa dda. Ate abo abo a—a—abaafa edda eri, bano abayita mu...Okiraba? Tebaafuna Musana ekkanisa eno eri waggulu wano gw'efunye; baatambulira mu Kuggyibwako omusango kwabwe, n'Okutukuzibwa, n'ebirala bwe bityo. Baatambulira mu Musana gwe baalina, ob'olyawo mu—mu ngeri gye baabonaabonamu, ne byonna bye baayitamu, mu kuyigganyizibwa kwe baalina. Naye kati, mu kiseera kino eky'okukwakkulibwa bwe kiti (mukiraba?), kati walina okujja ekiseera omugole ono (agaana ekitundu ky'Omutwe eky'Omugole) lw'anaabonaabona olw'okukigaana, kubanga Enjiri teyababikkulirwa mu bulambulukufu mu kiseera kiri, nga bw'ebanjuliddwa mu bulambulukufu leero. Mukiraba? Mwe mugirabira ddala mu bulambulukufu bwayo. Mutegedde emyaka egyo gyonna n'eby'okulabirako eby'enjawulo, Obubonero bubembuddwa, Omulembe gw'Ekkanisa gwanjuluziddwa, na buli kimu bwe kityo. Nnambulukufu bulungi toyinza butagiraba. Mukiraba? Kale, ssinga ogigaanira

ddala, ekiba kisigadde kiri kimu kyokka, kubonaabona olw'okugigaana.

304 Ekyo okifunye Ow'oluganda Neville? Kikwata ku ki? Nnina . . . Kati ke kaseera ŋŋende, kubanga obudde bugenze. Mukiraba? Ndi . . . Musanvu—musanvu, mwenda . . . Leka tulabe.

> *Naye oba nga tebayinza kweziyiza, bafumbiriganwenga: kubanga kye kirungi okufumbiriganwanga okusinga okwakanga.*

305 Kale. Kati ekyo kikwata ku kutambulira mu bulamu bwa kikaba. Mu kifo ky'omusajja, oba omulenzi, oba omuwala, oba abalala bwe batyo ababeera boogerezeganya nga—nga bakimanyi nti balina okufumbiriganwa, leka bagende mu maaso bafumbiriganwe. Ndowooza mu—mutegeera kye ntegeeza, ssi bwe kiri? Mukiraba? Temutambulira mu bulamu butali bulongoofu, kubanga si kituufu. Mukiraba? Oyo abeera mwannyoko mu ngeri emu, bw'oba oli Mukristaayo. Kati, bwe kiba mu nsi, ebyo bya mu nsi: buli omu ky'asanga ky'akola. Naye ono omuwala gw'oyogereza, oyo era mwannyoko. Oyo y'ajja okuba maama wa—w'abaana bo abagenda okujja. Totambulira mu bulamu bwa kiba wamu naye, mulage nti oli musajja omulungi ddala Omukristaayo. Weeyise nga omusajja omulungi ddala Omukristaayo bw'ateekwa okweyisa. Okiraba? Era muyise nga mwannyoko, ne bwe mufumbiriganwa, era muyise bw'otyo.

306 Kino leka nyanukulire wano. Ssikkiririza mu kutambulira mu bulamu bwa kikaba kuli mu Bapentekoote, n'abantu abakkiririza mu butukuvu, ka babeere bafumbo. Ebyo ssibikkiririzaamu. Nedda, ssebo! Ebimu ku bintu bino ebicaafu ebi—ebibi ennyo . . . Oluusi nzija wano ne nsisinkana ebimu ku bintu bino . . . Kati ssigamba ku makya ga leero, nedda, ekyo si kye ŋŋamba. Naye kye ntegeeza oluusi ŋŋenda eyo mu California ne mu bifo ebirala ebitali bimu. Ne nsisinkana eyo abaweereza, mu kutegeera ebintu ebikusike, muli ne mpulira nga mbula okubafukamiza mbaweemu ku “Ddagala ly'Enjiri erisisimula obusimu.” Yee, ssebo! Bannange, n'olaba omusajja agezaako okuddira mukyala we, n'amucaafuwaza, n'amukabawaza, ekyo ki . . . Mutegeera kye ntegeeza. Ndowooza oteekwa okukwatibwa ensonyi nga omusajja wa Katonda oku . . . Beera mwami gy'ali; naawe beera mukyala omwagalwa. Omukazi oyo muwe ekitiibwa nga bulijjo bw'omuwa ekitiibwa. Tossaayo mutima gwo, eri ebimu ku bitabo bino ebitali- . . . ebyogera ku kwegatta mu by'omukwano, oba ebintu bino ebitaalimu nsa ebiri mu bitabo bino ebyogera ku kwegatta mu by'omukwano, n'ebintu bye musoma, ne kacica oyo yenna, n'ebirala bwe bityo. Kacica oyo yenna muggye mu birowoozo byo.

307 Bayibuli egamba nti temuganyanga okunyumya eby'ensonyi

wakati mu mmwe nga ate mweyita batukuvu. Omukyala oyo omuto muyise nga kabiite wo. Ne bw'aweza emyaka nkaaga, era muyise mu ngeri y'emu. Beera muganzi we oyo omuzira; jjukira, nti ekyo ky'oli.

Togezaako kukoppa bintu bino ebipya, era kye njogerako nkimanyi. . . Ggwe beera mwami omufumbo, ow'oluganda owa nnamaddala, Omukristaayo owa nnamaddala.

Ekyo nkimanyi kiwulikika nga. . . Naye e. . . Muli baana bange. Ndi wa ddembe okubagamba kyonna kye njagala okubagamba. Mukiraba? Muli baana bange; mutambulire mu bulamu obusaana.

308 Nammwe abakazi, mutambulire mu bulamu obusaana eri babbammwe. Nammwe abaami, mutambulire mu bulamu obusaana eri. . . eri—eri—bakyala bammwe. Mubeere balungi, nnyo ddala era muwaŋŋane ekitiibwa buli omu eri. . . N'enkolagana yammwe—yammwe mu maka gammwe n'ebirala bwe bityo, leka ebeere ey'okusaŋŋanamu ekitiibwa, era ey'okutya Katonda, nga mukkiriziganya buli omu ne munne na buli kimu nga bwe kisoboka. Temugezanga okusindikagana, okukubagana enkokola, ne—n'okwejeeguula n'okwekabawaza.

309 Leka buli omu ategeere munne, yogera ne mukyala wo. Bw'oba—bw'oba n'obutonde obwawukana ku bubwe, kyogereko naye. Naawe—naawe gezaako okukola ekintu kye kimu gy'ali, mwannyinaffe. Era mu ngeri y'emu. . . Leka buli omu ategeere munne era obeere—obeere omusajja Omukristaayo omulungi n'abakyala Abakristaayo abannamaddala, era—era ab'oluganda omwami n'omukyala buli omu eri munne. Bulijjo mujjukirenga, nti muli baana ba Katonda, era muva mu Maka ag'olulyo Olulangira. Muli ba musaayi ogw'olulyo olulangira; mu nsi tewali musaayi gusinga gwammwe. Era ekyo bwe kiri! Era ab'omusaayi ogw'olulyo olulangira balabibwa mu bye bakola. Ky'ekyo kye bali, ba lulyo olulangira. Ekyo bonna abakikkiriza mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Yee, ssebo! Mwolese kye muli. Ndi. . . ndi. . . ndi mutabani wa Kabaka, ndi mutabani wa Kabaka. Mukyala wange muwala wa Kabaka. Muwala wa Kabaka nnaamuyisa ntya? Anaayisa atya mutabani wa Kabaka oyo? Mulaba kye ntegeeza? Mubeere ba nnamaddala.

**375. Wanaabaawo okutambula kw'Omwoyo Omutukuvu, obubonero, n'ebyewuunyo, n'ebyamagero nga bikolebwa Omugole nga Tannagenda, oba tulinze kulabika Kwe kwokka?**

310 Ndowooza, ŋŋenda kumaliriza n'ekyo, kubanga nkyalina bingi wano bye nnina okukwatako. Ate obudde bugenze. Wabulayo eddakiika abiri okuwera essaawa omusanvu, ate nkyalinawo wano ebirala nga amakumi asatu oba ana, bwe bityo. Bino nja kubyanukula mu budde bwange bwe nnaaba

nfunye. Nni. . . leka nkozese eddakiika essatu eziddako. Bino ndibikwatako nga nsobodde. Mukiraba? Ssimanyi ddi lwe nnyinza kubikwatako; naye nja kukola kyonna kye nsobola. Mubinyumirwa? Na. . . Nange binnyamba. Mukiraba?

Okujja obuzzi wano n'obikwata bw'oti, nga tonnaba na kubitunulamu (Mukiraba?), obaako by'osanga by'otasobola kwanukula, era—era na—nnabadde nsuubira nnaakwata ku. . . Nkimanyi wano waliwo ekikwata ku zzadde ly'omusota. Mbadde njagala nnyo nkituukeko; mbadde njagala nkinnyonnyole. Mukiraba? Naye kirabika ssisobodde kukituukako, kale nja. . . Ob'olyawo Mukama tayagadde kikolebwe mu ngeri eyo, naye kibadde kikwata ku zzadde lya musota. Si kulwa nga wabaawo omuntu awuliriza olutambi olwo ne yeebuuza nti, "Tolaba, ekyo akibuuse, teyakyanukudde." Bameka abasobola okugumiikirizaayo eddakiika endala nga bbiri tukikwateko? Huh? Kale.

311 Kati musooke mulindeko, leka nsooke nnyanukule kino. Leka tulabe! "Ali—ali. . .?" Nedda. Ekibuuzo kino kigamba bwe kiti: "Wanaabaawo ebyamagero ebikolebwa Omugole?" Yee, ssebo! Weebiri bikolebwa mu kiseera kino kyennyini. Ekyo kituufu! Okiraba? Naye temulindirira kintu kinene nnyo, oba okussa wansi eggulu n'okuggala eggulu, enkuba n'etatonnya. Ebyo bigenda eri mu—mu Bayudaaya. Mukiraba? Ebyo kati tebirina kakwate konna na kino; ebyo bya Musa n'Eriya abagenda eri Abayudaaya, si bya Kkanisa eno. Soma essuula essatu ezisooka ez'ekitabo ky'Okubikkulirwa; ojja kufuna Ekkanisa ky'eri awo wennyini. Ebyo byokka by'eby'Ekkanisa. Era bw'ekomawo n'Omugole, bw'ekomawo ne. . . Soma. . . Bw'oba oyagala okumanya ebikwata ku Kkanisa, ebigikwatako, soma essuula essatu ezisooka ez'Okubikkulirwa, bw'ova awo ogenda mu ssuula ey'e 19 osome okutandikira awo. Ojja kufuna Omugole. Ebisigadde ebirimu bya Bayudaaya.

312 Kati ku kibuuzo ekikwata ku zzadde ly'omusota. Ssikiraba mu bino *wano*, kubanga, nga bwe mulaba, ntuumu ennene. Naye eyakibuuzizza yagambye nti, "Omusota bwe guba—ezzadde ly'omusota bwe liba. . . " Mukiraba, omukazi. "Ya—yafuna omwana ow'obulenzi okuva ewa Mukama, bw'atyo bwe yagamba."

Kati, nzikiriza Ssande ewedde, nnannyonnyola engeri gye yamufunamu okuva ewa Mukama. Bw'aba nga yamufuna, yali ateekwa kumufuna kuva eri Mukama, mukiraba, kubanga yalina kuva wa Mukama, kubanga etteeka lya Katonda lirina, lijja—lijja kugondera Katonda, ekyo ddala bwe kiri.

313 Yalagira enjuba eyake, era enjuba eyaka. Alagira enkuba etonnyere abalungi n'ababi; era ekikola. N'ensigo bwe zisimbibwa mu nnimiro yonna, oba nsigo nnungi oba mbi, zijja kumera; kubanga nsigo. Era ensigo bw'esigibwa, k'ebeere. . .

Era engeri yokka omusota guno gye gwali gusobola okusigamu ensigo, omusota guno y'ensolo yokka eyali esemberedde omuntu. Kubanga mu kukyukakyuka kw'omuntu, omuntu bwe. . . Katonda yamaamira ku nsi. . . N'atandika okukukunulayo ebinyonyi, ne. . . bwe yava ku binyonyi n'Ajja ku bintu ebitali bimu, n'atuuka ku zzike, bwe yava ku zzike n'adda ku misota.

314 Kati, omusota ogwo Yagukyusa mu ngeri (ekyo kyalina okukolebwa) kisobole okutabula omulembe guno, abagezaako okunoonya eggumba erifaanana nga ery'ensolo eryali nga ekitundu muntu ate ekitundu nsolo, bagambe mbu awo omuntu we. . . Eggumba eryo libabulira ku zzike; kimu kyokka nti ezzike teritegeera. Ezzike teririna mmeeme; terisobola kulowooza. Lirina kimu kya. . . Li—lisobola. . . Livaamu e—eddoboozi, era lisobola oku. . . Embalaasi ewulira amaloboozi ga, "gii," "hoo," oba ekintu bwe kityo. Embwa ewulira bw'ogiyita nti, "Jangu wano, Fido, kolayo akakodyo. Buuka odde eri!" Era zisobola n'okubuuka emiziziko n'ebiringa ebyo, zisobola okubikola nga zisinziira ku bye ziraba, ne bye ziwulira, n'ebintu bwe bityo, n'ebikolwa; naye okulowooza n'okutegeera, tezisobola. Tezikimanyi nti ziri bwereere, tezimanyi njawulo, eri wakati wa kisajja na kikazi, bwe bityo. Tezirina mateeka bwe gatyo. . .?. . . Mukiraba? Tezisobola kukikola. Omuntu ye yekka y'asobola okukikola.

Era ekyali kisemberedde omuntu gwali musota. Bayibuli egamba nti gwe gwali gusingayo okuba omukalabakalaba mu nsolo zonna ez'omu nsiko. Gwe gwali gusinga obugezi, gwabulako katono o—o—okuba n'emmeeme. Gwalina ekifo awabeera emmeeme, naye gwakola ki? Gwewaayo okukozesebwa Ssetaani gulimbe Katonda, gugezeeko okumulimba. Kaakati okutuuka awo bameka abakitegeera?

315 Ssetaani, omusota, katono gubeere n'emmeeme. Katonda yakimanya nti amagumba ago baali ba kuganoonya, era mu musota temuli ggumba n'erimu lifaanana ga muntu. Yali. . . Ekyo kye kikolimo kye gwakolimirwa. Gwayimiriranga ku magulu gaagwo nga omuntu.

316 Mulabeeyo, kaakati ensigo eyo, eyali esemberedde ensigo ey'omuntu. . . Ssetaani yennyini, omwoyo, yakimanya nti eyo y'ensigo yokka eyali esobola okufunyisa omukazi olubuto, kubanga ezzike terisobola kukikola. Ensigo y'omukazi bagigasse na buli kimu kyonna; naye zigaanye okukwatagana. Naye yakimanya nti akaweke ak'obulamu akaali mu zzike kaali tekayinza kulama munda mu ggi lya mukazi; naye yakimanya nti ensigo y'omusota yali ejja kukikola, kye yava akozesa omusota.

317 Era Adamu yali takimanyanga nti ekikolwa kino kyali kisoboka okukolebwa. Mukiraba? Omukazi yakolebwa mukazi. Mazima ddala, ekyo yali wa kukizuula oluvannyuma; naye

mulaba, obusukkulumu bwa Katonda okusobola okweyoleka nga Omulokozi ne—n'ebirala, nga bwe mbinyonnyodde emirundi mingi. Naye kino Ssetaani yali akimanyi, kubanga yajja eri omukazi mu kifaananyi ky'omusota guno, eyali ensolo; ne—ensolo, n'ajja gy'ali. Era olubuto lwe yasooka okufuna lwali lwa Ssetaani.

318 Era bwe mwetegereza obulungi, waaliwo ebikolwa bibiri ebyakolebwa, naye ate ne wabaawo abaana basatu abaazaalibwa. Mukebere mu Byawandiikibwa. Yazaala balongo. Omu ku bo yali zzadde lya musota; ate omulala yali Abeeri. Omukazi yasendasenda bba n'amugamba nti . . . Mukiraba? Kwe kulaga bba kiki kye kyali, olwo naye n'abeera naye, n'azaala omwana ono. Era njagala . . . okubalaga nti omukazi yafuna olubuto olw'abalongo okuva ku bantu babiri ab'enjawulo . . . Yali . . . Oyo yali mukazi mbeerera.

319 Baali, mukiraba, baali ba maanyi. Okugeza mulabeeyo. Ibulayimu yawasa mwannyina yennyini. Naye, olwa leero ssinga omusajja awasa mwannyina, abaana be bajja kuba basirusiru. Mukiraba? Naye omuntu . . . Ne wano eno Yakobo . . . manya—manya Isaaka yawasa Lebbeeka eyali kizibwe we ddala yennyini, kizibwe we ddala ddala, bwe bagatta omusaayi gwe gumu, mukiraba, owana wa muganda wa Ibulayimu.

320 Mwetegereze, kaakati mwekkaanye, ku kino, mukiraba, waaliwo . . . olulyo lw'abantu lwali lwa maanyi nnyo. Kati, bwe weetegereza obulungi lubeerera babaddenga balongo. Waaliwo . . . Kayini ne Abeeri baali balongo, ne Esawo ne Yakobo baali balongo. Yesu ne Yuda bombi baali bava mu kika kye kimu era baali mu kkanisa y'emu. Era ne . . . Ne Omwoyo Omutukuvu n'omulabe wa Kristo nabo balina kuba balongo, "Giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti gwandirimbye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka." Mukitegedde? Kale.

321 Kaakati kino okukikakasa, njagala mubikkule Yuda e . . . ndowooza olunyiriri olw'e 17, oba olunyiriri olw'e 14 olwa Yuda n'agamba nti . . . Kaakati, kati, mwetegereze kino. Kaakati, ŋŋenda kumaliriza. Mulabeeyo. Ekyonna kyonna okukifunza akitereeze, atandika Agamba nti, "Nja kuteeka obulabe wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omusota." Mukiraba? Kati, omukazi talina zzadde. N'olwekyo, engeri gye yafunamu ezzadde lino lyali zzadde lya Ssetaani. Kayini yali mwana wa Ssetaani. Omukazi teyalina zzadde, n'olwekyo yalifuna kuyita mu kikolwa kya kwegatta. Bwe yakikola, ezzadde lino ne limuweebwa okuva eri omulabe wa Katonda. Era oluvannyuma, Katonda bwe yamuwa Ezzadde, Teryalimu kwegatta kwonna n'akatono okulifuna. Mukitegeera? Omuzaana n'omwana we baagoberwa ebweru, kubanga tebagenda kusikira wamu na mukazi wa ddembe n'omwana we.

322 Era mwekkaanye, bwe yaweebwa ezzadde eyali Kristo. Ka

libeere eggi lye . . . Kati, ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki baagala okukkiriza mbu yali nkula ya bulamu ey'embeerera, mbu mu Musaayi ogwo ogwatondebwa Katonda mwe mwali akaweke ak'obulamu, naye mbu eggi lyali lya mukazi. Nedda, ssebo! Eggi eryo teriyinza kukka kuyita mu luseke olwo nga tewaliiwo nkyukakyuka mu mbeera ya mubiri. Kati awo obeera odidde Katonda, o—Omwoyo, n'ogamba nti yeegatta n'omukazi. Ekyo kisoboka kitya? Byonna byatondebwa Katonda, byombiriri eggi n'akaweke ak'obulamu.

323 Era Yali Mwana wa Katonda, so si mwana wa Maliyamu, kubanga Teyamuyitako maama. Yamuyitanga "Mukazi," teyamuyitako nnyina. Teyali nnyina. Yali Mwana wa Katonda, era Katonda Ali omu. Mukitegeera?

324 Kaakati ekintu ekirala okukakasa kino era okukinnyikiza kinywerere ddala, ssinga wabaawo omuntu yenna akuwakanya, ddayo wano mu Kitabo kya Yuda, ndowooza olunyiriri olw'e 17 (olunyiriri olw'e 14 oba olw'e 17), yagamba nti, "Kaakati, Enoka . . . " Mwagala ndusome? Obudde obw'okulusoma mubulina? Leka—leka . . . oluvannyuma nja kufuna . . . Bwe mmaliriza okulusoma nja kutegeera, kubanga wano eno olutambi lukyagenda mu maaso, kale tu—tuyinza okubitabulatabula mu—mu kino kati. Leka ndabe oba nga luno lwe . . . olunyiriri olw'e 14:

> . . . *Enoki, ow'omusanvu okuva ku Adamu, n'alagula* ebintu bino, *nga ayogera nti, Laba, Mukama yajja n'abatukuvu be kakumi,*

325 Kati, ddayo mu ssuula ey'o 5 (ndowooza mwekiri) ey'Olubereberye, bw'omala ogende ne mu Kitabo kya Lukka (nyabula ssinga mbadde nsobola okukifuna; byonna nnabiwandiise wano eno, singa nsobola okubifuna mu bino wano) ojja kukizuula nti mu buzaaliranwa, tewali wantu wonna mu Bayibuli . . . Ssinga . . . Mulabeeyo! Nuuwa bw'aba nga . . . Enoka bw'aba nga ye w'omusanvu okuva ku Adamu, Bayibuli egamba nti, "Adamu ne mutabani we Seezi," kubanga Kayini teyali zzadde lya Adamu. Egamba nti Adamu n'azaala Seezi, Seezi n'azaala . . . Yaledi; Yaledi n'azaala, okutuukira ddala ku Enoki; era Enoka ye yali ow'omusanvu okuva Adamu. Tewali wantu wonna we kyali kyogeddwako nti Kayini yaliko mu lulyo lwa Katonda.

326 Kati, wekkaanye olabe oba bwe kiri oba nedda; kinoonyerezeeko. Era Lukka ajja n'addamu n'abamenya amannya, n'agawandiika okuviira ddala ku Adamu. Tewali mulundi n'ogumu Kayini w'ayogerwako mu kulambulula kw'obuzaaliranwa okwo kwonna. Kaakati Enoka (mukiraba?) bw'aba nga ye w'omusanvu okuva ku Adamu, olwo Kayini yayingiriramu wa? Kubanga Bayibuli egambye, nga ewa obuzaaliranwa, nti Adamu yazaala omwana we Seezi.

Seezi n'azaala Yaledi, Yaledi n'azaala *Gundi*, bonna bonna n'ebamenya; era tewali mulundi n'ogumu Kayini w'ayogerwako. Kati tewali ngeri gy'ayinza kuba mwana wa Adamu. N'olwekyo yalina kuba mwana wa musota, ate tasobola kuba nga yali mwana awatali kwegatta. Amiina! Bw'aba teyazaalibwa kuyita mu kwegatta, kitegeeza yazaalibwa mbeerera, ate awo yandibadde mwana wa Katonda. Ekyo lumu njagala bakiveemu.

327 Kaakati, Katonda y'omu eyabikkula ekyo, ye Katonda y'omu eyambuulira ebikwata ku kufumbiriganwa kwammwe n'okwawukana. Bw'Ayogera ebintu ebyo, Muganda wange, Mwannyinaze. . . ndi muganda wammwe, era ndi muntu. Naye ekyo bw'Akyogera, era ne kinnyikira munda wano, nze ssiyinza kukikunnyonnyola. Sseetaaga kugezaako kukinnyonnyola, kubanga ssisobola. Naye tewali mulundi wadde ogumu bwe guti lwe kyali kibadde ekikyamu. Newankubadde, nange kennyini nnali ssikirabirako ddala, nga ssikiraba, naye nkinywererako bunywerezi; olwo n'Atandika okukibikkula, olwo ne—ne kinzijira. Ne nkiraba bulungi, kye nnali ssiraba. Obuyigirize bwo—bwo buba buyitiddwaako, n'okukubaganya kwo okw'ebirowoozo kuba kuyitiddwaako, na buli kimu kyonna; bw'atyo ne Kayini bwe yayitibwaako.

Kati, ssinga tubadde n'obudde obumala okuddayo wano eno mu Lubereberye ne tutandika okusoma. . . Leka ndabe oba nsobola okukinoonya ne nkiraba wano. Sikakasa oba—oba nnaasobola oba nedda. Muky. Wood ekyo ojjukira luli lwe nnakikulaga? Kyennyini kye. . . Eyo yali ssuula ya 5? Yali ssuula ey'o 5, uh, huh. Kale.

> *Kino ky'ekitabo eky'okuzaalibwa kwa Adamu. Mu* nnaku *Katonda mwe Yatondera omuntu, mu kifaananyi kya Katonda*. . . n'amutonda;
>
> *Omusajja n'omukazi bwe yabatonda; n'abawa omukisa, n'abatuuma erinnya lyabwe Adamu, ku lunaku* lwe *baatonderwamu.*
>
> *Adamu n'amala emyaka kikumi mu asatu,* n'azaala. . . abaana ab'obulenzi—n'azaala—*n'azaala omwana ow'obulenzi mu kifaananyi kye, era—era mu ngeri ye* ye; *n'amutuuma erinnya lye*. . . (Kayini? Ha-ha-ha-ha-ha! Erinnya lye yamuyita ani? Omwana oli omubereberye ali ludda wa—wa alina okusikira obusika? Teyamwogera nako yadde. Seezi ye yali omwana we.)

328 Kaakati, nate tujja erudda wano ne tusanga awagamba nti. . . Era Kaawa yaweebwa omwana ow'obulenzi, kubanga Kayini yatta Abeeri. Kaakati mwetegereze nga bwe tugenda mu maaso. Adamu n'ennaku ze yatondera. . .

> *Adamu n'amala emyaka kikumi mu asatu—n'amala emyaka kikumi mu asatu, n'azaala omwana*

*ow'obulenzi—n'azaala omwana ow'obulenzi mu kifaananyi kye, mu ngeri ye; n'amutuuma erinnya lye Seezi:*

*E—ennaku za Adamu bwe yamala. . .okuzaala Seezi emyaka lunaana* ne. . .*emyaka: n'azaala abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala:*

*Ennaku zonna eza Adamu ze yamala ne ziba emyaka lwenda mu—mu asatu* ne. . .*emyaka: n'afa.*

*Seezi n'amala e. . .emyaka kikumi mu ataano, n'azaala Enosi:. . .* (Ne bagenda nga beeyongerayo, era ye w'omusanvu, Enoki ye w'omusanvu okuva ku Adamu.)

Kati ekiri mu Lukka ssijjukira wa wennyini we kiri. Ekyo nakyo wakiramba, Muky. Wood? Nze naye. . .Nnali nkimulaga jjuuzi bwe twali e. . .Ogambye ki? [Mwannyinaffe Wood ayogera ne Branham—Omuk.] Olabika oli mutuufu, Mwannyinaffe Wood. Twakirambako awo mu kitabo kye, we twali, manyanga, mu Bayibuli ye we mbadde mbalaga. Kiikino wano, weewaawo, obuzaaliranwa. Kale.

329 Kaakati, bwe twetegereza obulungi wano. . .Mu ssuula ey'o 3 eya Lukka tufuna ekintu kye kimu. ". . .abaana ab'obulenzi n'ebirala. . .ne Nuuwa, abaali aba Lameka, era abaali abaana ba Mesuseera, naye omwana wa Enoki, omwana wa Yaledi, omwana wa Makalaleeri, omwana wa Kayinaani, omwana wa Enosi, omwana wa Seezi, omwana wa Adamu, omwana wa Katonda." Kayini yajjiramu wa? Kayini ali ludda wa, omwana omubereberye? Obusika bulina kuba bubwe; yava wa? Yali zzadde lya Ssetaani, so ssi lya Katonda. Era ssi lya Adamu, kubanga erinnya ly'omwana wa Adamu yali—yali Seezi. Kayini, eyali ezzadde lya ssetaani, yatta omwana we omubereberye ekyali ekifaananyi era ekisiikirize ekyoleka omusota nga gutta omwana we oli omulala, Yesu. Era Seezi n'adda mu kifo kye, mu buzaaliranwa, ekyali kitegeeza okuzuukira, nti obuzaaliranwa bwa Katonda bujja kweyongerayo mu maaso.

330 Kati njagala ndabe omuntu amuwajikamu agambe nti teyali zzadde lya musota. Teyayogerwako mu buzaaliranwa bwa Katonda, wadde mu buzaaliranwa bw'abantu, mu buzaaliranwa bwa Adamu, wadde mu bw'abalala bonna. Si bwe kiri? Ekyo bameka abakikkiriza, mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Weewaawo. Teyaliimu; yali zzadde lya musota so ssi zzadde lya Adamu!

331 Omukazi yagamba nti yali mwana wa Adamu. Teyali mwana wa Adamu. N'agamba nti, "Nnamufuna kuva wa Katonda." Era gye yalina okuva, yali nsigo. Yali nsigo, wabula yali nsigo ya ssetaani. Mukiraba?

332 Era Yalina okuddamu okuzaalibwa embeerera okusobola okulongoosa ekikolwa ekyo eky'okwegatta ekyali kikoleddwa.

Adamu yali yateekebwa wano ku nsi naye yali—yali takizuulanga nti yali wa kubeera taata. Mutegeera kye ntegeeza. Ssetaani kubanga kino yali akimanyi, yabeera ne Kaawa nga Adamu tannabeera naye. Era awo we wasibuka ensonga yonna mu bujjuvu bwayo. Era ow'oluganda, ekyo kye kireetera okufumbiriganwa n'okwawukana na buli kimu kyonna okubaamu akavuyo nga bwe biri leero. Kyannaku nnyo. Mukiraba? Naye ni. . . Katonda ataddewo ekkubo, ekintu kye twebaliza.

333 Mumwagala? Si mulungi nnyo? Kaakati, ezzadde ly'omusota ttuufu? Nnalowoozezza nti ob'olyawo wayinza okubaawo awuliriza olutambi ayinza. . . ayinza okulowooza nti kino natidde okukyeŋŋanga. Mukiraba? N'agamba mbunno, "Lwaki, akyebalamye emirundi ebiri. Atya buti kukikwatako." Tetuli bwe tutyo. Mukama kasita akibaamu, ekyo kimala.

Mbeeko kye mbabuulira? Nga bwe nnagambye, ku mpungu eri gye nnalaba, nga egezesa ebiwaawaatiro byayo, nga bwe mumanyi. Mu nze nnagamba nti, "Tontidde?" Nnalina emmundu yange nga ngigalamizza awo; ne ŋŋamba nti, "Nsobola okkukuba essasi." Yali ekimanyi nti ssisobola kugikuba ssasi; emmundu eyo nnagiri wala nnyo. Kye nnava ngigamba nti, "Otidde?" N'emoozoola bumoozoozi amaaso gaayo amanene n'entunuulira. Waaliwo ka kaamuje okumpi awo akaali kacacaliza bwe, "Cha, cha, cha, cha, cha, cha; nja kukusesebbula osigale bulere, nja kukusesebbula osigale bulere!" Ka kaamuje teyakafaako, naye yatuuka n'ekoowa okukawuliriza. Era bwe waayitawo akaseera, n'ekuba ebiwaawaatiro byayo omulundi gumu, n'ebuuka n'egenda. Era yali emanyi bulungi engeri y'okukubamu ebiwaawaatiro ebyo, n'ebuuka n'etumbiira mu bbanga. Mukiraba? Nze nnakoma okugirengera nga efuuse akantu akatono bwe katyo, akantu akatono ddala.

334 Ow'oluganda Fred, ndowooza nnakikulaga. Ow'oluganda Fred mmulengedde emabega wali, bw'aleekaanidde wuggulu n'agamba nti "Amiina!" akaseera katono akaakayita. Akantu ako ndo—ndowooza nnakakulaga waggulu eri, wamu n'Ow'oluganda Wood, wonna w'oli, twali fenna waggulu eri mu nsozi, ekyo gye kyabeererawo. Empungu eyo nnagiraba. Na. . . Omuyaga ogwo gwagiwaliriza okukka wansi, era nnali nnyimiridde mabega wa muti guno.

335 Nnali njigga empeewo (naye oluvannyumako), era gwali mwezi gwa Okitobba, nga waliyo omuzira n'ebirala. Ow'oluganda ono yaliyo wamu naffe ku nkomerero y'omwaka oguwedde, Ow'oluganda John n'abalala, waggulu eri ku ntikko y'ensozi za Corral Peak gye kyali.

336 Nnali awo, nga nnyimiridde emabega w'omuti guno. Waaliwo engeri y'omuzira omutonotono ogwali gugwa n'olukubakuba, era nnali awo nga nnyimiridde. Empungu

eyo yali eyimiridde awo, naye n'ewalirizibwa okukka wansi. Yabuuka n'etumbiira waggulu mu bbanga, empungu ennene, ddala, etiisa, eya langi eya kitaka. Yali etudde awo n'etunulatunula, muli ne ŋŋamba nti, "Owaaye . . ." Nnali—nnali nnyumirwa a—akaseera akalungi ddala. Nga bwe ndeekaana nti, "Mukama atenderezebwe! Aleruuya!" Era nnali nneetooloola bwe nneetooloola bwe nneetooloola ensiko, nga bwe ndeekaana bwentyo. Ne ntunula eky'emmanga eyo; nga nsobola okuwulira ekibe nga kireekaana. Mumanyi bwe bireekaana.

337 Gwali mwaka ogwo oguwedde nga ndi emmanga eyo, gye . . . nga enkuba enaatera okutandika okutonnya, ekyo kye kiseera we gitandikira okuleekaana; gwali musege, nga bwe mumanyi. Nnyumirwa nnyo okugiwulira.

338 Ne mpulira n'empeewo erudda wano nga bw'ekaaba be, "Whee hoo" nga akagombe. Ate erudda eri ginnaayo n'egyanukula. (Wiiki ejja, wiiki ejja bw'enaaba eweddeko, nja kugenda okuziziyigga Mukama bw'anaaba ayagadde.) Kale kati, ne mpulira n'ekisolo ekirala erudda eri, ha, kya bwa Katonda nnyo okubeera waggulu eyo. Oh, nja—nja . . . Eyo—eyo ye lutikko yange gye njogerera Naye, bwe nvaayo ne nzija wano ne njogera gye muli. Mukiraba?

339 Era waggulu eyo, ha, walungi nnyo, wawummuza ebirowoozo. Nnyimirira waggulu eyo, muli ne ŋŋamba nti, "Ayi, Katonda . . ." Nnatunula, awo enkuba n'etandika okutonnya, era buli awaali kiragala wonna waali waakwata omuzira, era musoke yali yeetondese mu bbanga okuva ku ntikko y'ensozi ezo eza Corral Peak okutuukira ddala ku lusozi Sheep Mountain, erudda *eri* yonna, n'erudda *eri*. Muli ne ŋŋamba nti, "Ayi, Katonda, laba bannange. Umm," ne ŋŋamba munda mu nze nti "ye Ggwe wuuyo, Alufa ne Omega, Entandikwa era Enkomerero. Kiikino kirabisibwa wano, eno. Obeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, Ebikondo Omusanvu eby'Ettabaaza. Ye Ggwe wuuyo, ayi Katonda, nga Oli wa kitalo."

340 Nga bwe ndeekaana okukamala, ne nteeka wansi emmundu yange; ne nneetooloola omuti nga bwe ndeekaana nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Mukama atenderezebwe," ne nneetooloola omuti bwentyo. Nnalina akaseera akayitirivu obulungi nzekka, ne Mukama, nga bwe mumanyi.

341 Bwe waayitawo akaseera empungu eyo n'evaayo mu kisaka ekyo n'entunuulira. Muli ne ŋŋamba nti, "Abaffe, ekyo tokyagala?" Ne ŋŋamba nti, "Bambi, ndi mu kusinza Katonda y'omu eyakutonda." Mukiraba? N'etemereza agaaso gaayo ag'emmunye eza kikuusikuusi n'entunuulira, nga bwe ndeekaana bwentyo.

342 Ka kaamuje, akabeera mu muti gwa payini (bwe wabaawo omuntu yenna eyali ayiggiddeko mu nsozi, ke—ke kasirikale

k'ekibira) ne kabuuka ne kambuka waggulu eyo (nga katono nnyo, tekalina na kye kayinza kukola, naye ha, nga kaaleekaana)—ne kabuuka ne kayimirira waggulu awo, ne kabuuka nga bwe kadda eno n'eri, nga bwe mumanyi nga bwe kagamba nti, "Yah, yah, yah, yah, yah, yah—yah, yah, yah, yah, yah, yah," nga bwe kaleekaana bwe katyo.

343 Nga empungu ekatunuulidde; bwe waayita akaseera n'entunuulira. Muli kye nnava ŋŋamba nti, "Bannange, Mukama, ddala, Ovudde ku ki okundaga ekintu bwe kityo?" Mukiraba? Ne ŋŋamba nti, "Kubanga, Okimanyi, mbadde nkusinza. Olina ky'oyagala ndabe ku mpungu eyo?" Ne ŋŋamba nti, "Ŋŋenda kugyekaliriza, oba ky'oyagala ndabe kiri ku kakaamuje akabeera mu miti gya payini?" Ne nnyimirira awo ne mbitunuulira; muli ne ŋŋamba nti, "Leka ngira mbyekaliriza." Ne ŋŋamba nti, "Ekintu kimu kye nneetegerezza ku mpungu eyo, tetidde." Ekyo nnakyagala, teyatya. Yayimiridde awo, ekinyonyi ekyo ekinene eky'amaanyi; nnagigamba nti, "Omanyi kye nsobola okukukola?" (Emmundu yange yali yeesigamye awo ku muti.) Ne ngigamba nti, "Okimanyi nti nsobola okukukuba esassi?" Amazima g'ekyo yali egamanyi bulungi; yali emanyi ekintu kimu: nti nnali ssisobola kukikola; nna—nnagyegomba nnyo. Mukiraba? Yali eyimiridde awo, nga teriimu kutya kwonna.

344 Mu nze nnagamba nti, "Nsobola okukukuba esassi." Kati, ne ngiraba; nga egira ne yeetoolooza amaaso awo wonna bw'etyo. Era yagiranga n'ekuba ebiwaawaatiro byayo, nga bwe mumanyi, nga bw'ebizza emabega. Ekyo, mumanyi bwe zaagala ennyo okukikola, okukuba ebiwaawaatiro byazo. Agawaawaatiro aganene era agawanvu agenkana nga *wano* bwe gati, nga bwe mugamanyi, era yali nnene ddala. Yali etudde awo, nga ngitunuulidde. (Ebyo byaliwo dda eri nga ssinnamanya na bintu bino; byaliwo emyaka n'emyaka egiyise, ndowooza emyaka nga amakumi abiri.)

345 Ne ngyetegereza; bwe waayitawo akaseera ne ngiraba; muli ne nneebuuza nti, "Kiki ky'e—kiki ky'e. . . Tetidde, era ekyo nkyagadde. Naye kintu ki ekyo eky'obwakatonda ekiri ku mpungu eyo?" Ne ndaba omumwa ogwo, omunene, omusongovu, ogwewetamu nga guvaayo bwe guti, n'amaaso ago amanene, muli ne ŋŋamba nti, "Bannaaye, kinyonyi ddala kyennyini."

346 Kati, tewali. . . Kamunye, ssinga egezaako okugigoberera, ebeera ejja kusesebbuka. Tewali kiyinza kumugoberera. Nedda, nedda! Nnyonyi yokka y'esobola okugoberera. Yee, ssebo! Tewali kinyonyi kiyinza kugigoberera, kale, etumbiira waggulu nnyo ddala. Ate, erina amaaso; esobola n'okulaba buli kimu ekiri wansi, nga eri waggulu eri mu bbanga, ewala ennyo ddala.

347 Kati, Yakuwa bannabbi Be yabageraageranyanga n'empungu (mukiraba?); Abayimusa ne batumbiira waggulu

bwe batyo. Baalina okuba nga baakolebwa mu ngeri ya njawulo. Leka tulabe. Nga baayawulibwa, era bazaalibwa olw'ekigendererwa ekyo (mukiraba?), okuyimusibwa ne batumbiira waggulu bwe batyo. Kati ggwe…Kikugasa ki okutumbiira n'ogenda waggulu eri nga tosobola kulaba wa w'oli? Mukiraba? Kigasa ki okutumbiira waggulu eyo nga ky'okola tokimanyi? Mukiraba, mukiraba?

348 Kigasa ki okubuukabuuka, n'oleekaana, n'oyogera mu nnimi, nga totegeera kye bitegeeza? Mukiraba, mukiraba? Olina okutegeera ensonga lwaki oli waggulu eyo. Mukiraba?

349 Kale, ne ngyekaliriza amaaso, nga bwe mumanyi, nga bw'etambulatambula awo. Nnasigala…Nnagyegomba; yali kinyonyi ekirungi ennyo. So nga, ob'olyawo yalyanga emu ku nnyama yange ey'engabi n'ebirala bye…Ne ngitunuulira, bwe waayitawo akaseera ne ŋŋamba mu nze nti, "Naye omanyi, kiki—kiki ky'e…"

350 Bwe waayita akaseera n'ekoowa. Ssirowooza nga yakoowa kuntunuulira, naye ndowooza yakoowa kuwuliriza ka kaamuje kali akaali katudde awo. Omanyi, tubulina bungi nnyo mu lusiisira olwa leero. Mukimanyi? Mukiraba? "Cha, cha, cha! Ennaku z'eby'amagero zaayita! Tewali kuwonyezebwa kwa Bwakatonda. Ebyo tebikyaliwo!" Mukiraba? Ka kaamuje akatudde ku ndoddo y'omuti. "Olina kubeera mmemba wa *kino*. Ye ffe—ye ffe—ye ffe a…" Mukiraba? Nga katudde awo kaleekaana bwe kadda eno n'eri. Ha, kaali kajugumira, kaali keekunkumula okukamala.

351 Yakoowa okukawuliriza, kye yava esinziira omulundi gumu n'amaanyi, n'ebuuka, n'enyeenya ettabi eryo kwe yali etudde, bw'etyo. Ettabi ne lyenyeenya bwe lityo, n'ebuuka n'egenda. Mukiraba, yakuba ebiwaawaatiro byayo n'eyita mu miti egyo n'ebuuka n'egenda. Era ekyo bwe yakikola, ne ntegeera kye yali yeesiga. Mukiraba? Teyatya, kubanga yali ewulira okubeerawo kw'ebiwaawaatiro byayo Katonda bye Yagiwa. Yakimanya nti ebiwaawaatiro ebyo bisobola okugibuusa n'eva awali akabi konna. Mukiraba?

352 Kale, bwe tutyo bwe twagala tuwulire. Kino kye Kigambo, era Oyo eyawandiika Ekigambo ye Biwaawaatiro byange; Sitya Kigambo; Kijja kukuyisa mu buli mutawaana ogwa buli ngeri. Kye Kitala ekinaayabuluza buli kimu kyonna ne Kyetemera ekkubo. Tokyeraliikiriranga n'akatono. Mukiraba?

353 Kati nagyetegereza. Teyakuba biwaawaatiro byayo, yabyanjuluza bwanjuluza. Mukiraba? Era mu ekyo, buli mulundi embuyaga lwe yajjanga, nga ebuuka, nga yeeyongerayo waggulu ddala.

Nnayimirira awo, ne nzinga emikono gyange, ne ngitunuulira okutuusa lwe yafuuka akantu akatono ennyo nga kyenkana sikyagiraba. Muli ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda

wange, ky'ekyo." Si kudduka kwegatte ku *kino*, na kudduka kwegatta ku *kiri*, na kukola *kino*, na *kiri*, oba *kiri*; wabula kwanjuluza bwanjuluza biwaawaatiro byo (mukiraba?); kumanya ngeri gy'olina kwanjuluzaamu biwaawaatiro byo eby'okukkiriza mu Kigambo kya Katonda, n'oseeyeeya n'oviira kkerere ono ow'okwogera bino na biri. Weewaawo! "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriremwa."

354 Kati, olw'eggulu luno nninawo nga abiri ku mmwe. Kati, mmwe abali ku. . .abagenda okunsisinkana kinnoomu olw'eggulo luno, mbasaba, mulabe Billy, kubanga ndowooza bagenda kugezaako okutandika nga bukyali mwenna nsobole okubasisinkana. Bwe nnaaba nsobodde, njagala bonna mbasisinkane be nnaaba nsobodde okusisinkana. Era kino nnakikoze, si lwa kuba nga. . .Kino Billy teyakitegeddeko mukiraba, naye nnatuuse nga ebirowoozo byange bijjudde kanzunzu oluvannyuma lw'okulaba okwolesebwa nga amakumi abiri munda eyo enkya ya leero mukiraba, okutuusa lwe. . . oba kyonna kye kyabadde. Kulina engeri gye kukuteeka mu. . .Era Billy yaŋŋambye nti, "Lwaki togendako wabweru n'ofunamukko. . .N'owummulako, genda, obeeko ebimu ku bibuuzo ebyo by'oyanukula."

Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Neville alina obubaka bw'agenda okubuulira."

N'agamba nti, "Ŋŋenda kugenda mmugambe." N'agenda mu maaso.

Ow'oluganda Neville n'agamba nti, "Jangu obyanukule!" Bwentyo ne nsituka ne nzija wano. Kale abamu ku bo balinze okunsisinkana olw'eggulo luno. Munsonyiwe olw'okubalwisaawo okutuusa essaawa omusanvu, naye nja kuba. . .ndowooza nja kuba nsimbula okwosa enkya, o— okuddayo mu Arizona.

355 Mujjukire, Mukama bw'anaaba ayagadde, lwe ndikomawo, njagala mbuulire, gye muli, ku. . .mbalage mu Byawandiikibwa okufumbiriganwa n'okwawukana bwe kulina okuba. Kino. . . Kale kati. . .Mu kaseera kano, mukireke. . .Mukireke bwe kityo ddala nga bwe kiri, mu kiseera ekyo mulikiraba okuva awo. Kale okutuusa mu kiseera ekyo, muddeemu amaanyi; Mukama abaweere ddala omukisa. Tusobola okuyimirira? [Wabaawo mwannyinaffe awa obunnabbi. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Mukama atenderezebwe.

Mmwagala, mmwagala, (Omwagala?)
Kubanga Ye yasooka okunjagala,
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

356 Mumwagala? Kati, leka tukwataganeko mu ngalo, nga bwe tuyimba nate.

Mmwagala, mmwagala,

Kubanga Ye yasooka okunjagala,
Era n’asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw’e Kalivaaliyo.

357 O, ekyo si kirungi nnyo? O, bannange! Billy ansabye nnangirire, nti oluvannyuma lw’okusaba omukisa, waliwo ky’ayagala okubagamba mmwe abaagala okunsisinkana. Mukiraba? Ayagala kubasisinkana mu ddakiika ntono nnyo. Naye mu kaseera kano, mpulira leka tubeere n’akaseera ak’okusinza. Bano. . . Temwagala kumusinziza mu Mwoyo? Uh-huh.

Era n’asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw’e Kalivaaliyo.

358 Oh si kirungi nnyo? Ha, mmwa—mmwaagala. Mu mutima gwange mmwaagala, bwe mba nga ddala mmanyi omutima gwange. Nzikiriza nammwe mumwagala. Kale fenna wamu tuli baana Be. Twagalana. Kati, ssisobola kumwagala nga mmwe ssibaagala. Era bwe ŋŋamba nti mmwagala naye nga mmwe ssibaagala, Bayibuli egamba nti mba mulimba. Mukiraba? Era bwe. . . Bw’oba oyagala o—bw’oba oyagala okunjagala oba okwagala ab’amaka gange. . . Eby’okulondako byali nti, kiki ku bibiri kye njagala mukole, njagala munjagale oba njagala mwagala ab’amaka gange; mwagale ab’amaka gange. Nnandyagadde waakiri mwagale Billy Paul okusinga okwagala nze. Bwe kituuka nga mulina okusalawo ku kimu ku ebyo, ekyo kye nnandyagadde mukole. Njagala mumpulirize, kubanga Billy si muweereza. Naye njagala mumpulirize, bye mbagamba; naye bwe. . . bwe mwagala okubaako omuntu gwe mwagala, mumwagalire ddala, nga mwebuuza nti, “Njagale ggwe oba Billy,” mwagale Billy. Mukiraba? Ne Katonda bw’atyo bw’awulira gye tuli. Era tetusobola. . . Kuba nkimanyi temuyinza kwagala Billy ate nze ne mutanjagala, kubanga Billy kitundu ku nze. Mukiraba? N’olwekyo ssiyinza kwagala Katonda nga mmwe ssibaagala, kubanga muli kitundu ku Katonda. Kale twagalana. O, ndowooza kirungi nnyo. Temulowooza nti ennyimba nnungi nnyo oluvannyuma, lw’okwanukula ebintu bino, ebituteeka mu kattu? Uhm, uhm, ha za nnamaddala nnyo.

Mmwagala, mmwagala,
Kubanga Ye yasooka okunjagala,
Era n’asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw’e Kalivaaliyo.

O, baliva ebuvanjuba n’e. . .

64-0830M Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo #3
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org